# OKUKULAAKULANYA OKULABA ENSI MU NGERI EYA BAIBULI.

**HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE**

Olusoma luno luli kitundu ku "Harvestime International Institute," ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuutikiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo eryetongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okwekubisaamu, okwetegeka n'okwekungaanya okutuuka ku kiruubirirwa ekyokubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://harvestime.org

# EBIRI MU KITABO.

Enkozesa y'ekitabo………………………………………………………………………………… 3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja………………………………………………………… 4

Ennyanjula…………………………………………………………………………………………… 5

Ebigendererwa by'olusoma………………………………………………………………………… 6

1. Ku ntandikwa……………………………………………………………………………… 7
2. Ensi eyawuddwamu……………………………………………………………………… 15
3. Okulaba ensi nga Katonda bw'agiraba………………………………………………… 20
4. Ensi mu kigambo: Endagaano enkadde……………………………………………… 26
5. Ensi mu kigambo: Endagaano empya………………………………………………… 40
6. Ekkanisa mu nsi…………………………………………………………………………… 50
7. Ensi erindiridde…………………………………………………………………………… 62
8. Okufuuka Omukristaayo ow'ensi……………………………………………………… 70
9. Okwegayiririra amawanga……………………………………………………………… 80
10. Okugabanako okulaba ensi mu ngeri ya Baibuli……………………………………… 90
11. Awo enkomerero erituuka………………………………………………………………104

Ebiddibwamu ku bibuuzo by'okwegezaamu…………………………………………………112

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

**(Ensengeka y'ekitabo)**

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

### OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:**Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

# ENNYANJULA.

Luno lwe lusoma olusooka mu kisomesebwa eky'okusatu eky'okutendekebwa kwa "Harvestime International Institute." Ekisomesebwa ekisooka, kiyitibwa "okulaba," okumanyisa okwolesebwa okw'amakungula ag'omwoyo. Ebisomesebwa ebibiri ku ssomo erya "Obusigire" bikuwa okutendekebwa okwesigamwako okutuukiriza okwolesebwa kuno. Ebisomesebwa ebisatu ebinnyonnyola engeri y'okugaziya okwolesebwa kw'ofunye ng'ogabanako n'abalala ekyo ky'oba oyize. Ojja kuyiga okutendeka abakozi eri okukungula mu mwoyo abanaasobola n'okutendeka abalala:

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Enkola ey'okutendekebwa eno etakoma y'eyitibwa "okeekubisaamu" kubanga eba ekubisaamu obungi bw'abakozi ab'omwoyo.

Okukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli kikulu mu kukubisibwamu okw'omwoyo. Okulaba ensi nga Baibuli kitegeeza okulaba ensi ng'osinziira ku ekyo Baibuli ky'egikkubikulirako. Ensi togiraba nga bannabyabufuzi, ab'ebyenfuna, ab'ebyenjigiriza. Ensi togiraba mu ngeri ya buwangwa bwo, wabula ogiraba mu ngeri Katonda gy'agirabamu. Otandika okugitegeerera mu ntegeera ye. "Okukulaakulanya" kitegeeza okufuna ekintu oba okugaziya okumanya ku kintu ekimu. Olusoma luno lugenda kugaziya okumanya kwo okw'ensi gy'obeeramu ku lw'omulimu gw'okukubisaamu abakozi ab'omwoyo.

Olusoma luno lunnyonnyola "Endaba y'ensi" nga bw'ebikkulirwa mu Baibuli, ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. Ekinyusi kiviira ddala mu kitabo ekya Oluberyeberye okutuukira ddala ku okubikkulirwa. Lunnyonnyola enteekateeka ya Katonda eri amawanga g'ensi okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero gye tuyita "ekiseera." Olusoma luno lulaga obuvunaanyizibwa bw'omukkiriza eri amawanga nga oleetawo okusoomoza kw'okufuuka "Omukristaayo ow'ensi."

Amasomo gano gannyonnyola embeera y'omwoyo eriwo mu nsi yonna. Okulaga obwetaavu obwamangu obuliwo obw'okubunyisa enjiri okutuuka eri abantu ab'enjawulo mu nsi. Essomo era litunuulira obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa mu nsi era ojja kutandika okulaba ensi mu ngeri ya Katonda gy'agirabamu. Naye ng'okukkiriza okutaliiko bikolwa bwe kuli okufu (Yakobo 2:26), okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli nga tekuliiko kwenyigiramu kw'abantu nakyo tekikola bulungi. Olusoma luno lujja kusoomooza okuva ku ky'okubeera obubeezi omulabi w'ensi mu ngeri eya Baibuli. Ojja kusikirizibwa okubeera omwetabi oyo abeerako ky'akola ku ekyo Katonda ky'akola mu nsi leero.

# EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaba ensi nga Katonda bw'agiraba.
- Okufunza Baibuli by'esomesa ku nsi.
- Okukola ky'otegeera ku nteekateeka ya Katonda eri amawanga.
- Okumanya omulimu gwo ku kwongerayo enjiri y'obwakabaka eri ensi yonna.
- Okufuuka "Omukristaayo ow'ensi."
- Okuweereza mu bwegayirizi obw'ensi yonna.
- Okugabanako n'abalala okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.

# ESSUULA ESOOKA.

## KU NTANDIKWA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola :

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula omutonzi w'ensi n'abantu bonna.
- Okuwa ensonga bbiri eziraga enjawulo ku mboozi ez'okutondebwa eziriwo mu nsi yonna.
- Okunnyonnyola lwaki abantu abamu bagaana okukkiriza emboozi ya Baibuli ey'okutondebwa.
- Okunnyonnyola "okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli" kye kitegeeza.
- Okufunza entonda ya Katonda okuyita mu nnaku omusanvu mwe yatondera.
- Okunnyonnyola ekifo ky'omuntu n'obukulu bwe mu kutondebwa.
- Okufunza emboozi "Y'okugwa kw'omuntu."
- Okuzuula ekijuliza ekya Baibuli ku nteekateeka ya Katonda eri ensi.
- Okuzuula ensi ebbiri abantu bonna mwe babeera.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Ku lubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi. (Oluberyeberye 1:1)**

**ENNYANJULA**

Abantu bangi endaba y'ensi gyebalina ntono nnyo. Bafaayo ku byalo byabwe byokka, ebibuga oba eggwanga. Tebakimanya nti ekitundu mwe babeera katundu katono ddala ku lukalu lw'ensi. Tebamanyi nteekateeka ya Katonda ezingiramu ensi yonna, abantu ab'engeri zonna, obuwangwa n'ennimi.

Essuula eno eyanjula ensi mwe tubeera. Etandika na biseera eby'entandikwa nga ennyonnyola okutondebwa kw'ensi n'omuntu agibeeramu. Essuula ey'okubiri yeeyongerayo n'ennyonnyola engeri ensi bwe yagabanyizibwamu amawanga n'ennimi ez'enjawulo.

**EBIGEREESEBWA KU KUTONDEBWA**

Mu buli buwangwa mulimu enzikriza ez'enjawulo ku kutondebwa kw'ensi. Abantu bulijjo baagendanga nnyo okunnyonnyola engeri ebintu gye byajjamu n'omuntu gye yava. Abantu mu mawanga ag'enjawulo n'obuwangwa bataddewo emboozi zaabwe "okugereesa" okunnyonnyola okutondebwa. Okugereesa kuno ku kutondebwa kuzze olw'ensonga zino ebbiri:

1. Olw'okuba abantu tebalina busobozi bwa kufuna mazima ku kutondebwa oba…
2. Olw'okuba baasalawo obutakkiriza mboozi ya mazima ku kutondebwa bwe baagiwulira.

## KATONDA OMUTONZI

Emboozi entuufu ku kutondebwa kw'ensi eragibwa mu Baibuli. Oluberyeberye 1:1 afunza essuula esooka yonna:

> **Ku lubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi. (Oluberyeberye 1:1)**

Katonda olunyiriri luno gwe lwogerako ye Katonda yekka omutuufu. Baibuli bwe buwandiike bw'ebikolwa n'ebigambo bya Katonda. Bwe twogera ku kukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, kitegeeza nti okutegeera kwaffe eri ensi tukwesigamya ku kubikkulirwa okw'ekigambo kya Katonda, Baibuli.

Abantu abamu basalawo obutakkiriza mazima ku kutondebwa agali mu Baibuli kubanga kitegeeza nti bateekwa okwatula nti waliyo Katonda. Bwe bakkiriza nti waliyo Katonda, awo bateekwa okwatula okusukkuluma kw'obufuzi bwe gye bali. Balina okukiriza ekigambo kye era ne babaako kye bakola ku mbeera z'obulamu bwabwe enkyamu. Kubanga abantu tebaagala kukyusa mbeera za bulamu bwabwe, basalawo okugaana Baibuli ky'eraga ku kutondebwa n'okubaayo kwa Katonda.

Abantu abamu bagamba nti ebiragibwa mu Baibuli ku kutondebwa tebikriziganya n'ebyo bannassaayansi abasoma ku nsi bye bazuula. Kituufu Baibuli tekkiriziganya na buli mboozi enyumizibwa bannasayansi, naye emboozi ejja lwa kukkiriza okw'omuntu oba okutereeza ku ngeri ebintu gye byabaawo. Tekakasiddwa butuufu bwayo. Buli kisoomooza ekiragibwa bannasayansi, ekituufu ku bye bazuula mu kusoma kwabwe, bulijjo bikakasa nti Baibuli ntuufu mu by'eraga ku kutondebwa.

## OKUTONDEBWA KW'ENSI

Mu Oluberyeberye tulagibwa embeera y'ensi bwe yali Katonda nga yakatandika okutonda.

> **Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde, ekizikiza nga kibisse kungulu ku buziba, n'Omwoyo wa Katonda ng'atambulira ku mazzi. (Oluberyeberye 1:2)**

Ennyiriri zino ziraga emboozi nga Katonda ng'atonda ensi:

| | |
|---|---|
| Olunaku olusooka: | Ekitangaala n'ekizikiza (Olunyiriri 3-5) |
| Olunaku olw'okubiri: | Ebbanga (Eggulu), eryawula amazzi (Olunyiriri 6-8) |
| Olunaku olw'okusatu: | Ettaka n'ebimera (Olunyiriri 9-13) |
| Olunaku olw'okuna: | Ebitangaala by'eggulu: Enjuba, omwezi, emunyeenye (Olunyiriri 14-19) |
| Olunaku olw'okutaano: | Ebiramu by'omumazzi n'ebinyonyi (Olunyiriri 20-23) |
| Olunaku olw'omukaaga: | Ebisolo by'okuttaka, omuntu (Olunyiriri 24-25) |

Baibuli efunza obuyiiya bwa Katonda okubikkula nti:

> **Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe.**
>
> **Kristo yaliwo nga byonna tebinnabaawo, era mu ye ebintu byonna mwe binywezebwa. (Abakolosaayi 1:16-17)**

**OKUTONDEBWA KW'OMUNTU.**

Ku lunaku olw'omukaaga, Katonda yatonda ekitonde ekisinga ebitonde byonna. Yatonda omuntu eyasooka mu kifaananyi kye:

> **Awo Katonda n'agamba nti, "Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe mu ngeri yaffe. Bafugenga ebyennyanja eby'omu nnyanja, n'ebinyonyi eby'omu bbanga, n'ensolo zonna, n'ensi yonna, era bafugenga na buli ekyewalulira ku nsi kyonna."**
>
> **Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera; n'abatonda omusajja n'omukazi. (Oluberyeberye 1:26-27)**

Katonda yatonda omuntu eyasooka Adamu okuva mu nfuufu n'amufuuwamu omukka ogw'obulamu (Oluberyeberye 2:17). Katonda yatonda omukazi eyasooka okuva mu Adamu. Soma ku mboozi y'okutondebwa kwa Kaawa mu Oluberyeberye 2:18-25.

**EKIRUUBIRIRWA KYA KATONDA ERI OMUNTU:**

Edda ennyo, bakabaka b'ensi beeteerangawo ebifaananyi mu matwale gaabwe okubakiikirira mu bifo gye bataatuukanga. Katonda yatonda omuntu n'amuteeka ku nsi amukiikirire. Ng'akiikirira Katonda, omuntu yaweebwa obuyinza eri ensi yonna okulaga Katonda kyali eri ensi. Omuntu yalina obuyinza ku bimera byonna n'ensolo zonna ez'omunsi.

Omuntu yalina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo. Yalina okwekubisaamu ajjuze ensi n'abantu abalala wamu n'abakazi nga baakulaga ekifaananyi kya Katonda:

> **Katonda n'abawa omukisa, n'abagamba nti, "Mwale mujjuze ensi, mugifugenga. Mufugenga ebyennyanja ebiri mu nnyanja, n'ebinyonyi eby'omu bbanga na buli kiramu ekitambula ku nsi. (Oluberyeberye 1:28)**

Omuntu y'asinga mu bitonde bya Katonda byonna. Omuntu yakolebewa mu kifanaanyi kya Katonda. Yali ey'olubeerera ennamu, ensolo kye zitaalina. Alina omwoyo n'endowooza ebimuyamba okuyiga n'okuwuliziganya ne Katonda. Omwoyo n'endowooza yakkanga wansi n'atambula era n'ayogera n'omuntu mu nnimiro ennungi mwe yaberanga (Oluberyeberye 3:8).

Olw'ekifo kye eky'enjawulo ku bitonde, omuntu yalina okukiikirira Katonda ekifaananyi mwe yatondebwa. Yalina okuwuliziganya naye era n'okutenderezanga oyo Katonda:

**Buli muntu yenna ayitibwa erinnya lyange, gwe natonda olw'ekitiibwa kyange, gwe nakola gwe natonda.**

**Abantu be nnekolera balangirire ettendo lyange. (Isaaya 43:7, 21)**

Adamu ne Kaawa baalina okuzaala baaze ensi n'abantu nga bwe baali balabika. Abantu baali batukuvu nga balaga ekifaananyi kya Katonda, nga boogerezezeganya wamu n'okutendereza omutonzi waabwe. Naye ekintu eky'entiisa kyabaawo okwonoona enkolagana eno ennungi.

**OKUGWA KW'OMUNTU**

Oluberyeberye 3 eraga emboozi eno enakuwaza ennyo mu Baibuli. Eraga ekyo ekiyitibwa "okugwa kw'omuntu." Omuntu yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda. Nga ne Katonda bw'alina eddembe ly'okwesalirawo, n'omuntu yalina eddembe ly'okwesalirawo. Nga waddembe okusalawo nga bw'ayagala.

Mu nnimiro Adamu ne Kaawa mwe baabeeranga mwalimu emiti mingi, naye era mwalimu emiti egy'enjawulo ku mirala. Omuti ogumu gwe gwali omuntu ogw'obulamu (Oluberyeberye 3:22). Singa Adamu ne Kaawa baalya ku kibala ky'omuti ogwo, bandibadde balamu lubeerera nga tebafa.

Nga waaliwo omuti omulala mu nnimiro. Omuti guno nga guyitibwa "ogw'okumanya ekirungi n'ekibi" (Oluberyeberye 2:17). Katonda yagaana Adamu ne Kaawa okulya ku kibala ky'omuti guno. Teyayagala muntu kumanya kibi n'ebizibu byakyo era n'abalabula nti okulya ku kibala ky'omuti guno kijja kuleetawo okufa.

Naye omuntu teyawuliriza Katonda. Katonda yalina omulabe we ayitibwa Sitaani. Sitaani lumu yaliko malayika ya Katonda ennungi, naye n'asalawo okwagala okwefuula ow'ekitalo nga Katonda. Sitaani n'akulemberamu okutalo lwa bamalayika mu ggulu. Osobola okusoma ku kino mu Baibuli yo mu kitabo kya Isaaya 14:12-17

Sitaani teyayagala muntu aweereze Katonda. Sitaani yasooka kujja eri mukazi, olwo n'adda eri omusajja mu nnimiro eya Edeni. Yali mu kifaananyi kya Musota. N'abakema ng'abakolera n'ebisuubizo ebitaaliyo. Beewaayo eri okukemebwa, ne boonoona eri Katonda, ne balya omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi.

Ebyava mu kugwa kw'omuntu mu kibi kino byakyusa ensi yonna. Ebimera n'abantu byali tebikyasobola kufugika. Omuntu yalina okufuba okubifuga. Ebisolo byafuuka bikambwe nnyo era ensi n'emera omuddo n'amaggwa. Embeera z'obudde enzibu zajja mu ngeri y'amataba n'ebizibu ebiringa ebyo.

Ebizibu byonna mu nsi omuli, kawumpuli, okubonaabona, n'okulumwa, byonna byava ku kugwa kw'omuntu ono eyasooka. Ekibi kyayingira ensi, nga kw'otadde n'okubonaabona. Ekibonerezo ky'okufa kyajja eri omuntu, nga Katonda bwe yali yamulabula. Abantu bonna baakusisinkana okufa kw'omubiri okutuuka ku nkomerero y'ensi nga bwe kimanyiddwa.

Naye ekisinga obubi, omuntu yayawukana ne Katonda olw'ekibi. Ekifaananyi kya Katonda ekyalina okulagibwa kyali kyonooonese. Olw'ekibi, omuntu yafiirwa enkolagana ye n'okuwuliziganya ne Katonda.

**EKISUUBIZO EKYAMAANYI**

Mu biro bino eby'ekizikiza mu byafaayo by'omuntu, Katonda yakola ekisuubizo ekyamaanyi. Katonda yagamba Sitaani:

> **Nteeka obulabe wakati wo n'omukazi, ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi; ezzadde lye linaakubetentanga omutwe, naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Oluberyeberye 3:15)**

Kuno kwe kubikkulirwa okwasooka ku nteekateeka ya Katonda ey'enjawulo. Kwalaga nti olutalo wakati w'omuntu ne Sitaani lwa kugenda mu maaso okumala ebyasa, naye oluvannyuma Katonda wa kusindika omuntu asaanyeewo omulabe w'omuntu akomyewo enkolagana ennungi wakati wa Katonda n'omuntu. "Omuntu oyo" ye Mukama waffe Yesu Kristo. Ojja kuyiga ku nteekateeka ya Katonda eri abantu bonna nga weeyongeddeyo n'olusoma luno.

**ENSI EBBIRI**

Oluberyeberye 3:15, era atubikkulira amazima amalala amakulu. Abantu bonna babeera mu nsi bbiri. Tubeera mu nsi ey'omubiri ekolebwa Ssemazinga n'ensi. Ensi ey'omubiri y'eyo gyetulaba n'amaaso gaffe ag'omubiri. Tubeera ne mu nsi ey'omwoyo. Tosobola kulaba nsi eno na maaso ag'omubiri, naye nga gy'eri nga bw'olaba ensi ey'omubiri mw'obeera.

Abantu bonna balina omubiri ogubeera mu nsi ey'omubiri, naye jjukira omuntu yatondebwa n'emmeeme etaggwaawo wamu n'omwoyo. Omuntu wo ow'omwoyo (Emmeeme n'omwoyo) ali kitundu ku nsi ey'omwoyo nga bwe kiri ku mubiri bwe guli ku kitundu ky'ensi ey'omubiri.

Mu Oluberyeberye 3:15, "Okubetenta" wamu "n'okubojja" kitegeeza olutalo oluli mu nsi ey'omwoyo. Lutalo lwa mutima, ndowooza, mmeeme wamu n'omwoyo gw'omuntu. Tewali kwe weesigama mu lutalo luno. Abantu bonna beeyawuddemu enjuyi bbiri. Yesu yagamba:

> **Oyo atali ku ludda lwange, mulabe wange... (Lukka 11:23)**

Okukulaakulanga okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, tuteekwa okutegeera ebintu ebikulu:

1. Tuteekwa okukimanya nti abantu bonna tebali mu nsi ya mubiri mwokka, wabula era ne mu nsi ey'omwoyo.
2. Olutalo olubaawo mu nsi ey'omwoyo lukosa n'eyomubiri mwe tubeera. Sitaani ali ku mulimu mu nsi ey'omwoyo era kisoboka okulabikira mu nsi ey'omubiri olw'ebikolwa ebikyamu abantu n'amawanga bye bakola.
3. Mu lutalo luno olw'amaanyi, olina okubaako woggwa. Tuli ku lwa Yesu oba balabe be. Bwe tuba ku lulwe, tukkiriza byonna ebitusomesebwa mu kigambo kya Katonda era n'okolera ku kumanya okwo. Bwe tutakkiriza kigambo kya Katonda ne tweyongera okubeera mu bye twagala n'amakubo amakyamu, tuba tumulwanyisa.

## OKWEGEZAAMU.

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ani mutonzi w'ensi n'abantu bonna?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Wa ensonga ebbiri ezireetawo enjawulo mu mboozi ezinnyumizibwa ku bitonde ebiri mu nsi.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Lwaki abantu abamu bagaana okukkiriza amazima ga Baibuli ku kutondebwa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Kiki kye kitegeeza ne "Okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
6. Funza ebyatondebwa Katonda mu nnaku z'okutonda omukaaga:
   Olunaku olusooka……………………………………………………………………………………………………………….
   Olunaku olwokubiri…………………………………………………………………………………………………………….
   Olunaku olwokusatu……………………………………………………………………………………………………………
   Olunaku olwokuna………………………………………………………………………………………………………………
   Olunaku olwokutaano…………………………………………………………………………………………………………
   Olunaku olwomukaaga……………………………………………………………………………………………………….
7. Kiki ekyawula omuntu ku bitonde ebirala ebyatondebwa Katonda?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
8. Funza emboozi ku kugwa kw'omuntu mu kibi.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
9. Biki ebyajja olw'okugwa kw'omuntu mu kibi?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….

10. Leeta ekijjuliza mu Baibuli enteekateeka ya Katonda eri mu nsi mwesooka okubikkulirwa.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
11. Waayo ensi ebbiri amawanga g'abantu gonna mwe gabeera.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereeddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Weeyongere okusoma ku ntandikwa y'ensi ne Katonda omutonzi ng'osoma ennyiriri zinno wammanga:

**KATONDA YATONDA ENSI:**

Oluberyeberye 1:1-32, 2:3-4, 5:1-2

Nekemiya 9:6

Yobu 38:1-41

Zabuli 74:17, 89:11, 104:1-35, 115:15, 121:2, 124:8, 134:3, 136:6. 148:5

Engero 8:23-31

Omubuulizi 3:11

Isaaya 40:28, 42:5, 43:1, 7, 44:24, 45:8, 12, 18, 48:13, 54:16, 65:17

Yeremiya 10:12, 27:5, 31:22, 32:17, 51:15

Ezeekyeri 28:13, 15

Amosi 4:13

Zekaliya 12:1

Malaki 2:10

Yokaana 1:3

Ebikolwa 4:24, 17:24

Abaruumi 1:20

Abaefeeso 2:10, 3:9, 4:24

Okubikkulirwa 10:6

**KATONDA ABEEZAWO ENSI N'AMAANYI GE:**

Zabuli 75:3, 95:4

Abakolosaayi 1:16-17

Abaebbulaniya 1:3, 6:7

2 Peetero 3:4, Okubikkulirwa 4:11

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## ENSI EYAWUDDWAMU

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri ensi gye yayawulwamu ebika by'ennimi ez'enjawulo.
- Okunnyonnyola engeri okwawulibwamu kuno gye kwaleeta ebibinja by'abantu ab'enjawulo.
- Okunnyonnyola engeri ebibinja by'abantu gye byakola amawanga.

**ENNYIRIRI OLUKULU:**

> **Mukama n'ayogera nti, "Laba, bali omuntu omu, era boogera olulimi lumu! Era eno ntandikwa butandikwa ey'ebyo bye banaakola; era tewali kye banaateesa kukola ekinaabalemerera.**
>
> **Mujje, tukke wansi tutabuletabule olulimi lwabwe, baleme kutegeeragana. (Oluberyeberye 11:6-7)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde wayize ku kutondebwa kw'ensi n'omuntu. Era wayize ne ku kugwa kw'omuntu mu kibi. Adamu ne Kaawa bwe baatandika okuzaala awo wajjawo olulyo lw'abantu olulala abaazalibwa mu kibi kino. Omuntu yali takyali mulungi nga Katonda bwe yamutonda. Embala y'ebiroowozo bye n'ebikolwa byali bifuuse bikyamu. Okumala akaseera, abasajja n'abakazzi baabeeranga mu maka gamu amanene. Naye oluvannyuma ensi yagabanyizibwamu ennimi ez'enjawulo ebibinja by'abantu n'amawanga.

Wayize ku kwawulibwa kw'ensi okumu mu ssuula ewedde, okwawulibwa wakati w'ensi ey'omubiri n'eyomwoyo. Naye waliyo okwawukana okulala okuli mu nsi olwaleero. Ensi eyawuddwamu amawanga ag'enjawulo, obuwangwa n'ennimi. Baibuli ennyonnyola engeri enjawukana zino bwe zajja.

**OLUJEGERE LW'EKIBI.**

Oluberyeberye 4:1-6:4, lunnyonnyola olujegere lw'ekibi nga bwe kyatandika okusaasana mu nsi yonna. Nga tetunneeyongerayo mu ssomo lino, soma essuula zino mu Baibuli yo. Mu ssuula zino, tuyiga ku ttemu eryasooka, okulimba okwasooka, n'engeri ekibi ky'omuntu bwe kyakuzibwa mu ndowooza, awamu ne mu bikolwa, kyali kibi. Ku nkomerero, ensi yonna yayonoona eri Katonda…

> **Mukama n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndowooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna.**
>
> **Mukama n'anakuwala nnyo kubanga yatonda omuntu ku nsi, n'alumwa nnyo mu mutima gwe. (Oluberyeberye 6:5-6)**

Olw’okukula kw’ekibi okwamangu, Katonda yasalawo okusaanyawo ensi n’amataba. Yalabamu omusajja omutuukirivu omu, Nuuwa n’amaka ge. Soma emboozi ya Nuuwa n’amataba mu Oluberyeberye 6:8-9:17. Oluvannyuma lw’amataba, amaka ga Nuuwa gaalina okuddamu okuzaala. Kumpi awo wennyini, olujegere lw’ekibi luddamu.

**OMUNAALA GW’E BABEERI**

Mu kiseera kino, abaali ku nsi kwonna baalinga amaka amanene agaly’awamu:

> **Ensi yonna yalina olulimi lumu, nga bakozesa ebigambo bye bimu. (Oluberyeberye 11:1)**

Tewali kwawukana mu nnimi na buwangwa. Amawanga gaali tegannabaawo. Kubanga omuntu yali bumu mu lulimi, obuwangwa, n’obulombolombo, yali asobola okukola ebintu eby’amaanyi. Olw’obumu obwaliwo mu bantu, baasalawo okuzimba omunaala omunene, ogwali omuwanvu ennyo nti gugendere ddala ppaka mu ggulu awali Katonda. Baayagala okwekolera erinnya ery’amaanyi nga bbo. Soma ku munaala gw’e Babeeri mu Oluberyeberye 11:1-9.

Katonda yamanya nti mu bumu obwaliwo mu lulimi n’obuwangwa, tewaali kitasoboka mu bantu bano. Awo Katonda kye yava “n’atabulatabula” oba n’akyankalanya olulimi lwabwe:

> **Mukama n’ayogera nti, “Laba, bali omuntu omu, era boogera olulimi lumu! Era eno ntandikwa butandikwa ey’ebyo bye banaakola; era tewali kye banaateesa kukola ekinaabalemerera.**
>
> **Mujje, tukke wansi tutabuletabule olulimi lwabwe, baleme kutegeeragana. (Oluberyeberye 11:6-7)**

Eno y’ensibuko y’ennimi ez’enjawulo eziri mu nsi. Kubanga abantu baali bategeeragana bulungi, naye olw’okuzimba omunaala gw’e Babeeri, kyakoma.

> **Bw’atyo Mukama n’abasaasaanya ne babuna ensi yonna, n’ekibuga kyabwe ne batakimaliriza. (Oluberyeberye 11:8)**

Abantu baatandika okukuŋŋaanira awamu n’abo be baali basobola okuwulizigganya nabo. Baabeera mu bibinja oba ebika by’abantu aboogera olulimi olumu. Ennimi zino bwe zaakulakulanyizibwa, ne zeeyongerayo mu bitundu by’ensi ebirala. Awo nno “ebibinja by’abantu” bino by’eyawulamu si lwa lulimi lwokka naye n’olw’embeera z’ebitundu mwe bali. Ensozi ennene n’agayanja aganene bye byabaawula.

Oluvannyuma, ebibinja eby’enjawulo bino byatandika okukula n’okukola ebintu mu ngeri ez’enjawulo. Baafuna obuwangwa n’obulombolombo mu bitundu obw’enjawulo, baafuna n’eddiini era ne basinza ne bakatonda ab’enjawulo.

Okumala akaseera, ebibinja bino byaweza abantu abeekolamu omulimu ne bafuuka amawanga. Baatekawo ensalo ku matwale gaabwe, obufuzi n’amateeka agafuga abalimu. Eno y’engeri ensi gye yayawulwamu amawanga amangi nga galina ennimi, obuwangwa, n’ennono eby’enjawulo.

**ENSI YA LEERO:**

Ensi ya leero erimu enkalu musanvu ezeetooloddwa amazzi. Enkalu zino ze ziyitibwa ssemazinga. Amannya ga Ssemazinga zino ge: Amerika eyoomumambuka, Amerika eyaamaserengeta, Bulaaya, Asiya, Afrika, Australia ne Antarctica.

Buli ssemazinga eno egabanyizibwamu amawanga ag'enjawulo omuli ebibinja by'abantu ebitali bimu. Buli ggwanga lirina obufuzi obulitwala n'amateeka agalifuga mu nsalo zaalyo.

Ne mu mawanga mwawulwamu  ebitundu ebirala. Eggwanga liyinza okugabanyizibwamu ebitundu oba amatwale. Abantu abali mu mawanga era bagabanyizibwamu ebika n'ebibinja by'abantu ab'enjawulo. Abantu bangi mu nsi eno eyayawulwamu tebannaba kuwulira njiri ya Mukama waffe Yesu Kristo. Tebamanyi Katonda ono omu omutuufu. Tebalina kigambo kya Katonda kiwandiikiddwa mu nnimi zaabwe.

## OKWEGEZAAMU.

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Nnyonnyola engeri ensi gye yagabanyizibwamu mu bibinja by'ennimi ez'enjawulo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola engeri okwawukana kw'ennimi gye kwaleetawo ebibinja by'abantu eby'enjawulo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Nnyonnyola engeri ebibinja by'abantu gye baaletera okubaawo kw'amawanga ag'enjawulo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Ekipande kino wammanga kifunzizza ebyo byewakayigako ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli:

Katonda yatonda ensi

⇓

Abantu bonna babeera mu nsi bbiri.

Ensi ey’omubiri n’eyomwoyo.

⇓

Ensi ey’omubiri→Omuntu←Ensi ey’omwoyo.

⇑

Ensi ey’omubiri n’eyomwoyo zikolagana era buli emu ekosa ginnaayo.

Ensi ey’omubiri yayawulibwamu lwa nnimi, buwangwa, n’ensalo z’amawanga n’obufuzi.

Ensi ey’omwoyo egabanyizibwamu ebitundu bibiri. Abali ku lwa Kristo n’abatali ku lulwe.

⇓

Ensi ey’omwoyo

⇓

Abali ku lwaKristo | Abatali ku lwa Kristo.

# ESSUULA EYOOKUSATU

## OKULABA ENSI NGA KATONDA BW'AGIRABA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula "ekismuluzo ekikulu" ekya Baibuli.
- Okunnyonnyola amazima ag'emirundi ebiri agalagiddwa mu "kisumuluzo ekikulu" ekya Baibuli.
- Okuzuula okujuliza okw'omwoyo okunnyonnyola ekiruubiririrwa kya Katonda eri ensi.
- Okukozesa ekyokulabirako ekyomubiri okulaga engeri Katonda gy'alabamu ensi mu mwoyo.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

**N'alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa.**

**N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.**

**Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:45-47)**

**ENNYANJULA**

Wayize nti abakkiriza balina okulaba ensi nga Katonda bwagiraba. Okwolesebwa kuno mu kigambo kujja kukulaakulana nga weeyongedde okuyiga ebyo Katonda by'ayogera mu kigambo kye eri ensi. Essuula eno eraga "ekisumuluzo ekikulu" eky'okutegeera okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, ennyonnyola ekiruubiririrwa kya Katonda eri ensi, era ereeta ebyokulabirako eby'omubiri ebiraga engeri gy'alabamu ensi. Essuula eyookuna n'eyokutaano zongera kuyigiriza ku nsi nga bw'eragibwa mu kigambo kya Katonda mu ndagaano enkadde.

**EKISUMULUZO EKIKULU**

Baibuli erimu ebitabo 66 eby'enjawulo. Buli kitabo mu Baibuli kirimu olunyiriri olukulu. Tuluyita olunyiriri olukulu kubanga lukola ng'ekisumuluzo mu nsi ey'omubiri. Nga bw'olaba ekisumuluzo ekiggula oluggi lwonna, olunyiriri olukulu lukozesebwa okuggulawo enzigi z'okutegeera omulamwa n'ebiri mu kitabo ekimu ekya Baibuli.

Baibuli yonna nayo erina ekisumuluzo ekikulu, ekitundu eky'enjawulo ekiggulawo amakulu g'ekigambo kya Katonda kyonna. Kituyamba okutegeera omulamwa n'ebiri mu Baibuli yonna. Kituyamba okulaba ensi nga Katonda bw'agiraba. Kino kye kisumuluzo kya Baibuli ekikulu:

> **N’alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa.**
>
> **N’abagamba nti, “Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n’okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.**
>
> **Era mu linnya lye Enjiri ey’okwenenya n’okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:45-47)**

Wekkaanye ebigambo, “N’alyoka asumulula emitima gyabwe ne bategeera ebyawandiikibwa,” kino kitegeeza nti Yesu yali awa abayigirizwa be e kisumuluzo… n’ebintu ebikulu bibiri, ebyalina okubasobozesa okutegeera ekigambo kya Katonda kyonna. Bw’ototegeera mazima gano abiri, tojja kutegeera bulungi kigambo kya Katonda. Bino by’ebisumuluzo:

**EKISOOKA: “Kigwanira Kristo okubonaabona n’okuzuukira mu bafu.”**

Kigwanira Yesu okubonaabona. Kino kitegeeza nti kyali kyetaagisa aboneebone asobole okutabaganya omuntu omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Gano mazima amakulu agali embagaw’o bubaka obuli mu Baibuli yonna.

Katonda yagamba empeera y’ekibi kwe kufa kw’omubiri, mwoyo n’okufa okwolubeerera:

> **Naye omuti ogw’okumanya ekirungi n’ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw’oligulyako tolirema kufa. (Oluberyeberye 2:17)**
>
> **Empeera y’ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 6:23)**

Yesu Kristo yafuulibwa omubiri n’akka ku nsi, afe mu kifo ky’omuntu omwonoonyi:

> **Obujeemu bw’omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n’obuwulize bw’omuntu omu Yesu, bulifuula bangi okuba abatuukirivu. (Abaruumi 5:19)**
>
> **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw’atyo n’awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16)**

Katonda bw’atunuulira ensi, atunuulira omuntu omwonoonyi eyetaaga omulokozi:

> **Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**

Okuyita mu kukkiriza mu Yesu n’okwenenya ekibi, omuntu asobola okutabagana ne Katonda n’afuna ekirabo eky’obulamu obutaggwaawo.

**EKY’OKUBIRI: “Era enjiri ey’okwenenya n’okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa”**

Ekitundu ky’ekisumuluzo ekikulu eky’ebyawandiikibwa kwe: kwenenya n’okusonyiyibwa ebibi, birina okubuulirwa mu linnya lye eri amawanga gonna. Kino kitegeeza abakkiriza balina obuvunaanyizibwa obukulu:

> **Bwe ŋŋamba atali mutuukirivu nti, ‘Mazima tolirema kufa,’ n’otamulabula newaakubadde okwogera naye ng’omulabula alekeyo engeri ze ezitali za butuukirivu asobole okuwonya obulamu bwe, omuntu oyo atali mutuukirivu alifa olw’obutali butuukirivu bwe, naye omusaayi gwe ndiguvunaana ggwe.**
>
> **Naye bw’olirabula omuntu atali mutuukirivu, n’atalekaayo obutali butuukirivu, newaakubadde engeri ze embi, alifa olw’ekibi kye, naye obulamu bwo bulilokolebwa. (Ezeekyeri 3:18-19)**

Newaakubadde Yesu yafiirira abantu bonna, si buli omu nti yalokolebwa mu kibi. Buli muntu waddembe okwesalirawo era yalina okusalawo ye oba nedda okuba nga yeenenya (ava mu kibi) n’akkiriza Yesu ng’omulokozi. Okusobola okukkiriza Yesu n’okufuna okusonyiyibwa kw’ebibi, abantu balina kusooka kumumanya:

> **Buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka. Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? (Abaruumi 10:13-14)**

Okubuulira ku kwenenya n’okusonyiyibwa okw’ebibi, kiyitibwa okubuulira oba okubunyisa enjiri. Omulamwa gw’okubuulira enjiri eri ensi yonna gwe mulamwa gw’okunyumya kwa Yesu buli lwe yabanga n’abagoberezi be ng’amaze okuzuukira mu bafu (Laba Yokaana 20:21, 21:15-17, Matayo 28:18-20, Makko 16:15, Lukka 24:44-48). Bw’oba oyogera n’omuntu omulundi ogusembayo, otera okwogera kw’ebyo ebisinga okuba eby’omugaso. Ebigambo bya Yesu nga tannadayo mu ggulu byali bikwata ku kubuulira enjiri.

Olusoma lwa Harvestime International Institute, oluyitibwa “Emisingi gy’okukkiriza,” lukuwa okunnyonnyola okugazi ku kwenenya n’okusonyiyibwa kw’ebibi:

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw’alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z’ensi. (Ebikolwa 1:8)**

## ENGERI KATONDA GY’ALABAMU ENSI.

Okuva mu kisumuluzo kya Baibuli ekikulu, tuyiga engeri Katonda gy’alabamu ensi. Tatunuulira nsi mu ngeri ya nsalo za byabufuzi, matwale na buwangwa, atunuulira abantu abeetaga okutabagana naye okuyita mu Yesu Kristo. Alaba ng’ensi yonna yetaaga okubuulirwa enjiri.

Katonda alaba ensi n’ekiruubirirwa ky’obwakabaka mu ndowooza ye. Kiruubirirwa era nteekateeka eri ensi kye yateekawo okuva ku ntandikwa:

> **Yatubikkulira ekyama eky’okwagala kwe, ng’okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:9-10)**

**Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abaefeeso 3:11)**

Ekiruubirirwa kya Katonda ekitaggwaawo kwe kukuŋŋaanya abantu aboonononyi bonna gy'ali okuyita mu Yesu Kristo. Okuyita mu kigambo kye, atubikkulidde ekiruubirirwa kye ekimaze emyaka mingi nga kya kyama.

**EKYOKULABIRAKO KY'OMUBIRI EKIRAGA ENGERI KATONDA GY'ALABAMU ENSI.**

Mu Baibuli Katonda akozesezza nnyo eby'okulabirako eby'omubiri okusomesa amazima ag'omwoyo. Eky'omubiri kye kintu kye tusobola okwerabirako n'amaaso gaffe. Tusobola okukiraba, okukiwulira, okukiwunyiriza n'okukikwatako. Ekyo eky'omwoyo tusobola okukiraba mu mwoyo. Awo okusomesa amazima ag'omwoyo ge tutamanyidde, Katonda akozesa amazima ag'omubiri ge tumanyidde.

Mu Baibuli mulimu eby'okulabirako eby'omubiri ebiraga engeri Katonda gy'alabamu ensi. Yesu yagamba abayigirizwa be:

**Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)**

Yesu yali tategeeza makungula g'amubiri ag'ennimiro ze yali ayogerako mu kiseera ekyo.

Yayogera ebigambo bino. Yali ayogera ku makungula ag'omwoyo. Yesu yakozesa eky'okulabirako ky'amakungula ag'omubiri okuwa abayigirizwa be okwolesebwa kw'ensi.

Omulundi omulala, Yesu yakiraga bulungi nti:

**Ennimiro y'ensi,... (Matayo 13:38)**

Afirika, Asiya, Australia, amambuka ga Amerika, amaserengeta ga Amerika, ebizinga by'ensi, bino byonna birabibwa Katonda nga nnimiro z'amakungula ennene nga Katonda bw'alaba ennimiro z'amakungula ez'ensi. Era alaba ekyetaago ekikulu:

**N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)**

Katonda alaba amakungula ag'omwoyo agalindiridde okukuŋŋanyizibwa. Naye abakozi batono nnyo, ojja kweyongera okuyiga ku bwetaavu bw'abakozi kuno gye bujjako mu lusoma luno.

Harvestime International Institute mu lusoma oluyitibwa, "Engeri z'okukungula mu mwoyo," ekuwa okusomesebwa okulala ku by'omubiri ebifaanana n'amazima ag'omwoyo.

## OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Kujuliza ki okukola nga ekisumuluzo ekikulu ekya Baibuli?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola amazima amakulu abiri agalagibwa nga ekisumuluzo ekikulu ekya Baibuli.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wa ekyawandiikibwa ekijuliza nga kinnyonnyola ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi kye kiriwa nga bwe kinnyonnyoddwa mu nnyiriri zino?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Byakulabirako ki eby'omubiri ebiweereddwa mu byawandiikibwa okulaga engeri Katonda gy'alabamu ensi?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Mu ssomo lino oyize engeri Yesu gye yakozesaamu eby'okulabirako by'amakungula eby'omubiri okulaga amazima g'omwoyo ag'amaanyi. Kozesa okujuliza kuno oyongere okusoma ku mulamwa guno. Funza buli kimu kye kisomesa ku makungula:

Matayo 9:37-38

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

Matayo 13:3-39

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

Makko 4:3-32

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

Lukka 8:5-15

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

Lukka 10:2

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………..

Yokaana 12:24

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

1 Abakolinso 3:6-8

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

2 Abakolinso 9:6

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………..

Abaggalatiya 6:7-8

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………

# ESSUULA EYOOKUNA

## ENSI MU KIGAMBO: ENDAGAANO ENKADDE.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula obubaka obukulu obw'ekigambo kya Katonda.
- Okufunza okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli okuli mu mateeka g'endagaano enkadde.
- Okufunza okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli okuli mu byafaayo eby'endagaano enkadde.
- Okufunza okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli okuli mu bitontome eby'endagaano enkadde
- Okufunza okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli okuli mu bunnabbi obw'endagaano enkadde

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kubanga okuva enjuba gy'eva okutuusa gy'egwa erinnya lyange kkulu mu baamawanga; obubaane buweerwayo mu buli kifo eri erinnya lyange, nga kuliko n'ekiweebwayo ekirongoofu, kubanga erinnya lyange kkulu mu baamawanga," bw'ayogera Mukama ow'Eggye. (Malaki 1:11)**

Essuula eno n'eyookutaano zongera okulaga engeri y'okulaba ensi mu ngeri ya Baibuli okuyita mu kusoma ebitundu ebirondemu okuva mu kigambo kya Katonda. Omaze okuyiga engeri Katonda gye yatonda ensi, okugwa kw'omuntu mu kibi, n'engeri ensi gye yayawulibwamu amawanga n'ennimi ez'enjawulo. Mu ssuula eno, ojja kwongera okuyiga ku ebyo endagaano enkadde by'ebikkula nga bikwata ku nsi. Essuula eddako etunuulidde nnyo ekiragibwa mu ndagaano empya.

Abakkiriza bangi tebamanyi nteekateeka ya Katonda etaggwaawo eri ensi. Katonda yagamba,"Abantu bange babuze olw'okubulwa okumaya…" (Kozeya 4:6). Katonda yali tayogera ku kumanya omuntu kw'afuna ng'agenze ku ssomero. Ayogera ku kumanya okw'omwoyo okutuyamba okwenyigira mu nteekateeka ya Katonda eri ensi.

### EKITABO EKY'OBUBAKA OBUMU

Baibuli si muzingo gwa ndowooza za Bantu ku Katonda. Bubaka obuva ewa Katonda okumanyisa abantu enteekateeka n'ekiruubirirwa kye gye bali. Baibuli erimu emboozi ezikwata ku bantu ba Katonda. Abantu bano beerobozebwa Katonda okutuusa obubaka bwe eri ensi.

Baibuli erimu ebisuubizo, obunnabbi, n'ennyiriri ez'okugumya n'okwogera amaanyi. Naye Baibuli yonna, okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero, erina obubaka bwe bumu. Bwe bubaka bw'okufaayo wamu n'enteekateeka ya Katonda olw'okulokolebwa kw'omuntu omwonoonyi.

Ekiruubirirwa kya Katonda okuva ku ntandikwa kibadde:

> **Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:10)**

Enteekateeka y'okulokolebwa kw'omuntu omwonoonyi, eyatuukirizibwa mu Yesu Kristo, ky'ekibadde ekiruubirirwa kya Katonda eri amawanga g'ensi okuva ku ntandikwa.

**ENDAGAANO ENKADDE.**

Endagaano enkadde erimu ebitabo 39 ebyagabanyizibwamu ebitundu ebikulu bina:

| | |
|---|---|
| Amateeka. | Oluberyeberye okutuuka ku ky'Amateeka. |
| Ebyafaayo. | Yoswa okutuuka ku Eseza. |
| Okutontoma. | Yobu okutuuka ku luyimba. |
| Obunnabbi. | Isaaya okutuuka ku Malaki. |

**EBITABO BY'AMATEEKA.**

**Oluberyeberye okutuuka ku ky'Amateeka.**

Ebitabo okuva ku Luberyeberye okutuuka ku ky'Amateeka biyitibwa ebitabo ebyamateeka kubanga biraga ebiragiro bya Katonda eri omuntu n'engeri omuntu gye yeeyisaamu okusinziira ku mateeka gano.

**ENTANDIKWA:**

Oluberyeberye kitegeeza "entandikwa" Ekitabo ekisooka mu Baibuli ekiraga entandikwa y'ensi, omuntu, amawanga, ekibi, n'enteekateeka y'obulokozi.

Nga bw'oyize, omuntu yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu mwoyo n'empisa. Omuntu n'azaala, era buli muntu omupya yali wakutuukiriza ekitundu ku nteekateeka ya Katonda. Naye omuntu yagwa okuva mu kifaananyi ky'obwa Katonda eky'omwoyo n'empisa bwe yayonoona. Okubikkulirwa okusooka eri enteekateeka y'ensi eweebwa mu:

> **Neteka obulabe wakati wo n'omukazi, ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi; ezzadde lye linaakubetentanga omutwe, naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Oluberyeberye 3:15)**

Ekisuubizo kino kyaweebwa mu lulimi olw'ekifaananyi. "Ensigo y'omukazi" eyali Yesu. Ajja okubetenta omutwe gw'omusota (Sitaani) eyaleeta ekibi mu muntu. Kino Yesu yali wa kukikola ng'afiiririra ebibi by'omuntu n'okutabaganya omuntu ne Katonda.

Ebintu mukaaga ebiragibwa mu lunnyiriri luno:

1. Katonda y'ensulo y'obulokozi ("Era Nze")
2. Sitaani ye mulabe (Obulabe wakati w'ensigo ey'omuntu ne Sitaani)

3. Omulokozi ajja kujja n'enkolagana eyenjawulo eri omuntu. Ajja kuba mwana wa Katonda, mu ngeri ey'omuntu ("Ensigo ye")
4. Omulokozi yali wakubonaabona ("Ajja kubojja ekisinziiro kye")
5. Katonda ajja kugabirira obuwanguzi eri omulabe ("Ajja kukubibwa ku mutwe")
6. Obulokozi bujja kuba bw'abantu bonna ("Ensigo yonna") abalijja mu buli mulembe. Okusaasaana kw'ekibi okwaddirira oluvannyuma lw'okugwa kw'omuntu (Oluberyeberye 6), kwalagiddwa mu masomo agawedde. Katonda yasindika amataba eri ensi yonna olw'ekibi ekyali kijjudde ensi, era yateekawo enteekateeka ey'enjawulo ey'okulokolebwa (Oluberyeberye 8-9)

Ekyombo Nuuwa n'abenju ye mwe baalokolebwa, kaali kabonero ak'obulokozi okuyita muYesu. Yesu ye yandibadde ekyombo ky'omwoyo abantu mwe bandifunidde okubeerwa ku kulamulibwa kwa Katonda olw'ekibi. Emboozi ya Nuuwa n'amataba (Oluberyeberye 6-9). Eraga wadde nga Katonda ensi agiraba nga nyonoonyi era nga yeetaaga kusalirwa musango, era alaba ensi n'okusaasira. Bulijjo ateekawo engeri y'okudduka empeera y'ekibi.

Bw'oyita mu ndagaano enkadde, enkola eno eyitawo emirundi n'emirundi. Omuntu ayonoona Katonda n'amusalira omusango olw'ekibi, naye mukusaasira Katonda bulijjo ateekawo ekkubo ly'obulokozi.

**EGGWANGA ERY'ENJAWULO:**

Wayize ku ngeri okulwanyisa Katonda okwali e Babeeri gye kwaleetawo okwawukana kw'ennimi ate oluvannyuma ne wabaawo amawanga. Okuyita mu mawanga g'ensi ageeyawulamu, Katonda yalondamu eggwanga limu, Isirayiri, olw'ekiruubirirwa ekyenjawulo.

Eggwanga lino lyava mu muntu omu Ibulayimu. Osobola okusoma ku Ibulayimu, ebisuubizo bye okuva eri Katonda, n'engeri gye byatuukirizibwamu. Oluberyeberye 11:27-25:34. Ibulayimu yalondebwa okuba "taata" omukulembeze w'eggwanga lya Isirayiri. Katonda yamulonda olw'ekiruubirirwa eky'enjawulo.

> **Nange ndikufuula eggwanga eddene, era ndikuwa omukisa, n'erinnya lyo ne ndifuula kkulu, olyoke obeere mukisa.**
>
> **Ndiwa omukisa abo abakusabira omukisa, era buli alikukolimira nange namukolimiranga; era mu ggwe amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa. (Oluberyeberye 12:2-3)**
>
> **Era mu zzadde lyo amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa, kubanga ogondedde eddoboozi lyange. (Oluberyeberye 22:18), laba ne mu Oluberyeberye 26:4 ne 28:14**

Okuva mu Ibulayimu, eggwanga lya Isirayiri mwe liriva. Okuyita mu Isirayiri amawanga g'ensi amalala mwe gajja okufuna omukisa nga gajja eri okumanya Katonda omutuufu. "Amaka" g'oku nsi gonna mwe galiweebwa omukisa. "Amaka g'ensi" kitegeeza ebika ebirala ebingi n'abantu abali mu ggwanga.

Eggwanga lya Isirayiri teryatondebwa kufuna birungi eby'enjawulo oba olw'okuba nti baali basinga eggwanga eddala. Baalondebwa olw'ekiruubirirwa eky'enjawulo. Eggwanga lyali ttono nga liyitiddwa okuweereza amawanga amalala. Katonda yalonda eggwanga lya Isirayiri ng'eggwanga mw'anaayita okwebikkulira ensi. Isirayiri lye ggwanga omulokozi, Yesu Kristo mwe yalina okuva (Matayo 2:2, Yokaana

4:22). Lino lye ggwanga Katonda lye yayogerako mu kigambo kye eri ensi (Zabuli 147:9, Abaruumi 3:1, 2, 9:4)

Era Isirayiri ye yalina okujulira Katonda eri amawanga:

> **Amawanga gonna ka gakuŋŋaane n'abantu bajje. Ani ku bo eyali ayogedde ku bintu bino? Ani ku bo eyali alangiridde ebyaliwo? Leka baleete abajulizi okukakasa nti baali batuufu abawulira bagambe nti, "Ddala bwe kiri."**
>
> **"Muli bajulirwa bange," bw'ayogera Mukama, "omuweereza wange gwe nalonda: mulyoke mummanye, munzikirize, mutegeere nga Nze wuuyo: Tewali Katonda eyansooka era teriba mulala alinzirira.**
>
> **Nze, Nze mwene, nze Mukama; okuggyako nze tewali Mulokozi.**
>
> **Nze naleeta okwolesebwa ne nangirira ne ndokola; nze so si katonda mulala mugwira mu mmwe. Muli bajulirwa bange," bw'ayogera Mukama. (Isaaya 43:9-12)**

Katonda yateekawo enkolagana ne Isirayiri eyitibwa endagaano. Endagaano eno kwe kulagaana nti ye Katonda waabwe, era be bantu be. Mu ndagaano enkadde, endagaano ya Katondayaliwo ne Isirayiri:

> **Ndibafuula abantu bange, era nnaabeeranga Katonda wammwe, era mulitegeera nga nze Mukama Katonda wammwe abawonyezza ebizibu by'Abamisiri. (Okuva 6:7)**

Mu ndagaano empya, Katonda yatandikawo endagaano empya n'abakkiriza abatuufu:

> **Era mu ngeri y'emu bwe baamala okulya, yaddira ekikompe n'agamba nti, "Ekikompe kino y'endagaano empya ekoleddwa Katonda nammwe, ekakasiddwa n'omusaayi gwange, mutoole munywe, mukolenga bwe mutyo buli lwe munaakinywangako okunzijukiranga. (1 Abakolinso 11:25)**

**ABASIKA BA IBULAYIMU:**

Ojja kuyiga engeri abakkiriza ab'endagaano empya bwe bayitibwa abasika ba Ibulayimu. Omusika ye muntu asikira ekibadde eky'omulala.  Nga Ibulayimu, tuyitibwa kuwa nsi mukisa. Naye amaka n'amawanga g'ensi gajja kuweebwa omukisa nga tugatuukiridde n'enjiri.

Katonda bwe yayita Ibulayimu, yamulagira okuva mukibuga ky'e Uli agende mu nsi "Gye ndi kulaga" (Ebikolwa 7:2-3), Ibulayimu yatwala ab'enju ye n'agenda e Uli, naye bwe yatuuka e Kalani n'asiisira omwo (Oluberyeberye 11:31)

Buli mukkiriza ayitibwa okuleka ensi y'omwoyo, ebifo ebiziyiza ekiruubirirwa kya Katonda. Abakkiriza abamu balagibwa okuleka ensi zaabwe mwe baazalibwa ne bagenda mu mawanga amalala. Buli mukkiriza alina okusisinkana ku "Kalani." Kano ke kafo k'emirembe mwoyinza okusalawo okubeera mu bwangu oba okugondera Katonda n'ofuna engeri gye weetaba mu nteekateeka ye. Ibulayimu yeeyongerayo okusukka e Kalani, yagenda lumu teyadda mabega.

**OKUKULAAKULANYA EGGWANGA:**

Bw'ogoberera emboozi ya Ibulayimu mu kitabo kya Oluberyeberye, ebyafaayo by'okukola n'okugaziwa kw'eggwanga lya Isirayiri kulagibwa mu bitabo by'amateeka ebisigaddeyo.

Katonda akozesa Isirayiri okulaga enteekateeka ye eri ensi:

Oluberyeberye 50:20, mu Missiri Katonda yayimusa Yusuufu okutaasa amawanga.

Okuva 8:22, Katonda yaleeta Isirayiri ebweru wa Missiri okweyoleka nti y'eyali Katonda w'ensi.

Okuva 9:29: Ebibonyoobonyo mu Missiri byateekebwawo kulaga maanyi ga Katonda.

Okuva 33:16: Okubeerawo kwa Katonda eri Isirayiri kwalaga kyali eri amawanga.

Okuva 34:10: Katonda yali yeeyongerera n'omulimu gwe mu Isirayiri abantu bonna gye baali basobola okulaba omulimu gwa Mukama.

Ebyabaleevi 20:23: Isirayiri yalina okubeera eky'okulabirako eri amawanga amalala so si kugoberera nkola zaabwe enkyamu.

Ebyabaleevi 19:24: Isirayiri yali yakugabanako okwagala kwa Katonda n'amawanga amalala.

Okubala: Enteekateeka ya Katonda yali ensi yonna okujjula ekitiibwa kye.

Ekyamateeka 4:27, 7:6, 14:2, 26:19: Katonda yalondako Isirayiri okuba ng'omujulirwa we, olw'ekibi oluvannyuma baalina okusaasaana era baabonabonera mu mikono gya balabe baabwe

Ekyamateeka 18:9, 30:19, Katonda yalabula Isirayiri obutagoberera makubo ga mawanga malala n'abayita okulondako ekkubo ery'obulamu.

Ekyamateeka 28:9-10: Okwagala kwa Katonda kwali nti, okuyita mu Isirayiri, abantu bonna mu nsi bamanye amaanyi ge.

**EBITABO BY'EBYAFAAYO:**

**Yoswa okutuuka ku Eseza.**

Eri ensi, Isirayiri teyali ya makulu nnyo. Naye endaba eya Baibuli yo yanjawulo ko. Gwanga lya Isirayiri Katonda ly'akozesa okulaga enteekateeka ya Katonda ye eri ensi. Ebitabo by'ebyafaayo eby'endagaano enkadde biraga Isirayiri bye yayitamu ng'eri mu buwambe.

Isirayiri bwe yali egondera Katonda, yanunulibwamu mikono gy'abalabe. Kino kyakola ng'okujulira ku maanyi ga Katonda agalokola (Laba Zabuli 66:1-7, Isaaya 52:10), Isirayiri bwetaagondera Katonda, omusango gwe yasalirwa nagwo gukakasa ekyo ky'ali (Zabuli 145:17). Wadde nga Katonda yakwata n'okwagala oba okugisalira omusango, yeeyongera okweraga okuyita mu bbo eri amawanga g'ensi.

Bino by'ebimu ku bijuliza okuva mu bitabo by'ebyafaayo ebinaakuyamba okwongereza ku kutegeera kwo okw'enteekateeka ya Katonda eri ensi.

Yoswa 2:11, 3:11: Katonda ye Katonda w'eggulu n'ensi byonna.

Yoswa 4:23-24: Katonda yakaza omugga gwa Yoludaani abantu b'ensi basobole okutegeera omukono gwe ogw'amaanyi.

Yoswa 23:3, 9, 12, 13: Katonda yalabula Isirayiri okwawukana n'amawanga agatalina kukkiriza era bakolenga ekyokujulira gye bali.

Ekyabalamuzi 2:21-22: Katonda yagezesa Isirayiri okulaba oba nga banaakola nga bw'alagidde. Ekitabo ky'Abalamuzi kiraga engeri gye baddiŋŋananga okukola ensobi ku bye yabalagira.

Luusi 1:16: Katonda w'Abayudaaya era ye yalina okuba Katonda wa Bannamawanga.

1 Samwiri 17:46: Daudi bwe yasisinkana Goliyaasi, yasaba obuwanguzi, amawanga g'ensi gonna gamanye nti ye Katonda eyali mu Isirayiri.

2 Samwiri 22:50-51: Daudi yatendereza Katonda amawanga g'ensi gasobole okumuwa ekitiibwa.

1 Bassekabaka 8:23, 43: Ng'obwakabaka bwa Katonda bwa Isirayiri bumaze okuteekebwawo, Kabaka Sulemaani yasaba.

1 Bassekabaka 8:43, 53, 60: Ennyiriri zino zongera kulaga kwagala kwa Katonda eri ensi okuba nga ejja eri okumanya kw'enteekateekaye.

2 Bassekabaka 19:15-19: Okununulibwa kwanoonyezebwa ensi yonna emanye Katonda omutuufu.

1 Ebyomumirembe 16:23-24, 31:Ekitiibwa kya Katonda kyalina okulangirirwa eri amawanga gonna.

2 Ebyomumirembe 16:35: Okununulibwa ku mawanga kwanoonyezebwa Katonda asobole okuweebwa ekitiibwa.

2 Ebyomumirembe 6:32-33: Abantu bonna ab'ensi balina okufuna omukisa gw'okumanya Katonda.

2 Ebyomumirembe 16:9: Katonda alaba ensi ng'okwagala kw'alina okw'enjawulo mu mutima gwe.

Ezera 1:2, 5:11: Kuulo yalina okuzimba Yeekaalu mu Yerusaalemu okuweesa Katonda ekitiibwa eri ensi yonna.

Nekemiya 6:16: Ekiruubirirwa ky'omulimu gwa Nekkemiya gwali gusinga ku gw'okuzimba ebisenge. Kwali kwolesa maanyi ga Katonda n'enteekateeka ye.

Nekemiya 9:6-7: Katonda alangirirwa nga Mukama ow'ensi yonna.

Eseza 4:14: Eseza yakyusibwa olw'omulimu gw'okukuuma eggwanga lya Isirayiri Sitaani lye yali ayagala okwonoona.

## EBITABO BY'OKUTONTOMA.

### Yobu okutuuka ku Oluyimba:

Ebitabo ebya: Yobu, Zabuli, Engero, Omubuulizi, n'oluyimba bimanyikiddwa nga ebitabo by'okutontoma kubanga byawandiikibwa mu ngeri ya bitontome. Ensi gwe mulamwa omukulu ogw'ebitabo bino.

Mu kitabo kya Zabuli, okujuliza kukolebwa eri amawanga n'abantu emirundi ebikumi bibiri. Ebiragibwa nga "ensi yonna," "abantu bonna," "omubiri gwonna," "nabuli kintu kyonna ekissa," "ensonda z'ensi yonna," "abantu b'ensi bonna," "amaaso ga bonna," "ne bannamawanga bonna" byeddiŋŋana mu kitabo kino.

Zabuli ziraga ensi nga bw'eri eya Mukama, nabuli kintu nga kiri wansi we (Zabuli 24:1). Zigulumiza Katonda nga yasukkulumye mu nsi yonna (Zabuli 38:10, 97:9), zimulaga nga ye mulamuzi w'ensi yonna (Zabuli 149:7), nga bw'asaasira okuyita mu bulokozi (Zabuli 119:64). Embeera y'ekibi mu mawanga gonna eragibwa mu Zabuli 2. Mu Zabuli 67, essuubi ly'obulokozi lyongerwayo eri amawanga gonna.

Mu kitundu eky'okweyongera okusoma, kikuwa okunnyonnyola okujjudde ku nsi nga bwe kunnyonnyolebwa mu Zabuli. Zino z'ennyiriri ezimu ku ezo enkulu mu bitabo by'ebitontome:

Yobu 1 ne 2: Zinnyonnyola olutalo oluli mu mutima, mu ndowooza, ne mu mmeeme y'omuntu.

Yobu 9:24, 12:23, 38:1-41: Wadde ng'embeera y'ensi kati mbi nnyo, Katonda talemererwanga kufuga nsi ye.

Engero 2:22, 10:33, 11:3: Zinnyonnyola ku mbeera z'ensi ez'okwonoona.

Engero 14:34: Amawanga agalimu obutuukirivu n'okwonoona.

Engero 3:19, 8:23-31: Zigulumiza Katonda ng'omutonzi era Katonda w'ensi.

Omubuulizi 7:20, 8:14, 10:7: Zitunuulira mbeera y'omuntu eriwo n'ensi.

Omubuulizi 3:14: Ennyonnyola ku bukakafu bw'enteekateeka ya Katonda.

Ennyiriri zino byakulabirako eby'enteekateeka ya Katonda eri ensi nga bw'eragiddwa mu bitabo bino. Laba ekitundu "Ky'okweyongera okusoma" eky'essuula eno ku nnyiriri endala ezikwata ku nsi mu bitabo eby'okutontoma.

## EBITABO BY'OBUNNABBI:

### Isaaya okutuuka ku Malaki.

Ebitabo okuva ku Isaaya okutuuka ku Malaki biyitibwa ebitabo by'obunnabbi. Biraga obunnabbi obwaweebwa Katonda okuyita mu basajja ba Isirayiri abaafukibwako amafuta. Obwannabbi buno bwannyonnyola ebiribaawo ebiri mu nteekateeka ya Katonda eri ensi. Okuyita mu bitabo bino, omulimu

ogw'omulokozi eri ensi yonna gwe guteekebwako essira. Yesu teyali wa kujja ku lw'abantu ba Isirayiri bokka, naye abantu bonna.

**ABAWEEREZA ABAASUKKA OBUWANGWA BWABWE:**

Bannabbi babiri, Danyeri ne Yona, baweereza okusukka ebitundu by'obuwangwa bwabwe.

Danyeri yajukira Katonda ng'akola nga omuluɧɧamya era omukungu mu Babulooni. Katonda yataasa Danyeri okufa asobole okweyoleka nga ye Katonda w'ensi (Danyeri 6:27). Ekitabo kya Danyeri kirimu ebintu bingi ebyava ewa Katonda nga bikwata ku nsi ey'omumaaso. Ekitabo kino kikwatagana n'ekyokubikkulirwa ekiri mu ndagaano empya ekiwa obubaka obwongereza ku nteekateeka ya Katonda eri amawanga.

Ekiruubirirwa ky'enteekateeka ya Katonda kifunziddwa mu lunyiriri luno olwa Danyeri:

> **N'aweebwa obuyinza, n'ekitiibwa, n'obwakabaka n'amaanyi agava waggulu; abantu bonna, n'amawanga gonna, n'abantu ab'ennimi zonna ne bamusinzanga. Okufuga kwe kwa mirembe na mirembe, tekuliggwaawo, n'obwakabaka bwe tebulizikirizibwa. (Danyeri 7:14)**

Yona yali muminsani omuyudaaya eyayitibwa okubuulira okununulibwa eri ekibuga ekyabannamawanga eky'e Nineevi. Yatuukiriza obuweereza bwe mu ngeri y'okwekuteera. Ekitabo kya Yona kyamugaso nnyo kubanga kiraga ekiruubirirwa kya Katonda eky'okuleeta obulokozi eri amawanga gonna, so si eggwanga lya Isirayiri.

Isirayiri yali yakyawa abantu b'e Nineeve. Mu kusooka Yona yagaana okugenda okubabuulira. Naye oluvannyuma lwa Katonda okumukolamu omulimu, yagenda n'ababuulira beenenye newaakubadde teyabayigiriza ngeri ya kwenenyamu. Baalina kuteebereza ku ekyo kye baali balina okukola, ng'ekiragiro kya Kabaka bwe kiraga (Yona 3:8-9)

Mu kifo ky'okujaguliza okwenenya kwabwe, Yona yemulugunya era n'awakana ne Katonda (Yona 4:2). Ebigambo bya Yona ebisembayo ebiragibwa mu kyawandiikibwa kino bye;

"…Ye, kituufu nze okunyiiga ennyo n'okwegomba okufa." (Yona 4:9). Ekitabo kya Yona tekirina kufundikira. Ebibuuzo ebisembayo (Yokaana 4:9-11) biweebwa awatali kyakuddamu, tuleka Yona alindirira Katonda ajje weyali mu birowoozo. Katonda akyalindiriddeyo abantu abalinga Yona. Batuula bulungi mu nnyumba zaabwe enteefu, nga Yona bwe yakola bwe yali mu ntebe ye. Balemererwa okutegeera enteekateeka ya Katonda eri ensi.

**EKITABO KYA ISAAYA:**

Isaaya ky'ekyokulabirako ekisingayo ku ssira eriteekebwa ku nteekateeka ya Katonda eri ensi eriragibwa mu bitabo bya bannabbi.

Isaaya 17:12-13, 24:5-6: Zinnyonnyola embeera y'ensi mu maaso ga Katonda.

Isaaya 40:12, 42:5, 44:24, 45:8, 12, 18, 48:13: Zigulumiza Katonda ng'omutonzi w'eggulu n'ensi.

Isaaya 14:12: Lulaga Sitaani ng’omulabe w’amawanga.

Isaaya 37:20, 64:4: Ziraga ekiruubirirwa n’obunene bw’enteekateeka ya Katonda eri ensi.

Isaaya 65:17, 66:22: Ziraga enteekateeka ya Katonda ey’omumaaso eri ensi.

Isaaya 40:15: Katonda bw’alaba amawanga.

Isaaya 45:22, 5:1-6: Okwegayirira kuno kugenda eri amawanga okutunuulira Katonda ku lw’obulokozi.

Isaaya 43:8-12: Isirayiri yajulira Katonda eri amawanga.

Isaaya 52:13-15: Omuddu ayogerwako mu kitundu kino ye Yesu. Yali wa kubonaabona olw’okununula kw’ensi. Bakabaka ba bannamawanga wamu n’amawanga agatakkiriza balina okuwulira enjiri mu kukakana. Okufa kwa Kristo kwali kwa bantu bonna eri bannamawanga ab’ensi. Enjiri ye yali yakubuulirwa eri ebitundu by’ensi byonna.

Isaaya 54:1-5: “Ensigo” wano kitegeeza ensigo ya Isirayiri ey’omwoyo, omuli abakkiriza bannamawanga abalijja olw’okumanya kw’obulokozi okwa Yesu. Okukubirizibwa “Okugaziya weema,” kyategeeza kugaziwa mu kufuna baana ba Katonda okuva mu bannamawanga.

Isaaya 42:1-10: Katonda yandikutte amawanga n’okusaasira. Teyandiwanise wadde nga baalibagezesa oba nga batutte abbanga ddene nga tebaddamu. “Embalama” ennyingi Isaaya ze yali ayogerako zirindiridde tteeka lye. Olunyiriri olw’omukaaga lwogera ku mulokozi oyo amawanga agaanunulibwa mwe ganaakuŋŋaanira.

Isaaya 49:6-12: Okuzzibwawo kwa Isirayiri kyali kintu kitono nnyo ku kiruubirirwa kye mu nsi. Ekiruubirirwa kye kyali nti ensi yonna esobole okumanya n’okusinza Katonda mu mwoyo ne mu mazima.

Isaaya 56:7: Ennyumba ya Katonda erina kuba nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna.

Isaaya 59:16-60:5: Ekitundu kino kigamba nti wadde nga ekizikiza eky’omwoyo kisaanikidde ensi olw’ekibi, Yesu ajja kuyimusibwa n’ekitangaala wamu n’okuwonya. Ekitangaala ekitukuvu kijja kwakira ensi yonna. Bannamawanga baali bakujja eri ekitangaala okuva mu nsonda z’ensi ezisinga okuba ez’ewala.

Isaaya 2:4, 19, 21, 5:26, 11:4, 13:11, 13, 24:1, 19, 21, 25:7, 26:21, 34:2, 64:2: Ennyiriri zino zonna ziragula ku kulamulwa kwa Katonda eri amawanga.

Isaaya 2:2, 6:3, 11:9, 52:10, 55:5, 60:2, 61:11, 66:1, 18: Zonna zoogera ku kiseera ensi bw’eneeba ejjudde okumanya okwa Mukama.

**BANNABBI ABALALA:**

Bino by’ebimu ku bitundu ebikulu ebiri mu bitabo ebirala ebya bannabbi.

Yeremiya 1:5: Yeremiya yayitibwa nga nnabbi eri amawanga.

Yeremiya 9:24: Katonda alaga okwagala kwe, okulamula, n’obutuukirivu mu nsi.

Yeremiya 23:5: Okuteebereza ku kusalirwa omusango  n’okulamulwa okulijja ku nsi okuyita mu Yesu.

Yeremiya 27:5, 32:17, 51:15: Zigulumiza Katonda ng’omutonzi w’ensi.

Yeremiya 31:7: Katonda alina okumanyisibwa wamu n’okutendereza mu mawanga.

Yeremiya 4:2, 33:9: Amawanga gaali gakwenyumiriza mu Katonda.

Yeremiya 5:9, 6:19, 7:28, 9:9, 10:10, 11, 25, 12:17, 23:5, 25:14, 31, 51:25: Zonna zoogera ku kulamulwa kwa Katonda eri amawanga g’ensi amoonoonyi.

Yeremiya 33:9: Amawanga g’ensi gonna ganaawulira Mukama.

Okukungubaga 3:37-39: Katonda ajja kusaanyaawo omuntu olw’ekibi.

Okukungubaga 4:20: Neewakubadde tubeera mu mawanga agatakkiriza, tuli wansi w’ekisiikirize kya Katonda.

Ezekyeri 20:41, 36:23, 38:23, 39:7, 21: Ennyiriri zino zonna ziraga okwagala kwa Katonda okw’okumanyisa erinnya lye eri amawanga g’ensi.

Koseya 1:10, 2:23: Mu bifo Katonda mw’atamanyiddwa, ajja kumanyisibwa.

Yoweeri 1:15: Yoweeri alabula ku “lunaku lwa Mukama,” nga ky’ekiseera ky’okulamula kwe eri amawanga. Yayita abantu eri okwenenya kwa bonna.

Yoweeri 2:28-32, 3:9-12: Wadde nga amawanga gonna gajja kufuna okulamulwa kwa Katonda, era bajja kusisinkana ekirabo ekyomwoyo Omutukuvu n’emirembe egikulukuta.

Yoweeri 3:14: Ennyonnyola enkuyanja y’abantu b’ensi abatannatuusibwako Katonda.

Amosi 4:13: Amosi yeegatta ku bannabbi abalala okulangirira obukulu bwa Katonda eri ensi yonna.

Amosi 9:11-12: Katonda ajja kuyimusa amawanga agaayitibwa olw’erinnya lye.

Obadiya 1:1: Katonda atumye ababaka be eri amawanga agatakkiriza.

Mikka 4:1-3, 5:15, 7:16: Katonda ajja kusalira amawanga omusango.

Nakkumu 1:5: Ensi yonna enejja mu bufuge obwa Katonda.

Kaabakuuku 15:3:12: Katonda ajja kukola ebyewuunyisa okweyoleka eri amawanga agatakkiriza.

Kaabakuuku 2:4: Etandika ennono y’okubaawo olw’okukkiriza.

Kaabakuuku 2:14, 3:3: Ziteebereza olunaku ensi lw’eneeba ejjuzidwa ekitiibwa kya Mukama.

Zefaniya 3:6, 8: Katonda ajja kulamula amawanga amonoonyi ag’ensi.

Kaggayi 2:7, 21, 22: Katonda ajja kunyeenya amawanga gamusemberere.

Zaakaliya 12:1:  Katonda alagibwa ng’omutonzi w’omwoyo gw’omuntu.

Zaakaliya 4:10: Katonda atunuulidde ensi.

Zaakaliya 12:10, 13:1, 6-7: Ziragula ku kufa kwa Yesu ku lw’ekibi ky’ensi.

Zaakaliya 14:8-9: Katonda ajja kufuuka Kabaka w’ensi yonna.

Malaki 1:11: Erinnya lya Katonda linaatenderezebwa mu mawanga gonna.

Okuva mu bitundu bino, okiraba nga tekisoboka kusunsula bannabbi bonna basomesa ku nteekateeka ya Katonda eri ensi. Mu kitundu “Ekyokweyongera okusoma” eky’essuula eno, ojja ku kizuula nti ebijuliza byonna ku nsi okuva ku bannabbi b’endagaano enkadde okukuganya okweyongerayo okusoma kuno.

**OKUTUUKA KU ENDAGAANO EMPYA**

Endagaano enkadde eggwa n’ekitabo kya Malaki. Endagaano empya etandika n’ekitabo kya Matayo. Mu ssuula eddako, ojja kutandika okusoma ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli nga bweragibwa mu ndagaano empya.

Mu ndagaano enkadde, enteekateeka ya Katonda yali ya kwesembereza mawanga gonna okuyita mu Isirayiri. Okubeera mu bulamu bw’okubeera nga batya Katonda, baalina okusika amawanga nga ekyuma ki maagineeti eri Yerusalemu n’eri Mukama.

Mu ndagaano empya, oluvannyuma lwa Isirayiri okugaana Yesu, ekibinja kya bantu ekipya kiyimusibwa. Ekibinja ekyo kye kiyitibwa ekkanisa. Katonda kati eri ku mulimu gw’okwebikkula eri ensi.

Naye enkola yanjawulo, mu ndagaano enkadde, amawanga gaali ga kujja eri Yerusalemu okuyiga ku Mukama. Mu ndagaano empya, ekkanisa etumiddwa ebweru wa Yerusalemu eri amawanga.

## OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Obubaka obukulu obw'ekigambo kya Katonda bwe buliwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Funza endaba y'ensi mu ngeri eya Baibuli nga bw'eragibwa mu bitabo byamateeka eby'endagaano enkadde
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Funza endaba y'ensi mu ngeri eya Baibuli nga bw'eragibwa mu bitabo bye byafaayo eby'endagaano enkadde
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Funza endaba y'ensi mu ngeri eya Baibuli nga bw'eragibwa mu bitabo byo kutontoma eby'endagaano enkadde.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
6. Funza endaba y'ensi mu ngeri eya Baibuli nga bw'eragibwa mu bitabo bye by'obunnabbi eby'endagaano enkadde
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA.

Kozesa olukalala lw'ebyawandiikibwa bino weeyongere okusoma ku ndaba y'ensi mu ngeri eya Baibuli eby'endagaano enkadde. Olukalala lulimu okujuliza  eri ensi, amawanga, abatakkiriza ne bannamawanga (Ekitegeeza amawanga agatali Isirayiri).

Oluberyeberye 6:5-7, 11-13, 17, 8:17, 22, 9:1-2, 11-17, 10:32, 11:1, 8, 9, 12:2-3, 13:16, 14:19, 22, 17:4-6, 16, 20, 18:18, 21:13, 18, 26:4, 28:14, 46:3.

Okuva: 8:22, 9:14, 16, 29, 19:5, 6, 32:10, 33:16, 34:10.

Ebyabaleevi 20:23.

Okubala 14:21

Ekyamateeka 3:24, 4:27, 39, 7:6, 9:4, 10:14, 14:2, 15:6, 18:9, 26:19, 28:1, 10, 30:19.

Yoswa 2:11, 3:11, 4:24, 23:3, 9, 12, 23.

Eky'Abalamuzi 2:21-23

1 Samwiri 8:5

2 Samwiri 7:23, 22:50

1 Bassekabaka 8:23, 43, 53, 60, 11:2

2 Bassekabaka 5:15, 17:11, 15, 19:15, 19

1 Ebyomumirembe 16:14, 23-24, 30-31, 35, 17:21, 29:11

2 Ebyomumirembe 6:14, 33, 16:9, 20:6, 32:16

Nekemiya 1:8, 5:9, 6:16, 9:6

Yobu 9:24, 12:23, 19:25, 37:6, 12, 38:4

Zabuli 2:1-2, 8, 8:1, 9, 9:5, 8, 15, 17, 19, 20, 10:16, 18, 18:7, 43, 49, 19:4, 22:27-29, 24:1, 25:13, 33:5, 8, 10, 12, 14, 34:16, 37:9, 11, 22, 44:2, 11, 14, 46:2, 6, 8-10, 47:2, 3, 7-9, 48:2, 10, 49:1, 50:1, 4, 12, 57:5, 9, 11, 58:11, 59:5, 8, 13, 65:5, 9, 66:4, 7, 67:2, 4, 6,7, 68:8, 32, 69:34, 72:8, 11, 17, 19, 73:12, 25, 74:12, 17, 20, 75:3, 8, 76:8, 9, 12, 77:18

Engero 2:22, 3:19, 8:23, 26, 29, 31, 10:30, 11:31, 14:34

Omubuulizi 1:4, 3:11, 5:2, 9, 7:20, 8:14, 16, 10:7, 11:2, 12:7

Isaaya 2:2, 4, 19, 21, 5:26, 6:3, 11:4, 9, 12, 12:5, 13:11, 13, 14:12, 26, 17:12, 13, 23:9, 24:1, 4-6, 19-21, 25:7, 8, 26:2, 9, 21, 34:2, 37:16, 20, 40:12, 15, 17, 21, 28, 41, 9, 42:4-5, 10, 44:24, 45:8, 12, 18, 22, 48:13, 49:6, 51:6, 13, 16, 52:10, 54:5, 55:5, 9, 60:2, 62:11, 64:2, 4, 65:1, 17, 66:1, 18, 22

Yeremiya 1:5, 4:2, 5:9, 6:19, 7:28, 9:9, 24, 10:2, 10-12, 25, 12:17, 16:19, 18:7-9, 22:29, 23;5, 24, 25:14, 15, 17, 31, 32, 27:5, 29:14, 31:7, 10, 32:17, 33:9, 36:2, 46:28, 49:14, 51:15, 20, 25.

Okukungubaga 4:20

Ezekyeeri 5:5-8, 16:14, 20:41, 36:24, 38:23, 39:7, 21, 43:2

Danyeri 4:35, 6:27

Koseya 2:23, 6:3, 9:17

Yoweri 2:17, 19, 30, 3:2, 11, 12

Amosi 4:13, 9:8, 9, 12

Obadiya 1:1, 15

Mikka 1:2, 3, 4:2, 3, 7, 5:4, 15, 6:2, 7:16

Nakkumu 1:5

Kabakuuku 1:5, 2:14, 20, 3:3, 6, 12

Zefaniya 2:3, 11, :6, 8, 20

Kaggayi 2:7, 14, 21, 22

Zakaliya 1:10, 11, 15, 2:8, 11, 4:10, 12:1, 3, 9, 14:2, 3,9, 16

Malaki 1:11.

# ESSUULA EYOOKUTAANO.

## ENSI MU KIGAMBO: ENDAGAANO EMPYA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola engeri enteekateeka ya Katonda eri ensi bwe yeeyolekera mu kulangirira kw'okuzaalibwa kwa Yesu.
- Okufunza engeri Yesu gyalabamu ensi okusinziira ku nneeyisa ye.
- Okufunza ebyo Yesu bye yasomesa ku nsi n'ekiruubirirwa kye gy'eri.
- Okunnyonnyola omugaso gw'omusaalaba gwa Yesu mu nteekateeka ya Katonda eri ensi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Nkugulumizizza ku nsi, omulimu gwe wantuma okukola, ngumalirizza. (Yokaana 17:4)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno eyongera kusomesa nsi nga bweragibwa mu kigambo kya Katonda. Ennyonnyola okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli nga bweragibwa mu ndagaano empya. Okuva ku kulangirira kwa mazaalibwa ga Yesu okuyita mu bulamu bwe, okufa n'okuzuukira, endagaano empya essira erissa ku nsi.

Essira ly'erimu ly'eyongera okussa ku Yesu ng'addayo mu ggulu ng'ekkanisa egenda okutuukirira amawanga n'enjiri. Ojja kusoma ku "Ekkanisa mu nsi" mu ssuula eddako.

**OKULANGIRIRA OKUZAALIBWA KWA YESU**

Okulangirira kwasooka ku kuzaalibwa kwa Yesu kwalagibwa mu ndagaano empya nga kwakolebwa Malayika eri omukazi ayitibwa Mariamu eyali embeerera. Kisomeko mu Lukka 1.

Okujja kwa Yesu mu nsi kwali kitundu ku nteekateeka ya Katonda eragibwa mu ndagaano enkadde. Mariamu yagamba omulokozi ajja:

**Nga bwe yayogera ne bajjajjaffe, eri Ibulayimu n'ezzadde lye emirembe gyonna. (Lukka 1:55)**

Soma ku kulangirira kw'okuzaalibwa kwa Yesu okwa bamalayika mu Lukka 12:10-14. Wekkaanye enjogera; "…Kubanga mbaleetedde amawulire amalungi ag'essanyu eringi , era nga ga bantu bonna." (Olunyiriri 10) ne "…Emirembe gibe mu nsi eri abantu Katonda b'asiima." (Olunyiriri 14). "Abantu" bonna kitegeeza abantu bonna mu nsi. Okulangirira kw'okuzaalibwa kwa Yesu kulaga nti yajjiririra buli muntu ku nsi.

Singa tewaaliwo walala mu ndagaano mpya we kyogerwa nti enjiri yagenderera eri abantu bonna ku nsi, okulangirira kuno kwandibadde tekumala.

**OKUWONGEBWA KWA YESU**

Yesu bwe yatwalibwa mu Yeekaalu okuwongebwa eri Katonda, ng'enkola y'ekiyudaaya bwe yali, Simoni yamutegeera ng'omulokozi w'ensi eyasuubizibwa. Soma ku kino mu Lukka 2:25-32. Simoni yalangirira nti Yesu yali azze okutabaganya Katonda n'omuntu, Yagamba:

> **Kubanga amaaso gange galabye obulokozi bwo, bwe wateekateeka mu maaso g'abantu bonna, okuba Omusana ogw'okwakira amawanga. N'okuleetera abantu bo Abayisirayiri ekitiibwa. (Lukka 2:30-32)**

Obunnabbi obulala obukwata ku kiruubirirwa kya Yesu eri ensi oluvannyumako kyaweebwa Kayaafa, Kabona omukulu ow'enzikiriza ya Abayudaaya. Yagamba:

> **Temulaba nti kirungi omuntu omu afe, eggwanga lyonna lireme kuzikirira?"**
>
> **Ekyo Kayaafa teyakyogera ku bubwe, wabula ye nga Kabona Asinga Obukulu, yayogera eby'obunnabbi nti Yesu yali anaatera okufiirira eggwanga.**
>
> **Ate si ggwanga lyokka naye n'okukuŋŋaanya abaana ba Katonda abaasaasaana. (Yokaana 11:50-52)**

**YOKAANA OMUBATIZA.**

Yokaana omubatiza ye musajja eyalondebwa Katonda okuteekateeka abantu eri okujja kwa Yesu. Soma ku kuzaalibwa kwe n'enteekateeka ya Katonda eri obulamu bwe mu Lukka 1

Yokaana bwe yayanjula Yesu eri abantu, yagamba, "buli kirina omubiri kinaalaba obulokozi bwa Katonda." Yesu yajja kuleeta bulokozi eri omuntu (Lukka 3:3-6)

Yokaana era yayogera ku Yesu nga "Omwana gw'endiga ya Katonda eyajja okumalawo ekibi mu nsi"

> **Ku lunaku olwaddirira, Yokaana Omubatiza n'alaba Yesu ng'ajja, n'agamba nti, "Mulabe Omwana gw'Endiga owa Katonda aggyawo ebibi by'ensi. (Yokaana 1:29)**

Mu ndagaano enkadde, ebyana by'endiga byakozesebwanga Ssaddaaka y'ekibi. Yesu yalina okuba Ssaddaaka etuukiridde era esembayo. Tewandibaddewo bwetaavu bwa kweyongera mu maaso na nkola za ndagaano enkadde ez'okusaddaaka omusaayi gw'ensolo okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi.

Yokaana yayita Yesu, 'Ekitangaala ky'ensi."

> **Kristo ye yali Omusana, omusana ogw'amazima, ogujja mu nsi, okwakira buli muntu.**
>
> **Kyokka newaakubadde Kigambo oyo ye yatonda ensi, bwe yajja mu nsi, ensi teyamutegeera. (Yokaana 1:9-10)**

**ENNEEYISA YA YESU**

Yesu yalaga okwagala kwe okungi eri ensi okuyita mu nneeyisa ye ng'ali mu buweereza bwe obw'okunsi. Soma ku kuliisa abantu enkumi ettaano mu Matayo 14:13-21. Abayigirizwa baalaba enkuyanja y'abantu ng'ekyokubamalako emirembe. Yesu yagulaba ng'omukisa ogw'okubalaga okwagala kwa Katonda.

Soma ku Yesu n'omukazi Omusamaliya mu Yokaana 4:1-42. Olw'ekyokulabirako, Yesu yagamba nti tewali njawulo wakati w'obuvo bwo n'obugabirizi bwa Katonda obw'okununulibwa mu kibi. Abantu b'e Samaliya baagamba:

> **Awo ne bagamba omukazi nti, "Tumukkiriza si lwa bigambo byo byokka, naye naffe twewuliridde ebigambo bye. Ddala tutegedde nga ye Mulokozi w'ensi. (Yokaana 4:42)**

Kyali kiseera kino Yesu mwe yagabanako n'abayigirizwa be okwolesebwa kwe eri ensi yonna okw'amakungula ag'omwoyo:

Yagamba:

> **Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)**

Yagamba abayigirizwa be:

> **N'agamba abayigirizwa be nti, Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. (Matayo 9:37-38)**

Soma Makko 14:1-9, eraga engeri Mariamu gye yafuka ku Yesu amafuta. Abantu abamu baamunenya olw'okuyiwa amafuta ag'ebbeeyi ku mutwe gwa Yesu. Naye Yesu n'agamba:

> **Ddala ddala mbagamba nti buli kifo kyonna Enjiri gy'eneebuulirwanga mu nsi yonna, ekikolwa ky'omukazi ono kinajjukirwanga era kinaayongerwangako okumujjukiranga. (Makko 14:9)**

Olw'enjogera eno, Yesu n'akyoleka nti yali nteekateeka ye enjiri okubuna ensi yonna. Soma ku kulongoosa kwa Yeekaalu mu Makko 11:15-17. Yesu era yateeka essira ku nsi bwe yagamba:

> **…Tekyawandiikabwa nti, 'Ennyumba yange eneebanga nnyumba ya kusabiramu amawanga?' Naye mmwe mugifudde mpuku y'abanyazi." (Makko 11:17)**

Leero ebifo mwe tusinziza bingi bivudde ku kiruubirirwa kya Katonda. Twetaaga Yesu okutulongoosamu nate tusobole okutuukiriza enteekateeka ye eya:

**...Kubanga ennyumba yange eriyitibwa nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna. (Isaaya 56:7)**

**ENJIGIRIZA YA YESU**

Yesu yalaga enteekateeka ya Katonda mu kuyigiriza kwe ne mu nneeyisa ye. Soma ebitundu bino mu Baibuli yo:

Matayo 5:13-16: Abagoberezi ba Yesu balina kuba munnyo gwa nsi era n'ekitangaala ky'ensi.

Matayo 6:10: Ekakasa nti Katonda alina kyayagala wamu n'enteekateeka by'ayagala bimalirizibwe ku nsi.

Matayo 6:19, 16:26, Makko 8:36, Lukka 12:22-32, Yokaana 12:25: Okufaayo kwaffe tekulina kubeera ku bya nsi naye tutunuulire ebyo ebitaggwaawo.

Matayo 9:6, Makko 2:10, Lukka 5:24: Yesu alina amaanyi ag'okusonyiwa ebibi.

Matayo 13:35: Yesu yabikkula ebintu ku nteekateeka ya Katonda eri ensi ebyali ebyama okuviira ddala ku misingi gy'ensi.

Matayo 21:43: Yesu ayogera ku ky'okubuulira enjri eri amawanga ga bannamawanga.

Lukka 4:18-19: Wekkaanye Yesu bwe yafaayo eri ebyetaago by'abantu ku nsi.

Lukka 12:49-51, Yokaana 9:39, 12:31: Yesu yajja okuleeta "omuliro" (Okulamula), n'okwawula obutuukirivu ku kibi.

Lukka 13:28-29: Yesu yasomesa ku kukuŋŋanyizibwa kw'amawanga okutuuka ku nkomerero.

Yokaana 3:16-18, 12:47, 17:6, 18:37: Ennyiriri zino ziraga ekiruubirirwa ky'okujja kwe ku nsi.

Yokaana 6:33-51: Yesu yagamba yeyali omugaati gw'obulamu "ogwa buli muntu" era ajja kuwaayo omubiri gwe ku lw'obulamu "obw'ensi"

Yokaana 7:7: Yesu yasomesa ku mbeera y'ekibi eyali mu nsi.

Yokaana 8:12: Yesu yeeranga ng'omusana gw'ensi (Laba 9:5 ne 12:46)

Yokaana 8:23, 26: Yesu yagamba nti teyali wa nsi naye yatumibwa ku nsi okwogera obubaka bwa Katonda.

Yokaana 12:47: Yesu yagamba yajja kununula nsi.

Yokaana 10:1-16: Ekitundu kiraga nti enjiri yali yaakubuulirwa eri amawanga ga bannamawanga. "Endiga" so si ekisibo ekya Isirayiri. Obusaze obwawulamu bwalina okuggibwawo ng'abantu bonna bafuuse "Endiga z'ekisibo."

Yokaana 12:20-36: Yesu yagamba nti wa kusembeza abantu bonna gy'ali ng'afiiririra ebibi by'ensi. Yali wakusembeza abakazi n'abasajja okuva mu kitundu ky'ensi.

Yokaana 15:18-19, 16:33, 17:14-16: Nga Yesu bwe yagaanibwa, bwe batyo n'abagoberezi be bwe bajja okusisinkana okugaanibwa eri ensi.

Yokaana 16:8: Omwoyo Omutukuvu ng'azze, yali wa kulumiriza (kukakasa) ensi olw'ekibi.

**ENGERO ZA YESU.**

Yesu yasomesa engero nnyingi mu buweereza bwe. Engero by'ebyokulabirako eby'omubiri ebiraga amazima ag'omwoyo. Ziyitibwa "emboozi z'ensi ezirina amakulu ag'eggulu." Mu ngero zino Yesu yalaga bingi ku nteekateeka ya Katonda eri ensi.

**Omusamaliya omulungi (Lukka 10)**

Abantu ba Isirayiri tebaalina nkolagana nnungi n'abantu b'e Samaliya. Ekibuuzo, "Ani muliraanwa wange," kyannyonnyolwa okumala akaseera akawanvuko abakulembeze b'eddiini. Emboozi yayigiriza ku kuba n'ebirowoozo ebirungi eri abo ab'obuwangwa obulala.

**Olw'omwana eyazaawa (Lukka 15)**

Endowooza y'owooluganda omukulu mu Lugero luno yalinga ey'abakulembeze b'eddiini mu Isirayiri mu biro ebya Yesu. Tebaayagala kwagala Katonda kwe yaleeta eri amawanga gonna amalala. Baawakanya ekituufu nti amawanga ago gaali ga kujja eri okumanya obulokozi bwa Katonda.

Bwe tuba nga tufaayo eri Isirayiri, bangi mu Kkanisa ya leero abalina endowooza eno. Tuwummulira mu mukisa gw'enjiri ne tutafaayo eri abo abatannakiriza abali mu kizikiza omutali Yesu.

**Embaga ennene (Lukka 14:16-24)**

Emboozi eno eraga Isirayiri yaweebwa omukisa ogusooka okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, naye ne bagaana okuyitibwa. Okuyitibwa olwo ne kweyongerayo eri abo abaali ku nguudo ne mu nsonda z'ensi.

**Olw'abalimi (Matayo 21:34-44)**

Yesu yakiraga nti Isirayiri y'eyali ey'okulabirira olusuku lwa Katonda olw'emizabbibu, naye ne balemererwa mu buvunanyizibwa buno.

**Olw'eŋŋaano eyoomunsiko (Matayo 13:36-43)**

Ennimiro mu lugero luno yalaga ensi. Ekigambo kya Katonda kyalina okubuna eri ensi yonna. Ku nkomerero y'ensi, ekimera eky'omwoyo ekirivaamu kirikungulibwa Katonda.

**Olw'omusizi (Makko 4)**

Ensigo, ekitegeeza ekigambo kya Katonda, erina okusuulibwa mu nnimiro yonna ey'ensi. Ejja kugwa ku bika by'ettaka ery'omwoyo bingi era n'ebinavaamu biriba bya njawulo.

**Okubunyisa obwakabaka (Matayo 13)**

Matayo yakozesa engero nnyingi okulaga enjiri y'obwakabaka gy'eneebuulirwa eri ensi yonna. Soma ku mboozi ezikwata ku kaweke ka Kaladali, ekizimbulukusa, ettaala, akatimba, ekyobugagga ekyakwekebwa, eky'obugagga eky'omuwendo omungi, n'omukuumi w'enju (Matayo 13)

## OKUGAANIBWA KWA YESU

Kubanga Isirayiri yagaana obubaka Yesu bwe yaleeta, Mukama yakozesa eby'okulabirako bingi okulaga obunyiinyiitivu bw'okumugaana.

**ABAGENGE EKKUMI (Lukka 17:12-19)**

Mu lugero luno omu yekka ku bagenge Abasamaliya ye yadda okwebaza, kyokka abalala omwenda Aba Isirayiri tebadda. Yesu yali akakasa nti omusamaliya yalina okwebaza eri Katonda kyokka Isirayiri yatwala okuganja ewa Katonda ng'ekyolusaago. Kino ky'akontana n'engeri y'okuddamu kwa Isirayiri eri enjiri n'abo bannamawanga amalala.

**OMUKAZI OMUKANANI (Matayo 15:21-28)**

Ku ntandikwa Yesu kye yakola kyalinga ekyobukambwe, naye yalina ekiruubirirwa eky'enjawulo. Yesu yayagala okukkiriza kwe kubeere nga kulabisibwa n'okukola ng'ekyokulabirako wamu n'okunenya Isirayiri. Okukkiriza okusaba kwe kyalaga nti okusaasira kwa Katonda tekukugirwa nsalo za mawanga.

**OMUSERIKALE OMURUUMI (Matayo 8:5-12)**

Omusajja ono yali Muserikale w'e Rooma, kyokka okusaasira kwa Katonda kwajja gyali mu kuwonyezebwa kw'omuddu we. Yesu yagamba:

> **Ddala ddala mbagamba nti, Sinnalabayo muntu alina kukkiriza nga kuno wadde mu lsirayiri! (Matayo 8:10)**

Yesu kye yayogera mu lunyiriri olw'ekkumi n'emu kiraga nti enjiri yali ya bantu bonna:

> **Mbagamba nti bangi baliva ebuvanjuba n'ebugwanjuba ne batuula wamu ne Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 8:11)**

## OMUSAALABA N'ENSI

Okufa kwa Yesu ku musaalaba kwali kitundu ku nteekateeka ya Katonda eri ensi. Okufa kwe kwe kwali ensibuko y'okulokolebwa kw'ensi. Bwe bubaka bwa Baibuli yonna. Yesu yateranga okussa omuwoyo ku kiki ekiribaawo mu nsi olw'omusalaaba.

Matayo 20:28: Yajja "Okuwaayo obulamu bwe ng'omutango gw'abangi." "Abangi" kitegeeza abantu b'ensi abangi.

Yokaana 3:14-17: Yesu yalaga omukwano gwa Katonda eri ensi nga bwe kiragibwa ng'awaayo omwana we okufiirira ebibi by'omuntu. "Buli" kyategeeza abantu bonna mu buli ggwanga.

Yokaana 6:51: Yalaga nti yali wa kuwaayo obulamu bwe eri ensi yonna.

Yokaana 12:32: Yesu yagamba nti yali wa kusembeza bantu bonna gy'ali olw'okulokolebwa.

Omusaalaba kwe kwetooloolera Paulo by'awandiika, yalaga nnyo ekiruubirirwa kyagwo eri ensi.

Abaruumi 5:12-21: Okuyita mu kibi kya Adamu, okulamulwa kwajja eri abantu bonna. Okuyita mu kufa kwa Yesu ku musaalaba, obutuukirivu bwajja eri bonna.

2 Abakolinso 5:14-19: Yesu yafiirira "bonna" ne Katonda, wadde nga Yesu, yatabaganya ensi ku lulwe.

Abaggalatiya 1:4: Yesu yewaayo ku lw'ebibi byaffe ng'okwagala kwa Katonda bwe kuli.

Abaefeeso 3:6-11: Amawanga agatakkiriza gaali gakufuna mu omuganyulo gw'okusonyiyibwa okwa Yesu.

Abakolosaayi 1:20: Emirembe n'okutabagana ne Katonda okuyita mu kufa kwa Yesu ku musaalaba.

1 Timoseewo 1:15: Yesu yajja okulokola abonoonyi.

1 Timoseewo 2:5-6: Waliwo omutabaganya omu, Yesu Kristo, okuyita mu ye abantu baabuli kika n'eggwanga batuuka eri Katonda omu yekka omutuufu.

Abaebbulaniya 9:11-12: Yesu yabonaabona omulundi gumu olw'ebibi bya buli muntu.

1 Yokaana 4:9, 14: Yokaana era assa nnyo omwoyo ku nsi yonna olw'omusaalaba: Yesu yatumibwa ku nsi okubeera omulokozi w'ensi.

**OMULIMU OGWAGWA.**

Yesu bwe yasisinkana okufa ku musaalaba, yagamba:

> **...Ekyo kye nnazaalirwa era kye kyandeeta mu nsi, ntegeeze amazima. Era abo bonna abaagala amazima bawulira eddoboozi lyange. (Yokaana 18:37)**

Okuyita mu kufa kwe ku musaalaba, Yesu yalangirira nti enteekateeka ya Katonda ey'okutabagana n'ensi yali ewedde. Yesu yagamba:

> **Nkugulumizizza ku nsi, omulimu gwe wantuma okukola, ngumalirizza. (Yokaana 17:4)**

**OMULIMU GWA YESU.**

Oluvannyuma lw'ennaku ssatu ng'afudde, Yesu yazuukira (Matayo 28). Yesu yalabikako emirundi egiwera eri abagoberezi be ng'amaze okuzuukira era nga tannaba kuddayo mu ggulu. Buli kaseera lwe

yabasisinkana, yabagamba okubunyisa enjiri eri ensi. Yabawa ekisoomoozo ekiyitibwa "omulimu ogw'amaanyi." Mu ssuula eddako ojja kuyiga engeri abayigirizwa be gye baakituukirizaamu kino.

## OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola engeri enteekateeka ya Katonda eri ensi gye yalagibwamu mu kulangirirwa kw'okuzaalibwa kwa Yesu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola engeri okulaba ensi mu ngeri ya Baibuli gye kwolesebwa mu ngeri ya Kristo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Funza Yesu bye yasomesa ensi n'omulimu gy'eri.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Nnyonnyola obukulu bw'omusaalaba gwa Yesu mu nteekateeka ya Katonda eri ensi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Yesu yali ategeeza ki bwe yagamba nti, "Mmaliriza omulimu gwa Katonda?

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Weeyongere okuyiga ku nsi ng'osoma ebijuliza bino wammanga. Bino byonna bijuliza eri "ensi" n'ebigambo by'enjiri ebikwatagana nabyo:

Matayo 5:5, 13, 14, 6:19, 9:6, 10:34, 13:35, 38-40, 49, 16:19, 26, 18:18, 19, 21:43, 24:3, 7, 9, 14, 30, 35, 25:32, 34, 28:18-20

Makko 2:10, 4:5, 19, 8:36, 10:30, 11:17, 13:8, 10, 27, 31, 14:9, 16:15

Lukka 1:70, 5:24, 11:50, 12:30, 49, 51, 18:30, 21:10, 25-26, 33, 35, 24:47

Yokaana 1:9, 10, 29, 3:16, 17, 19, 31, 4:42, 6:33, 51, 7:7, 8:12, 23, 26, 9:5, 39, 11:51-52, 12:19, 25, 31, 32, 46-47, 14:17, 19, 31, 15:18-19, 16:11, 21, 28, 33, 17:4, 6, 11, 14-16, 18, 21, 23, 18:20, 36-37, 21:25

# ESSUULA EYOOMUKAAGA

## EKKANISA MU NSI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "omulimu omukulu."
- Okulaga ebijuliza ebyomwoyo eby "omulimu omukulu."
- Okunnyonnyola ekigambo "ekkanisa"
- Okunnyonnyola engeri ekkanisa gye yatandikamu.
- Okunnyonnyola entegeka ya Katonda ey'ekkanisa.
- Okulaga obukulu bw'ekkanisa.
- Okunnyonnyola ebikulu ebikola "enjiri y'obwakabaka"

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

**ENNYANJULA**

Mu biro by'endagaano enkadde, Katonda yayimusa eggwanga lya Isirayiri ng'abantu mw'anaayita okutuusa enteekateeka ye ey'obulokozi eri ensi. Oluvannyuma Isirayiri egaana Yesu, Katonda n'ayimusa ekibinja ky'abantu ekirala mw'anaayita okukoleramu mu nsi. Ekibinja kino ky'ekiyitibwa ekkanisa. Ekkanisa erina ekifo ekyenjawulo n'ekiruubirirwa mu nteekateeka ya Katonda eri amawanga. Essomo lino liraga obukulu bw'ekkanisa eri ensi.

**OMULIMU OGW'AMAANYI.**

Oluvannyuma lw'okuzuukira kwa Yesu mu bafu, yalabikako eri abagoberezi be emirundi egiwerako. Buli kiseera yabalaganga okusoomoozebwa okwaliwo okw'amangu. Okusoomoozebwa kuno bwali buvunaanyizibwa bwabwe okutuuka eri ensi yonna n'obubaka obw'enjiri. Omulimu ogwaweebwa abakkiriza okuva ewa Yesu gwe guyitibwa "Omulimu ogwamaanyi." Gwe mulimu ogwamaanyi oba ekiragiro ekyaweebwa omuntu. Kya buvunaanyizibwa okutuukiriza buli kitonde ekissa n'enjiri.

Ebitundu bino wammanga biraga omulimu ogwamaanyi nga bwegwaweebwa Yesu eri abagoberezi be:

**YOKAANA 20:21-23:**

Yesu yagamba abagoberezi be, "Nga kitange bwe yantuma, nange mbatuma." Omulimu ogw'amaanyi gwatandika ne Katonda. Okumala emyaka Katonda yatumanga ababaka be, bannabbi, okukomyawo

omuntu omwonoonyi gy'ali. Ababaka buli kiseera nga bagaanibwa, oluvannyuma, Katonda yatuma omwana we yekka, Yesu.

Buli kintu Katonda kye yayagala ku Yesu ng'omubaka, era ky'atwagaza naffe kubanga tutumibwa "nga" kitaawe bwe yamutuma. Kiki ekyali kyetaagibwa mu Yesu?

- Yajja ku nsi olw'ekiruubirirwa ekyobwa Katonda.
- Yaleka byonna n'ajja.
- Yali mwetegefu okulabibwa ng'omuntu eyagwa.
- Yali mwetegefu okubonaabona era n'okufiirira ekiruubirirwa kye.
- Yatuukiriza ekiruubirirwa kye nga akola wamu n'okulangirira.
- Yamaliriza omulimu Katonda gwe yamutuma akole.

**LUKKA 24:45-59:**

Twasoma ekitundu kino mu ssuula eziyise ng'ekikulu ennyo mu byawandiikibwa. Kiraga enteekateeka ya Katonda olw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu. Kituyita okugabana obubaka obw'okununulibwa n'amawanga g'ensi.

Tekimala nti Yesu yafiiririra ebibi by'abantu. Abantu abaabula tebamala galokoka. Tuteekwa okugabana enjiri nabo okubakomyawo eri Katonda. Empeera y'ekibi kwe kufa (Abaruumi 6:23). Olw'ekibi, buli musajja n'omukazi agenda mu geyeena. Abo bokka abakkiriza Yesu ne bafuna okusonyiyibwa kw'ebibi be balilokolebwa. Katonda tayagala muntu yenna kuzikirira.

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Tewali kibuuzo ku kwagala kwa Katonda eri buli omu mu nsi okuba ng'alokolebwa:

> **Buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka. (Abaruumi 10:13)**

Naye….

> **Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? (Abaruumi 10:14)**

Katonda ayagala buli omu alokoke, naye walina okubaawo omuntu abategeeza amawulire amalungi gonna.

**MAKKO 16:14-16**

Ekiragiro kiri "kugenda," Ekifo "y'ensi yonna." Enjiri erina okubuulirwa buli kitonde, Yesu asuubiza okukola n'abo abagenda mu maanyi ag'okwolesa ebyamagero n'obubonero. Abantu abamu banoonya obubonero mu buweereza bwabwe nga tebatuukiriza kiragiro kya Katonda era beewunya lwaki tebalina maanyi.

**YOKAANA 15:16:**

Yesu atulonze era n'atukakasa okugenda okuleeta ebibala eby'omwoyo. Soma essuula eno yonna ku kubala ebibala eby'omwoyo. Ojja kuyiga engeri Yesu gy'ali omuzabbibu era nga ffe matabi. Kwe kukulukuta kw'obulamu bwa Yesu mu ffe okuleeta amakungula ag'omwoyo.

**MATAYO 28:16-20:**

Yesu yagamba "amaanyi gonna" gaamuweebwa Katonda. Olwa kino, Yesu yalina obuyinza obutuma abagoberezi be okutuukirira ensi yonna n'enjiri. Wekkaanye mu kitundu kino:

**Abantu**: Abantu bano be bo Yesu baayita okukola. "Mmwe" (abakkiriza bonna) be babaka.

**Amaanyi**: "Amaanyi gonna." Amaanyi ga Katonda kwe kusikirizibwa okuleetera omubaka okweyongerayo. Ge maanyi ag'omwoyo omutukuvu owa Katonda, so si maanyi ga muntu n'enkola ze.

**Ekisingayo**. "Genda" bwe buvunaanyizibwa obuweebwa mu kiragibwa ku mulimu ogwamaanyi. Ky'ekirina okuba nga ky'ekisingayo mu bulamu bwaffe, so si kya kulondako.

**Ekiruubirirwa**: Ekiruubirirwa kwe kufuna abayigirizwa ab'amawanga gonna. Kuno kwe kwekubisaamu kw'enjiri.

**Enteekateeka:** Okusomesa n'okubuulira z'enkola ez'okukozesa.

**Abantu**: Abantu b'okutuukirira be "amawanga gonna." Buno bwe bugazi bw'ekiragiro, buzingiramu ensi yonna.

**Okubeerawo:** Oyo ow'okugenda naye ye Yesu. Ono ye muvujjirizi w'enteekateeka. Ajja kuluŋŋamya, era ayambe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu nga bwe tutuukiriza omulimu ogw'amaanyi.

**Ekisomesebwa:** Ebisomesebwa bwe bubaka bw'okutwalira ensi enjiri y'obwakabaka.

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

Enjiri era eyitibwa enjiri ya Katonda (1 Abasessaloniika 2:9), enjiri ya Kristo (1 Abasessaloniika 3:2), Enjiri ya Paulo (Abaruumi 2:16). Tewali kikontana wano kuba Katonda y'ensibuko y'enjiri, Yesu yatuukiriza enteekateeka ya Katonda, abantu nga Paulo baagifuna bufunyi era ne bagyongerayo. Enjiri efunibwa mu kubikkulirwa kwa Katonda. Si njigiriza eyagunjibwawo omuntu:

> **Kubanga abooluganda, mbategeeza nti, Enjiri gye nababuulira teyeesigamizibwa ku muntu.**
>
> **Era nange saagiweebwa muntu wadde okusomesebwa omuntu wabula Yesu Kristo ye yagimbikkulira. (Abaggalatiya 1:11-12)**

Mu 1 Abakolinso 15:1-11, amazima g'enjiri gafunzibwa. Obubaka obukulu ye Yesu, obuweereza bwe, okufa olw'ekibi, okuzuukira n'okulabika kwe. Enjiri yeesigamizibwa ku kisa n'okukkiriza.

Mu ndaba yaabwo enfunda, enjiri kitegeeza enteekateeka y'obulokozi ennyangu nga bweragibwa mu Yokaana 3:16, Yokaana 14:1, Matayo 11:28, ne Abaruumi 10:9, amakulu gaakyo amagazi, mulimu ebyo byonna Yesu bye yasomesa ku bwakabaka.

Enjiri ge mazima ga Katonda:

> **Olw'essuubi eryabategekerwa mu ggulu, lye mwawulirako mu kigambo eky'amazima, ye Enjiri. (Abakolosaayi 1:5)**

Enjiri era ge maanyi ga Katonda agaleeta okulokolebwa:

> **Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga. (Abaruumi 1:16)**

## EKKANISA

Okusomesebwa kuno ku mulimu ogwamaanyi kwaweebwa Yesu eri ekkanisa. Ekkanisa ekola nga Isirayiri era yayitibwa okuweereza mu biro eby'endagaano empya. Kye kibinja eky'enjawlo Katonda mw'ayita kati okweraga eri amawanga g'ensi.

Kikulu nnyo okunnyonnyola ne kye tutegeeza bwe twogera ku kkanisa. Ekkanisa eyogerwako mu kigambo kya Katonda, si kizimbe, si kibinja kya ddiini. Ekkanisa eragibwa mu mitendera ebiri.

**EY'ENSI YONNA:**

Ekkanisa erimu abantu bonna abakkiriza Yesu Kristo. Kwe kusseekimu kw'abakkiriza era abagondera Katonda.

Ekigambo "Ekkanisa" kitegeeza okuyitibwa okuva" oba "abaayitibwa." Ekkanisa erimu abantu abaayitibwa okuva mu bwakabaka bwa Sitaani eri obwakabaka bwa Katonda. Muno mulimu abantu abali mu ngeri, kika, buwangwa, ennimi nga bakkiriza Yesu Kristo ng'omulokozi waabwe.

Ekkanisa era eyitibwa "Omubiri gwa Kristo" "Abakristaayo." Ebigambo ng'ebyo oluusi bikozesebwa nnyo naye mu kunnyonnyola kwabyo mulimu abo bokka abalokose okuyita mu Yesu Kristo era abagondera Katonda.

**EY'OMUKITUNDU.**

Olw'omulimu ogw'okubuulira enjiri, okuteekateeka n'okussa ekimu, ebibinja by'abakkiriza by'ekuŋŋanyiza wamu mu masinzizo aga wansi. Enkola eno ey'okutandikawo ekkanisa ku mutendera ogw'omukitundu yatandikira mu biro eby'endagaano empya.

## EMBALA Y'EKKANISA.

Baibuli ekozesa obubonero obuwerako okwongera okunnyonnyola embala, obukulu, enkolagana n'ekifo ky'ekkanisa.

Mu nnyiriri zino wammanga, ekkanisa eyitibwa:

- Omuntu omuggya: Abaefeeso 2:14-15
- Omubiri gwa Kristo: Abaefeeso 1:22-23, 5:30, 1 Abakolinso 12:27.
- Yeekaalu ya Katonda: Abaefeeso 2:21-22, 1 Abakolinso 3:9, 16, 1 Timoseewo 3:15, 1 Peetero 2:5
- Bakabona b'obwakabaka: 1 Peetero 2:5, 9, Okubikkulirwa 1:6, 5:10
- Omugole wa Kristo: 1 Abakolinso 11:2
- Ab'ennyumba ya Katonda: Abaefeeso 2:19
- Ekisibo kya Katonda: Yokaana 10:1-29, 1 Peetero 5:3-4, Abaebbulaniya 13:20, Ebikolwa 20:28
- Ekkanisa ya Katonda: Ebikolwa 20:28, 1 Abakolinso 1:2, 10:32, 11:22, 15:9, 1 Timoseewo 3:5, 1 Abassessaloniika 2:14.
- Ekkanisa ya Katonda omulamu: 1 Timoseewo 3:15.
- Ekkanisa ya Kristo: Abaruumi 16:16
- Ekkanisa y'omuberyeberye: Abaebbulaniya 12:23.
- Ekkanisa y'abatukuvu: 1 Abakolinso 14:33

**EKIRUUBIRIRWA KY'EKKANISA**

Ekkanisa erina by'ekola ebyomugaso bingi omul; okusinza, okukuƞƞaana n'okuweereza abali mu bwetaavu. Naye ekiruubirirwa ekikulu mu ekya bino, kwe kubuulira enjiri. Mu ngeri ennyangu, ekiruubirirwa ky'ekkanisa kwe kutuukiriza omulimu omukulu.

Sitaani yalumba ekiruubirirwa ky'ekkanisa eyasooka mu ngeri nnyingi. Yagezaako okuziyiza okubuulira kw'enjiri ng'aleetawo okutulugunya, enjigiriza enkyamu, n'ekibi. Buno era bwe bukodyo bwe n'olwaleero. Naye era waliwo ekizibu ekirala eri ekiruubirirwa ky'ekkanisa. Okubeerawo kw'abakulembeze abaakola obulungi era n'emirimu emirungi kumpi ekyakyusa ekigendererwa kya Kristo ekikulu. Soma Ebikolwa by'Abatume 4: waaliwo ebintu ebirungi ebyakolebwa bingi naye abakulembeze baali babikola ne balekerera  ekigambo kya Katonda n'okusaba.

Ekyetaago ky'omuntu kikulu nnyo. Yesu yagamba nti abeetaaga balibanga wamu naffe. Ekkanisa esobola okusisinkana ekyetaago ky'omuntu era eneebeera ekitundu ekisinga okufaayo nga bwe kyali mu biro eby'endagaano empya. Naye ekiruubirirwa ky'ekkanisa tekiri kusisinkana byetaago by'abantu. Ekisinga okuba ekikulu kwe kubuulira enjiri. Ekkanisa esobola okusisinkana ebyetaago ebirala naye byonna bikolebwe ng'ekikulu obubaka bw'enjiri bubuuliddwa.

Ekyokulabirako ekisinga kisangibwa mu Abaruumi 9 and ne 10. Omutume Paulo yali amanyi ebyetaago by'eggwanga ly'Abayudaaya. Era ng'amanyi embiranye y'ebyobufuzi eyali e Rooma eri abantu, kyokka nga kyali mu bwerufu nti ekiruubirirwa kye ekikulu eri abantu kyali kya mwoyo kye yafaako ennyo eri ab'a Isirayiri kyali nti bonna balokole (Abaruumi 10:1). Ekiruubirirwa ky'ekkanisa kwali kumanyisa njiri olwo Katonda abeere ng'aweerezeddwa n'obwesigwa mu bantu bonna.

**OKUTUMIBWA:**

Enkola ya Katonda y'emu ku y'okutuma. Olw'okwagala kwe yalina gye tuli, taata yatuma mutabani we yennyini.

> **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo.**
>
> **Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. (Yokaana 3:16-17)**

Yesu atuwadde omulimu agw'okugenda nga tubuulira enjiri. Buli kkanisa y'omukitundu erina okuba ng'etuma, okugenda n'okwagala eri ensi eri mu kufa.

Katonda teyayimusa kkanisa ng'ekintu eky'okubeera awo. Ekkanisa yayitibwa olw'ekiruubirirwa so si kuba nti yanjawulo. Tuli baweereza ab'okutabaganya. Tulina okugoberera enkola eyateekebwawo Katonda ne Yesu. Tulina okweyongerayo n'enjiri.

Buli kkanisa yeetooloddwa enkuyanja y'abantu abatalina Katonda era abatalina ssuubi. Kino ky'ekisoomozo kyaffe ekisooka era ekisinga obukulu, nga Paulo bwagamba ekkanisa ye Firipi (Abafiripi 2:12-16). Era ebigambo by'ebimu ebyayogerwa eri ekkanisa y'e Kolinso, Effeeso, Ssesaloniika n'e Kolosaayi. Obubaka bwe bumu obutambula leero.

Mu Abaefeeso, Paulo afunza ekiruubirirwa ky'ekkanisa:

> **Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.**
>
> **Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.**
>
> **Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abaefeeso 3:9-11)**

**EKKANISA EZAALIBWA NA MAANYI.**

Yesu yaleka abagoberezi be n'omulimu omunene. Baalina okutuuka eri ensi yonna n'enjiri. Naye teyabawa buvunaanyizibwa nga tannabawa buyinza. Yabasuubiza amaanyi ag'enjawulo ag'okumaliriza omulimu ogwo.

Yesu yagamba abagoberezi be baalina okufuna amaanyi okuyita mu kujja okw'omwoyo omutukuvu.

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Abasajja kkumi n'omu baaweebwa omulimu ogutasoboka. Tebaakola kakiiko kusalawo ani ow'okugenda wa. Tebaatwala mutango gwa kulaba ngeri gye banaatukayo. Tebalonda wadde okugoberera ebirowoozo by'abasinga obungi. Bano abasajja baagenda mu kisenge ekyawaggulu mu mmeeme emu ne beewaayo mu kusaba. Wano ekkanisa we yazaalibwa mu ngeri y'okwolesa amaanyi amangi.

Ebikolwa 2, eraga okujja kwa Mwoyo Mutukuvu. Amaanyi gano ag'omwoyo Omutukuvu gaaweebwa olw'ekigendererwa. Ekigendererwa kyali kutuukirira mawanga n'enjiri (Ebikolwa 1:8). Ebikolwa 2 nayo eraga ensibuko (entandikwa) y'ekkanisa eyasooka. Omwoyo Omutukuvu bwe yaweebwa mu kubikkulirwa kuno okwamaanyi, Peetero yabuulira ne kiviirako abantu enkumi ssatu okukkiriza enjiri. Abantu bano be baakola ekkanisa eyasooka. Ebirala bye baakola wamu n'okugaziwa biragibwa mu kitundu ekisigaddeyo eky'ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume.

**ENTEGEA Y'EKKANISA**

Okutuukiriza ekiruubirirwa kino, Katonda yateekawo ennono z'entegeka eno. Abakkiriza bonna mu kkanisa baaluganda mu mwoyo. Be bayitibwa, "Omubiri gwa Kristo," nga Yesu gwe mutwe.

Ekkanisa erina okukolera awamu ng'era ebitundu by'omubiri bwe biri. Balina okukola nga baluŋŋamizibwa Mukama waffe Yesu Kristo nga ye mutwe.

Katonda ateekawo abakulembeze ab'enjawulo mu kkanisa omuli, Abatume, bannabbi, ababuulizi, abasumba, n'abasomesa. Katonda era awa buli mukkiriza ajjuziddwa Omwoyo ekirabo eky'omwoyo (Oba ebirabo) eby'okukozesa nga bali mu mulimu gw'obuweereza.

Okunnyonnyola ku ngeri ebirabo by'obukulembeze wamu n'obuweereza buno gye bukozesebwa okuyamba okumaliriza omulimu gw'ekkanisa kusukkawo ku kino ekisomesebwa. Olusoma lwa Harvestime International Institute olwa, "Obuweereza bw'omwoyo Omutukuvu."

**OKUJULIZA OKW'EKKANISA EYASOOKA.**

Ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume eky'endagaano empya y'emboozi ku ngeri ekkanisa eyasooka lwe yatandika okutuukiriza omulimu gwayo omukulu ogw'okubuulira enjiri eri ensi. Enkumi n'enkumi zaalokoka mu wiki mbale oluvannyuma lw'ebyo ebiragibwa mu Ebikolwa 2. Ebiseera bwe byeyongerayo, omuwendo gw'abakkiriza mu Yerusalemu gweyongera nnyo.

Katonda yakkiriza okutulugunyizibwa okusenda abakkiriza okufuluma Yerusalemu. Baasaasaana mu Buyudaaya n'e Samaliya:

> **...Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n'amaanyi mangi nnyo mu Yerusaalemi.**
>
> **Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya.Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu. (Ebikolwa 8:1, 4)**

Omu ku bakkiriza eyagenda okubuulira e Samaliya yali Firipo. Kuno kwe kubunyisa enjiri okwasooka mu mawanga okulagibwa mu Ebikolwa 8. Mu Ebikolwa 9, Katonda yayimusa omutume Paulo eri bannamawanga, Omuminsani w'amamawanga g'ensi.

Mu Ebikolwa 10, mwe muli emboozi n'omusajja ayitibwa Koloneeri. Katonda yawa Peetero okwolesebwa okwamuleetera okwagala okugenda eri. Bannamawanga mu nsi n'enjiri. Ebikolwa 11 eraga obukulu bw'omwoyo Omutukuvu obw'okuluŋŋamya mu kiruubirirwa ky'ekkanisa eri ensi.

Mu Ebikolwa 1, entegeka y'okubuulira enjiri eri buli kitundu ky'ensi kutandika. Paulo ne Balunnaba baayitibwa okubuulira enjiri okussuka eggwanga lyabwe. Baalina okubuulira enjiri eri bannamawanga, so si Isirayiri:

> **Abaamawanga bwe baawulira ebyo ne bajjula essanyu; era bangi ne bakkiriza, abo Katonda be yalonda okuwa obulamu obutaggwaawo.**
>
> **Awo ekigambo kya Katonda ne kibuna mu kitundu ekyo kyonna. (Ebikolwa 13:48-49)**

Osobola okusoma ku lukuŋŋaana lw'enjiri olwasooka mu kkanisa y'awaka mu Antiyokiya mu Ebikolwa 14:26-27, era ne Alipoota yaabwe eri ekitebe eky'e Yerusalemu mu Ebikolwa 15:2-4. Paulo yakakasa ekiruubirirwa kya Katonda eri amawanga g'ensi, n'obuvumu yatwala enjiri mu bibuga, obubugabuga, amatwale eri abayigirize n'abatali bayigirize, eri ab'eddembe n'abaddu:

> **Kubanga bw'atyo Mukama bwe yatulagira bwe yagamba nti, Mbafudde omusana okwakira Abaamawanga, olw'obulokozi okutuuka ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 13:47)**

Ekkanisa eyasooka yatuukiriza ekigendererwa kyayo n'obwagazi kuba kyagambibwa, "Baakyusa ensi" ku lwa Katonda (Ebikolwa 17:6). Ekiruubirirwa kya Katonda kyatuukirizibwa ng'abantu okuva mu mawanga gonna bagatibwa olw'omusaayi gwa Yesu:

> **Ye yatonda abantu bonna mu nsi, ng'abaggya mu muntu omu, n'abasaasaanya mu mawanga okubuna ensi yonna. N'ateekateeka amawanga agalisituka n'agaligwa, era n'ebbanga lye galimala. Era n'agakolera n'ensalo zaago. (Ebikolwa 17:26)**
>
> **wabula ayaniriza abantu bonna ab'omu mawanga gonna kasita baba nga bamutya era nga bakola by'asiima. (Ebikolwa 10:35)**

## EBISIGADDEYO EBIRAGIBWA MU NDAGAANO EMPYA

Wano, essomo lino litunuulira ekkanisa eri mu nsi mu kitabo ekya Ebikolwa by'Abatume. Ebitabo ebisigaddeyo eby'endagaano empya byawandiikibwa eri abantu abaali mu kkanisa eyasooka nga balumirizibwa Omwoyo Omutukuvu. Mulimu ennyiriri nnyingi ezikwata ku nteekateeka ya Katonda eri ensi.

Ekitundu kya "Okweyongera okusoma," eky'essuula eno, kituwa omukisa gw'okusoma okujuliza okuli mu ndagaano empya ku mulamwa ogw'ensi, kakasa ng'okoze kino, kijja kumalayo okusoma ku nsi mu kigambo era okulaakulanye engeri gy'obulamu ensi mu ngeri eya Baibuli.

Ekimu ku bintu ebikulu okwekkaanya ng'osoma ekitundu kya "Okweyongera okusoma" kikwatagana n'endagaano enkadde. Mu Baruumi 4, Paulo annyonnyola ekisuubizo ekyaweebwa Ibulayimu. Muno mwalimu ekisuubizo ky'okubeera omukisa eri amawanga g'ensi. Mu ndagaano empya, abakkiriza bayitibwa abasika eri amawanga g'ensi. Mu ndagaano empya, abakkiriza bayitibwa abasika ba Ibulayimu (Abaggalatiya 3). Kino kitegeeza twasikira byonna Katonda bye yasuubiza Ibulayimu. Ekitegeeza nti mulimu n'okuyitibwa eri okuwa amawanga amalala omukisa agali mu nsi.

**EKKANISA MU NSI**

Okuva ku kusoma kw'endagaano empya, omulimu gw'ekkanisa eri ensi gufunziddwa eri amawanga:

1. Ekkanisa okulaga Yesu eri abantu n'eri ensi y'omulokozi, Mukama asukkulumye mu nsi, era omulamuzi w'omuntu alijja.
2. Ekkanisa erina okukulembera abantu eri enkolagana ennungi ne Yesu Kristo basobole okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi n'obulamu obupya mu ye.
3. Okuyita mu kubatizibwa kw'omu mazzi, okusomesebwa n'okubuulirwa, ekkanisa kw'erina okuteeka omusingi gw'abakkiriza mu njigiriza, ennono n'ebikolebwa mu bulamu bw'obuKristaayo. Ekkanisa erina okusomesa "okukola byonna" ebyalagirwa mu kigambo kya Katonda.
4. Ekkanisa erina okukuŋŋaanya abakkiriza awamu okusobola okutuukiriza ekigendererwa kyayo mu nsi.
5. Buli kkuŋŋaaniro eppya mu kitundu lirina okufuna amaanyi g'omwoyo omutukuvu okuddiŋŋana enkola zino (ensonga eziri mu 5 waggulu). Okuyita mu kino, abakkiriza abapya balina okuleetebwa ate n'amakuŋŋaaniro amapya okweyongera okuteekebwawo.

Ekkanisa erina okugenda eri "ensi yonna" n'enjiri. Essuula eddako ejja kunnyonnyola "Ensi erindirira" eyo ekkanisa gye yatumibwa.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola kye kitegeeza ne "omulimu ogw'amaanyi"
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Wa ebyawandiikibwa bisatu ebijuliza ku "mulimu ogwamaanyi."
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wa okunnyonnyola kw'ekigambo "ekkanisa" okusinziira ku Baibuli.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ekkanisa yatandika etya?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Maanyi ki ag'omwoyo agali emabega w'ekkanisa agagiyamba okutuukiriza ekigendererwa kyayo ku nsi.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Funza enteekateeka ya Katonda mu ntegeka y'ekkanisa.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Funza obukulu bw'ekkanisa mu nteekateeka ya Katonda.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Bintu ki ebikulu ebikola enjiri?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Bw'oba oyagala okumanya engeri enjiri gye yayongera okubuna ensi oluvannyuma lw'ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa, funa ekitabo "Okuva e Yerusalemu okudda e Iriyaani Jaya" ekya Ruth Tukker, kyafulumizibwa aba Zondervan Publishing House, Grand Rapids, Michigan U.S.A.

Okujuliza kw'amawanga kugenze kugabanyizibwa mu mirembe essatu okuva mu biro eby'endagaano empya.

**EBIRO EBYASOOKA:**

Okubunyisa enjiri eri ebitundu by'embalama ez'ensi. Kino kyatandikibwawo omusajja ayitibwa William Carey.

**EBIRO EBYOKUBIRI**:

Okubunyisa enjiri eri ebitundu by'ensi eby'olukalu ekyatandikibwawo J. Hudson Taylor.

**EBIRO EBYOKUSATU**.

Kyatongozebwa W. Cameron Townsend era ne kweyongerayo okutuuka ebiseera bino. Gwe mulimu okutuukirira ebika by'abantu abatannatuukibwako na njiri.

2. Mu ssuula esembayo wasomye ebijulira byonna ku nsi ebiri mu ndagaano empya mu bitabo bya: Matayo,Makko,Lukka ne Yokaana. Ebijuluza bino by'ebyakolebwa eri ensi. Mu bikolwa okutuuka ku Yuda mu ndagaano empya:

Ebikolwa 1:8, 2:5, 3:25, 4:24, 26, 10:28, 35, 13:47, 14:15, 16, 15:18, 17:6, 24, 26, 31.

Abaruumi 1:5, 8, 20, 3:19, 4:13, 17-18, 5:12, 13, 9:17, 28, 10:18, 11:12, 15, 12:2, 16:25-26

1 Abakolinso 1:20-21, 27-28, 2:6-8, 12, 3:18, 19, 8:4-5, 10:11, 26, 28, 11:32, 15:47-49

2 Abakolinso 4:4, 5:19, 7:10

Abaggalatiya 1:4, 16, 2:9, 3:8, 4:3

Abaefeeso 1:4, 10, 21, 2:2, 12, 3:9, 21, 6:12

Abafiripi 2:10, 15, 3:19

Abakolosaayi 1:16, 20, 2:8, 20, 3:2, 5

1 Timoseewo 1:15, 3:16, 6:7, 17.

2 Timoseewo 1:9, 4:10

Tito 1:2, 2:12

Abaebbulaniya 6:7, 9:26, 11:7, 12:25, 26

Yakobo 2:5

1 Peetero 1:20.

2 Peetero 2:5, 3:6, 7

1 Yokaana 2:2, 15-17, 3:1, 4:3, 4, 9, 14, 17, 5:4, 5, 19.

2 Yokaana 1:7

# ESSUULA EYOOMUSANVU

## ENSI ERINDIRIDDE

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olnyiri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okufunza ensi w'etuuse mu kubuulira enjiri kati.
- Okunnyonnyola omutwe "ekibinja ky'abantu"
- Okunnyonnyola omutwe "ekibinja ky'abantu ekitannatuukibwako."
- Okuzula ebibinja by'abantu ebitaano ebikulu ebitannatuukibwako.
- Okunnyonnyola kye kitegeeza n'ensi okuba enzigale.

**OLUNYIRIRI OLUKULU**:

> **...Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula eno ojja kuyiga embeera y'ensi eriwo ey'omwoyo erindiridde enjiri y'obwakabaka.

Ojjukira ekyokulabirako Yesu kye yawa ku nnimiro z'amakungula ng'alaga ekyetaago eky'omwoyo? Ng'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola okutegeera lwaki Yesu yagamba;

> ...**Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)**

**ENSI YONNA**

Yesu yagamba abayigirizwa be:

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa... (Matayo 28:19)**
>
> **...Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. (Makko 16:15)**
>
> **Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:47)**
>
> **...Era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Kitegeeza kugenda eri ensi yonna? Abaminsani bagenze eri buli eggwanga Abakristaayo abatonotono nabo bagenze mu buli kitundu okwetooloola ensi yonna. Naye tugenze eri ensi yonna, n'eri buli kitonde?

**ENSI YONNA**

Waliwo ebyalo ebiwera obukadde mu nsi ebitannatuukibwamu bigere bya bamiinsani. Waliwo abantu ababeera mu bitundu bino abatanafuganga mukisa kuwulira ku bubaka bwa bulokozi. Nabo bali kitundu ku nsi. Tetunnatuuka bulungi eri ensi yonna.

**ENNIMI**

Okubunyisa enjiri okuyita mu nnimi kitegeeza okukyusa obubaka buno mu nnimi empandiike ez'enjawulo. Baibuli bubaka bwa Katonda eri buli muntu yenna. Engeri y'okuwuliziganya esingayo obulungi mu buwangwa bwonna lwe lulimi oluzaaliranwa olusinga okwogerwa.

Kiteebeerezebwa okuba nga waliyo ennimi kasanvu ezoogerwa mu nsi olwaleero. Ezisinga zikyetaaga Baibuli okuba ng'ewandiikibwa mu nnimi zaabwe. Abantu tebafunanga mukisa gwa kusoma bubaka buno mu nnimi mpandiike. Tetunnatuukirira nsi yonna mu nnimi bulungi.

**OBUNGI BW'ABANTU**

Si butabuulira njiri eri ensi yonna n'emunnimi ez'enjawulo kwokka wabula era tetuukiridde bantu bonna mu nsi.

Mu biseera by'okubeerawo kwa Mukama waffe ku nsi, obungi bw'abantu abaali mu nsi bwali buteeberezebwa okuba obukadde ebikumi bibiri mu amakumi ataano. Omuwendo guno gwekubisaamu emirundi ebiri mu mwaka gwa 1600. Kiteeberezebwa okuba nti okuva ku biseera bya Adamu okutuuka mu mwaka gwa 1500 oluvannyuma lw'okuzaalibwa Yesu, obungi bw'abantu mu nsi bweyongerako obukadde ebikumi bitaano. Okuva ku 1500 okutuuka mu 1850 obungi bw'abantu bwali buwezezza akawumbi. Mu 1850 obungi bwali bwekubisizaamu emirundi ebiri. Olwaleero, walwo obuwumbi n'obuwumbi bw'abantu ku nsi.

Ne mu bibuga ebinene ekkanisa ennyingi mwe zisangibwa abantu tebannaba kuwulira ku Yesu. Tetunnatuukirira nsi yonna mu ngeri ey'okujja eri abantu kubanga obukadde bw'abantu tebuwuliranga bubaka bwa njiri.

**EBIBINJA BY'ABANTU**

Bwe tutunuulira ensi mu ngeri ey'amawanga, awo nno tuyinza okugamba nti ensi yonna yatuukibwako. Kubanga kati buli ggwanga mulimu kubajulira ku njiri eno. Waliyo abakkiriza kati n'amakanisa agali mu buli nsi ku nsi kuno. Naye kino kiringa, "buli kika na buli lulimi n'abantu n'eggwanga" nga bwe kiri mu Okubikkulirwa 5:9

Yesu bwe yayogera ku nsi yonna, yali ategeeza amawanga gokka. Ekigambo Yesu kyeyakozesa ng'ayogera ku nsi kyali kya Luyonaani "ethne." Ekigambo kino kitegeeza abantu ab'awamu oba ebibinja by'abantu.

Kyangu okutegeera embeera y'abantu ey'okubabuulira enjiri bwe tuba tulaba ensi mu ngeri y'ebibinja by'abantu. Ekibinja ky'abantu kinnyonnyolwa nga;

"… Ekibinja ky'abantu ekikakasiddwa eky'abantu abalina akakwate buli omu ku munne. Okukwatagana kuno kuyinza okubaamu nga, olulimi, obuwangwa, empisa n'ekitundu mwe babeera."

"Ekibinja ky'abantu" ky'ekibinja ekyandisinze okuba ekinene enjiri mw'eyinza okubuulirwa awatali kusisinkana bizibu mu kutegeera n'okugikkiriza. Kubanga "ekibinja ky'abantu" kyogera ku nnimi ezifaanagana era abalina obuwangwa bwe bumu, olulimi n'ebyandiziyizza okubuulirwa enjiri ebifaanagana.

Waliwo enkumi z'ebibinja by'abantu mu nsi abannyonnyolwa kati, ebimu birina abantu ng'enkkumi ssatu, ate abalala balinga obukadde asatu. Buli ssemazinga w'ensi akolebwa amawanga ag'enjawulo, naye ebibinja by'abantu eby'enjawulo, eky'okulabirako kya Ssemazinga wa Afirika, kuliko ennimi ez'enjawulo n'ebikumi by'ebibinja by'abantu.

Buli ggwanga lirimu ebibinja by'abantu. Bwe tukiraba nti ensi nga Nigeria erimu ebikumi by'ebika by'abantu, tutandika okulaba enjawulo eri mu bantu era nga basukkuluma ku mawanga agabunye ensi.

Ekyokulabirako ky'ekibinja ky'abantu ekimu ky'ekyabantu ab'a Somaaliya ab'e Kenya mu Afirika. Balina olulimi lumu, ensibuko, obuwangwa n'obulombolombo. Bantu balunzi, era basiraamu nnyo mu ddiini, babeera mu bitundu eby'omumambuka. Bali kitundu kimu ku bikumi by'ebibinja by'abantu mu Kenya.

Waliwo emitwe ebiri emirala gy'olina okumanyiira:

"**Ekibinja ky'abantu ekitannatuukirirwa**" nga ky'ekibinja omutali bantu bazaaliranwa mu kitundu omuli abakkiriza ng'ate bangi n'ebikozesebwa okubabuulira enjiri abantu baabwe tebalina buyambi buva bweru:

**"Ekibinja ky'abantu ekituukiddwako"** ky'ekyo ekiba n'abakkiriza abangi n'ebikozesebwa okubuulira abantu baabwe enjiri nga tebalina buyambi buva bweru.

## EBIKA BY'ABANTU ABATANNATUUKIBWAKO

Waliwo enkumi z'ebibinja b'abantu okwetoloola ensi ezirina okujulira okwamaanyi ku Kkanisa ezibuulira enjiri. Mu bibinja bino mulimu obukadde bw'abantu. Ebibinja by'abantu bino ebitannatuukibwako bisobola okuteekebwa awamu mu bibinja ebikulu bitaano:

### ABANTU AB'EBIKA.

Ebibinja by'ebika bikiikirira enkumi z'abantu abalina enjawulo mu buwangwa n'ennimi ez'enjawulo. Abasinga ku bano bayitibwa "abasinza emyoyo" ekitegeeza nti bo basinza emyoyo emirala so si Katonda omutuufu. Mu myoyo gino mulimu emizimu, n'ebikatonda ebikyamu ebiyitibwa ebifaananyi ebibajje, ebiweese oba ebintu ebikalu.

### ABASIRAAMU:

Bano be bagoberezi b'eddiini y'ekisiraamu n'enjigiriza eya Kulaani. Abantua abasiraamu basinga kusangibwa mu bitundu by'amasekkati ga Asiya, Afirika, n'amassekati g'ebuvanjuba, naye

olw’okubunyisa abasiraamu mu nsi yonna. Waliyo ebibinja by’abantu bukadde na bukadde mu bibinja by’abantu nga basiraamu mu nsi.

**ABAHINDU:**

Abahindu abasinga bali mu ggwanga lya Buyindi, naye nabo era basaasaanidde mu mawanga g’ensi. Ne Yeekaalu zaabwe, emikolo, okusinza ebifanaanyi ne bakatonda abangi okuba mu ddiini eno kireseewo okukwatira obukadde bw’abantu mu busibe.

**ABACHINA:**

Bano be bantu abakiikirira ekibinja ekirala ekinene ekitatuusibwangako njiri. Abantu bangi ku bano babunye ensi, nga beegatta ku bibinja by’obukadde bw’abantu Abachina.

**ABA BUDDHA.**

Ekibinja eky’okutaano ekitatuukibwangako ky’ekya Ababuddha. Waliyo ebibinja by’Abuddha ebisaanidde mu buvanjuba bwa Asiya, naye nga bakwatagana mu bifaananyi ebisinzibwa, emyoyo gye basinza, n’emizimu.

**ABAKOZI BALIWA?**

Lwaki abantu bano bonna tebannatuukibwako njiri? Abakozi baliwa?

Abakristaayo abakozi bangi baagala nnyo okukolera mu kkanisa ennene omuli ebikozesebwa ebingi n’ensimbi eziyambako nga nnyingi. Abamu tebaagala kuleka maka na nnyumba zaabwe bagende bakole mbu embeera nzibu nnyo mu buwangwa obulala. Abalala tebakwatanga kwolesebwa kwa Baibuli eri ensi.

Katonda bw’alaba ensi, alaba omuwaatwa omunene. Alaba omuwaatwa wakati w’omuntu omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Naye era Katonda alina omuwaatwa omulala gw’alaba. Gwe muwaatwa oguli mu nnimiro z’amakungula ez’ensi. Amakungula gatuuse, naye abakungula batono.

Obukadde bw’abantu buli mu mu muwaatwa guno. Beetegefu okuba nga bakungulwa ku lwa Katonda n’obubaka bw’enjiri. Bwati bw’ayogera Katonda:

> **Ne nnoonya omuntu mu bo ayinza okuzimba ekisenge era ayinza okubeeyimiririra mu maaso gange ku lw’ensi, naye ne siraba n’omu. (Ezeekyeri 22:30)**

Bw’otegeera obulungi bw’okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, ojja kukimanya nti wayitibwa oyimirire mu kituli. Kuyitibwa kwa buli mukkiriza omutuufu.

**ENSI ENZIGALE**

Ensonga emu ereetedde okuziyiza okubunyisa enjiri eri nti, mu myaka egiyise, ebitundu nkaaga ku buli kikumi eby’amawanga bibadde biggaddwa ku ngeri z’okubuulira enjiri. Ensi bw’eba enzigale, kitegeeza nti baba tebakkiriza baminsani kuva mu nsi ndala, emirundi egisinga baba bateekawo n’amateeka

agafuga eddini ya buli muntu waabwe. Mu mawanga agamu okufuuka omukristaayo kiba kimenya mateeka.

Lwaki amawanga gaggala enzigi zaago olw'enjiri? Kubanga Sitaani aleetera abakulembeze b'amawanga:

- Okulowooza nti teriiyo Katonda nga bwe kirowoozebwa abalala. Abakulembeze ab'amawanga ag'ekikka kino tebaagala muntu yenna aba abuulira abantu baabwe ku Katonda omulamu.
- Okutandikawo eddiini y'eggwanga enkulu. Obufuzi obw'amawanga gano tebwagaliza muntu yenna mu ggwanga bwe liti okufuuka Omukristaayo. Babagaala bakkirize eddiini y'eggwanga, olwo ne bateekawo amateeka agakugira okubuulira kw'enjiri n'okusembeza abaminsani mu ggwanga lyabwe.
- Okufuna endowooza yaabwe ey'obufuzi ereetawo enjawulo ku mawanga amalala nga bwe bagoba n'abaminsani wamu n'okuggulawo ensalo zaabwe eri enjiri. Sitaani asiikula okweyawula kuno n'okumalawo emirembe wakati w'amawanga okuziyiza okubuulira kw'enjiri.

**ENZIGI ENZIGULE**

Wadde nga ebitundu nkaaga ku buli kikumi eby'amawanga biteeberezebwa okuba nga byeggalira olw'enkola z'ekkinansi ez'okubuuliramu, mu butuufu teri nzigi nzigale. Yesu yamanya nti walibaawo okulwanyisa enjiri ng'agamba nti, "Bwe babayigganya mu kibuga ekimu muddukirenga mu kirala." (Matayo 10:23)

Enzigi okuba nga nzigale eri abakkiriza kino kiraga kulemererwa. Naye Yesu yagamba nti ezimu bwe ziggalwa olw'enjiri, endala zijja kweggula. Oluusi enzigi zino enzigale ziba zituyamba kutegeera kkubo ttuufu Katonda ly'ayagala ogendemu nga eyo ye wali ennimiro z'amakungula g'omwoyo engimu. Kino kyatuukako ku Paulo ne beyabuuliranga nabo enjiri:

> **Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugiya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.**
>
> **Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza.**
>
> **Kyebaava bayita obuyisi mu kitundu kya Musiya ne baserengeta e Tulowa. (Ebikolwa 16:6-8)**

Kyali Terowaasi Paulo gye yafunira okuyitibwa agende e Masedoniya, ennimiro eyali yeetegese okukungulibwa ku lwa Katonda. Oluvannyuma ate Paulo yakkirizibwa okugenda e Asiya. Oluusi enzigi zeggala olw'okuba nti amakungula tegannaba kwengera. Tuteekwa okuba abegendereza nga tugoberera okuluƞƞamizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu mu bintu bino.

Naye ate amawanga ago amaggule olw'obutakkiriza nti Katonda gy'ali, eddiini, n'endowooza z'ebyobufuzi. Ekkanisa eyanguye nnyo okulemesebwa enzigi ng'ezo enzigale. Oteekwa okukimanya nti enkola z'ekkinansi bwe zikulemesa okuyingira mu ggwanga okubuulirayo oba ng'omuminsani, Katonda ajja kukubikkulirwa ekkubo eddala mw'onooyita oyingize enjiri mu ggwanga eryo.

Mu mawanga ag'enzigi nzigale okuyingira eri abaminsani oba abaweereza abalala, abakkiriza bayinza okusobola okuyingirayo ng'abasomesa oba abakozi. Bayinza okubeera mu bantu nga bwe bayambagana n'emirimu egya bulijjo, naye ng'ekiruubirirwa kyabwe ekikulu kisigala kyakubuulira njiri.

Baibuli ewa eby'okulabirako ku nnono eno ebiwera. Paulo yakola weema okuwanirira omulimu gw'enjiri mu nsi eziwerako, Yusuufu ne Danyeri baali bantu ba bulijjo n'ebifo eby'enjawulo eby'abayamba okubuulira amawanga ago ku Katonda.

Ne bwe walabika nga tewali kkubo lyonna mu nsi eyo, era si nzigale eri enjiri. Teri ggwanga ligaddwa eri amaanyi ag'omwoyo Omutukuvu okuyita mu ssaala. Essaala na'maanyi ag'omwoyo omutukuvu biyinza okuyingira mu buli ggwanga, obutafaayo oba ensalo zaalyo nzigale oba amateeka gagaana enjiri okubuulirwa.

**OMULIMU GUNAAMALIBWA GUTYA?**

Bwe tulaba ensi erindiridde obubaka bw'enjiri, tukyamuukirira olw'omulimu ogututunuulidde:

- Obukadde bw'abantu abatannafuna Kristo.
- Ebikumi by'ennimi ezitalina Kigambo kya Katonda
- Ebikumi by'ebibinja by'abantu ebitalinaamu yadde abuulira enjiri.

Kikyamuukiriza bw'olaba enkuyanja ng'eyabali e Tokyo, Sao Paolo, Calcutta, ne Hong Kong. Abatabalika era abantu abalina okuwulira, okutegeera n'okufuna omukisa okuddamu eri obubaka bw'enjiri.

Bwe tutunuulira ensi n'obungi bw'abantu abatannaba kufuna njiri, okwagala kwaffe kwandibadde nga okwa Omutume Paulo:

> **Nduubirira okubuulira Enjiri mu bifo etayatulwanga linnya lya Kristo, nneme okuzimba ku musingi gw'omuntu omulala.**
>
> **Nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abo abatategeezebwanga bimufaako baliraba, n'abo abatawulirangako balitegeera. (Abaruumi 15:20-21)**

Kino kijja kutuukibwako nga buli mukkiriza afuuse omukristaayo w'ensi. Ojja kwongera okuyiga ku kino mu ssuula eddako.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Funza okubuulira kw'enjiri okwa kati mu bitundu by'ensi, ennimi n'engeri gy'etuusibwa ku bantu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola enjogera eya "Ekibinja ky'abantu"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Nnyonnyola enjogera eya "ekibinja ky'abantu ekitannatuukibwako"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Nnyonnyola enjogera eya "Ekibinja ky'abantu abatuukiddwako"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Leetayo ebibinja ebikulu bitaano eby'abantu abatannatuukibwako.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Nnyonnyola ekitegeeza ne "ensi enzigale."
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Kituufu oba kikyamu? Mu butuufu teri nsi nzigale.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Okufuna okumanya ku mbeera y'okubuulira enjiri mu nsi yonna, soma "The world Encyclopaedia" ekya David B. Barrett.
2. Noonyereza ku "U.S Center for world missions" ku mutimbagano. Ekitongole kikumanyisa ku bantu abatannatuukibwako era ne kigabanako enjiri n'abo abagyetaaga.
3. Bw'oba oyagala okumanya ku bibinja by'abantu ebitannatuukibwako (Ebika, obusiraamu, Abayindi, Ababuddha, AbaChina). Wandiikira "U.S. Center for world missions," 1605 Elizabeth St, Pasadena, California 91104, USA. Oba bakyalireko ku mutimbangano gwabwe. Abeewaayo okuweereza ebibinja ebinene ku ndagiriro eno.
4. Kola okunonyereza ku nsi. Basigala ku kituufu n'okusabira buli ggwanga.

# ESSUULA EYOOMUNAANA

## OKUFUUKA OMUKRISTAAYO W'ENSI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola omutwe "Omukristaayo w'ensi."
- Okufuuka "Omukristaayo w'ensi."
- Okunnyonnyola enkola y'ekkanisa eyasooka gye yakozesa okutuukirira ensi n'enjiri.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange anaakibawanga. (Yokaana 15:16)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde oyize obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa obw'okutuukirira ensi n'enjiri eya Yesu Kristo. Ng'omuntu omukkiriza, oli kitundu ku mubiri gwa Yesu Kristo oguyitibwa ekkanisa. Ekkanisa bw'eba yakutuukiriza kiruubirirwa kyayo eri ensi, awo buli muntu alina okumanya ekitundu kye mu nteekateeka ya Katonda. Olina obuvunaanyizibwa eri ensi. Obuvunaanyizibwa obwo businga ku kuwaayo ensimbi eri ekkanisa y'abaminsani ng'ekiweebwayo buli mwezi.

Essuula ekwata ku buvunaanyizibwa bwo eri ensi. Ojja kuyiga okubeera omukristaayo ow'ensi. Ojja kuva mu kubeera omulabi weetabe mu nteekateeka ya Katonda eri amawanga.

**BULI MUNTU MUBUULIZI WA NJIRI**

Yesu bweyagamba, "Mugende mubuulire enjiri mu nsi yonna," era "mujja kuba bajulirwa bange," yali ayogera eri ekibinja ekyabagoberezi be. Naye nga bwe kiri ku buli kibinja, ekibinja kino kyakolebwa abantu ssekinoomu. Yesu bwe yagamba nti "Mugende," tekyali kya kibinja kyokka, wabula n'abantu ssekinnoomu. Buli muntu mu kibinja yali wa kukkiriza kino ng'omuntu. Abantu mu kibinja bwe baba baalemererwa okukola, ekibinja awo kiba kiremereddwa.

Okusoomoza okugenda eri amawanga g'ensi kati kukakasibwa mu kkanisa. Naye ekkanisa ekolebwa bantu era ejja kuba nnungi mu kusisinkana ebizibu bya buli muntu awatali mulimu guno ogw'amaanyi.

**BULI OMU ASOMESEEYO OMU**

Mu kkanisa eyasooka, buli muntu yatwala obuvunaanyizibwa obw'okubuulira enjiri. Okubuulira enjiri okussuka obuwangwa kwakolebwa abantu abaabulijjo abataali na mu kkanisa. Ezimu ku kkampeyini

z’okubunyisa enjiri kwakolebwa abasajja bano. Ebikolwa 6 ne 7 bikiraga kino ne mu mboozi ya Firipo ne Siteefano. Bombi baali basajja ba bulijjo nga bakozesebwa Katonda okubunyisa enjiri.

Okutulugunyizibwa bwe kwajja eri ekkanisa e Yerusalemu, abakkiriza baasaasaana mu bitundu by’e Buyudaaya ne Samaliya, Baibuli eraga:

> **Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu. (Ebikolwa 8:4)**

Buli mukkiriza yakkiriza omulimu gw’okusomesa abasajja n’abakazi abeesigwa abalina obusobozi nabo okusomesa abalala:

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g’abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Enkola eno etamenyebwa ey’omwoyo ogwekubisaamu yava mu kwekubisaamu kw’abakkiriza.

**BULI MAKA NKULUNGO YAKWEKUBISAAMU**

Endowooza y’amaka ng’ekifo ky’okukulakulanyizaamu si mpya. Okuva ku kuweebwa amateeka ga Katonda eri omuntu, amaka gaalina kuba ekifo awatendekerwa:

> **Amateeka gano ge nkuwa leero ogakwatanga ku mutima gwo.**
>
> **Ogayigirizanga abaana bo n’obwegendereza. Ogoogerengako bw’onoobanga otudde mu maka go, ne bw’onoobanga otambula mu kkubo, bw’onoobanga ogalamiddeko, ne bw’onoobanga ogolokose.**
>
> **Onoogawandiikanga ku myango gy’ennyumba yo, era ne ku nzigi zo. (Ekyamateeka 6:6, 7, 9)**

Buli maka mu kkanisa eyasooka kyali kifo kya kubuuliriramu njiri. Abakkiriza baabuulira enjiri si mu Yeekaalu mwokka wabula ne buli lunaku nga bali awaka:

> **Awo ne bayigirizanga mu Yeekaalu buli lunaku ne mu maka g’abantu, nga babuulira Yesu. (Ebikolwa 5:42)**

Okubuulira kw’enjiri mu bibinja by’omu maka kwacaaka nnyo era ne Saulo bwe yagezaako okugirwanyisa mu kkanisa yalaba nga yali tasobola kugimalawo mu kkanisa. Yayingira na mu buli nnyumba okuziyiza okubuulira kw’enjiri:

> **Naye Sawulo n’akolerera okuzikiriza Ekkanisa; n’agenda buli wantu ng’akwata abasajja n’abakazi n’abatwala mu kkomera. (Ebikolwa 8:3)**

Okwolesebwa okw’enteekateeka ya Katonda mu kubuulira enjiri mu mawanga amalala kwaweebwa mu maka nga Peetero bwe yasabira ku kasolya k’enju (Ebikolwa 10). Obubaka obwasooka okubuulirwa eri bannamawanga bwali mu maka ga Koloneeri (Ebikolwa 10)

Okubuulira okukyasinze amaanyi okusukka amawanga kwali kwa Paulo ng'ayigirizibwa Ananiya mu maka ge (Ebikolwa 9). Paulo yasomesa mu lujjude ne mu nju ku nju mu biro eby'obuweereza bwe.

> **Naye saalekayo kubabuulira bituufu eby'okubayamba, bwe twabanga tukuŋŋaanye oba bwe najjanga mu maka gammwe. (Ebikolwa 20:20)**

Ennaku za Paulo ez'obuweereza zaali mu kayumba akapangise gye yafunira abo bonna abajja ng'abasomesa wamu n'okubabuulira.

> **Awo Pawulo n'amala emyaka ebiri miramba ng'asula mu nnyumba ye gye yeepangisiza, era n'ayanirizanga buli eyajjanga okumulaba.**
>
> **N'abuuliranga obwakabaka bwa Katonda, era n'ayigirizanga ebigambo bya Mukama waffe Yesu Kristo mu lwatu nga tewali amuziyiza. (Ebikolwa 28:30-31)**

Yesu yalangirira nti ennyumba ye ejja kuyitibwa ennyumba y'okusabiramu okw'amawanga gonna:

> **N'abayigiriza ng'agamba nti, "Tekyawandiikabwa nti, 'Ennyumba yange eneebanga nnyumba ya kusabiramu amawanga?' Naye mmwe mugifudde mpuku y'abanyazi. (Makko 11:17)**

Amakulu g'ekigambo "ennyumba" mu Luyonaani mu lunyiriri luno kitegeeza ekifo awabeerwa. Kino kiyinza okuba amaka oba yeekaalu y'olujjudde.

Akakodyo k'ekkanisa eyasooka kaali ekkanisa okutuukirira ensi n'abakkiriza nga bwe beekubisaamu olwo nga buli maka gakola nga ekifo ky'okubuuliramu enjiri.

**EBYAVAAMU**

Biki ebyava mu nkola ya "buli muntu" ne "buli maka" ey'ekkanisa eyasooka ? baatuukirira ensi n'enjiri. Abalabe b'ekkanisa bennyini be balangirira nti:

> **...Pawulo ne Siira batabuddetabudde ebifo ebirala mu nsi yonna, ne kaakano bazze wano batabuletabule ekibuga kyaffe. (Ebikolwa 17:6)**

Biki ebyandivuddemu singa buli mukkiriza yagoberera enkola eno olwaleero?

Soma ekipande ekiddako, ekipande kino kikozesa ebiro by'omwaka n'obudde obwetaagisa okuwangula emyoyo n'okutendeka abakkiriza abapya basobole okufuuka ab'omugaso ng'abakkiriza. Mu butuufu enkola yonna eyinza okutwala obudde nga butonoko oba obungi okusinziira ku bantu abakyetabyemu. Naye ng'omwaka guyinza okutwalibwa nga ogw'ekigero singa buli mukkiriza atuukirirayo omuntu omu, nga bwe babayigiriza, era babaleetere okweyama okuyigirizaayo omuntu omulala mu buli mwaka oguddako, ensi ejja kwanguwa okubuulirwa enjiri.

Weetegereze ekipande kino mu mwaka ogusooka omukkiriza baafunayo era baayigirizayo (baatendekayo) omuntu omu. Kunkomerero y'omwaka ogwo, waaliyo abasajja abeesigwa babiri (omukkiriza n'oyo gw'abayigirizza). Mu mwaka oguddako, buli omu ajja kubaayo gw'asomesa omwaka oguddako.

Ku nkomerero y'omwaka ogw'okubiri mulimu omugatte gw'abantu bana, ate n'abo buli omu abeeko gw'abuulira mu mwaka oguba guddako. Abantu abasinga obungi tebannatuukibwako njiri. Naye Katonda ataddewo enkola nti singa tutumibwa omukkiriza yenna tasobola okutuukiriza omulimu gw'okubuulira enjiri y'obwakabaka.

| | OMUSOMESA(ABASOMESA) | OMUYIGIRIZWA(ABAYIGIRIZWA) | OMUWENDO |
|---|---|---|---|
| OMWAKA 17 | 65,536 | 65,536 | = 131,072 |
| OMWAKA 16 | 32,763 | 32,768 | = 65,536 |
| OMWAKA 15 | 16,384 | 16,384 | = 32,768 |
| OMWAKA 14 | 8,192 | 8,192 | = 16,384 |
| OMWAKA 13 | 4,096 | 4,096 | = 8,192 |
| OMWAKA 12 | 2,048 | 2,048 | = 4,096 |
| OMWAKA 11 | 1,024 | 1,024 | = 2,048 |
| OMWAKA 10 | 512 | 512 | = 1,024 |
| OMWAKA 9 | 256 | 256 | = 512 |
| OMWAKA 8 | 128 | 128 | = 256 |
| OMWAKA 7 | 64 | 64 | = 128 |
| OMWAKA 6 | 32 | 32 | = 64 |
| OMWAKA 5 | 16 | 16 | = 32 |
| OMWAKA 4 | 8 | 8 | = 16 |
| OMWAKA 3 | 4 | 4 | = 8 |
| OMWAKA 2 | 2 | 2 | = 4 |
| OMWAKA 1 | 1 | 1 | = 2 |

**ENKOLA YA KATONDA EY'OKWEKUBISAAMU N'OKUKUNGA.**

**ABAKRISTAAYO B’ENSI**

Waliwo enkola etambudde mu nsi yonna leero, si ya ddiini. Y’eyabakkiriza abategedde obuvunaanyizibwa bwabwe mu kubunyisa enjiri eri amawanga g’ensi.

Ekibinja kino kirimu abantu banji abava mu luse olw’enjawulo, obuwangwa, ennimi n’eddiini. Kye bafaanana kintu kiri kwewaayo kwa buli omu okufuuka omukristaayo ow’ensi. Omukristaayo ow’ensi y’oyo:

- Ayatula Katonda ayogerwako mu Baibuli nti ye Katonda owaddala.
- Ayatula nti Baibuli ky’ekigambo kya Katonda ekiwandiike.
- Akkiriza ng’omuntu enteekateeka ya Katonda ey’obulokozi okuyita mu Yesu Kristo.
- Afunye okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.
- Ng’omuntu akkiriza okwongerayo omulimu gw’okubunyisa enjiri eri amawanga g’ensi.

Kino tekitegeeza nti Omukristaayo w’ensi anaava mu ggwanga lye n’agenda eri obuwangwa obulala, wadde nga beetegefu okukikola singa Katonda abakulembeddemu. Kino kitegeeza nti beewaddeyo okubuulira enjiri okuva we bali, mu byalo ne mu bibuga byabwe. Era beetegefu okwongerayo enjiri eri abantu abatatuukibwangako mu nsi. Oba mu buweereza obwa buli kiseera oba okukola emirimu gya bulijj, ekirina okusooka okukolebwa omukristaayo w’ensi kwe kubuulira enjiri.

**OKWEWAAYO KW’OMUKRISTAAYO W’ENSI**

Abantu abakkiriza okusoomozebwa kuno bakoze okusalawo okw’enjawulo eri Katonda. Kino kye beeyamye: *“Ku lw’ekisa kya Katonda wamu n’ekitiibwa kye, mpaayo obulamu bwange bwonna okugondera omulimu ogwo oguli mu Matayo 28:18-20, eyo yonna na buli ngeri Katonda gyannuŋŋamya okusooka okuwa omukisa abantu abali mu bifo ebitatuusibwangamu njiri (Abaruumi 15:20-21). Era njakufuba okugabana okwolesebwa kuno n’abalala”*

Ng’ekitundu “Ky’okwegezaamu” eky’essuula eno, ojja kuweebwa omukisa okuteeka omukono mu kusalawo kwo kuno.

**OKUKULAAKULANA NG’OMUKRISTAAYO W’ENSI**

Mu kitundu “Eky’okweyongera okusoma,” eky’essuula eno, kikuwa ebyandikoleddwa okufuna ebintu ebiyinza okwongera okukulaakulanya omukristaayo w’ensi. Bino by’ebimu ku bintu ebirala by’oyinza okukola okwetaba mu nteekateeka ya Katonda ng’omukristaayo w’ensi:

**WEETEGEREZE OKUYITIBWA KWA KATONDA.**

1. Weweeyo nga ssaddaaka ennamu era ssaddaaka entukuvu eya Mukama (Abaruumi 12:1-2)
2. Weekakase nga tewali kibi kiyinza kukutataaganya kuwulira oba kulabira mu mwoyo (Abaefeeso 1:18, Abakolosaayi 1:19)
3. Weerese enteekateeka zewalina n’ebiruubirirwa byo ng’omuntu (Zabuli 25:9)

4. Weetekemu empisa z'okusaba n'okusoma Baibuli buli lunaku (Yoswa 1:8, Zabuli 77:12, 119:15, 25, 45)
5. Lindirira Mukama n'obugumiikiriza era omusuubire okuluŋŋamya ebigere byo mu bulamu bwo bulijjo ne mu mirimu gyo. Ajja kutuukiriza okwagala kwe n'okuyitibwa kwo (Engero 3:6, Zabuli 23:3, 32:8, 37:5, 7)

Jjukira teri budde bwonooneka mu kulindirira Katonda akulage enteekateeka ye. Yusufu yalindirira mu kkomera okumala emyaka ebiri, naye yasobola okutaasa eggwanga. Musa yalindirira mu ddungu okumala emyaka amakumi ana, naye yasobola okukulembera eggwanga mu lugendo lw'omwoyo olw'amaanyi okuva mu buddu okudda eri eddembe.

6. Weefunire olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Okumanya eddoboozi lya Katonda" okasome nga bwe weetegekera okuddamu eri okuyitibwa kwa Katonda.

**TANDIKIRA AWO W'OLI:**

1. Gondera Katonda mu bintu ebibaawo mu bulamu bwo bulijjo (Lukka 19:17, 1 Samwiri 15:22). Bw'otoba mwesigwa ku bintu ebitono, Katonda byakuwa akole awo w'oli, tajja kukwesigisa kuyitibwa kw'amaanyi oba obuweereza (Matayo 25:14-30). Weetegereze ekyalo kyo oba ekibuga ky'olimu n'amaaso ag'omwoyo. Saba Katonda akulage abo abetaaga enjiri. Olusoma olwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Okwekenneenya ebikwetooloodde" lujja kukuyamba okukola kino. Tuukirira abantu mu Kitundu kyo ng'obuulira enjiri. Ebitabo ebya Harvestime International Institute ebiyitibwa, "Engeri z'okwekubisaamu, okubuulira enjiri mu ngeri y'ekizimbulukusa" bijja kukuyamba okubeera mu nteekateeka ya Katonda awo w'ennyini w'oli.
2. Beera mwetegefu okugenda era n'okukozesebwa Katonda yonna gy'aba ayagadde (Yokaana 7:17). Kino kitegeeza okuva mu kitundu kyo n'ogenda mu kirala obuulireyo enjiri. Kiyinza okuba nga kutambula butambuzi ku nguudo wamu n'omuntu ayagadde nga bw'obuulira enjiri.
3. Weeyongere okusoma ebyetaago by'omwoyo mu nsi okwongera okukulaakulanya okwolesebwa kwo okw'omwoyo (Yokaana 4:35). Soma ebitabo ku nsonga eno era otambule nako mu ŋendo ezinaakuyamba okwongera okumanyisa eri abantu abalala. Weetabe mu nkuuŋŋaana z'ekiruubirirwa kino ezitegekebwa mu kitundu kyo.
4. Twalayo obudde ng'osabira amawanga g'ensi n'abakozi ab'omu nnimiro z'amakungula (Matayo 9:37-38). Essuula ey'omwenda ey'olusoma luno ekuwa enteekateeka etegekeddwa obulungi ey'okukola kino.
5. Tandika okukozesa ebirabo eby'omwoyo. "Obuweereza obw'omwoyo mutukvu," kitabo kya Harvestime International Institute kijja kukuluŋŋamya mu kuzuula kino.
6. Weegatte ku kakiiko k'ababuulizi b'enjiri mu kkanisa yo. Bwe baba tebakalina, tandikawo akako. Ekitundu "ky'okweyongera okusoma" eky'essuula ey'ekkumi kijja kukuyamba okukola kino.
7. Teekawo enkolagana n'ababuulizi bw'enjiri abali mu mawanga amalala. Wandiikira abaminsani abali mu kukola. Basabe basuleko mu nju yo bwe bajja mu kitundu kyo. Yigira ku bye bayiseemu. Ojja kufuna mu nkolagana eno bwe baneeyongera okukubuulira omugugu gwabwe.

8. Weeyongere okufuna okutendekebwa kukuteeketeeke mu kutuukirira ensi. Tumya ku bitabo bya Harvestime International Institute bikuyambeko mu kwetegeka kuno.
9. Gabanako by'oyize n'abalala. Weegatte oba teekawo ekibinja ekitonotono ekyabakristaayo b'ensi muyige ku nsi era mubeeko kyemukola. Essuula ey'ekkumi ejja kukuyamba okukola kino.
10. Tandikawo enteekateeka yo ku ngeri gy'oyinza okuwaayo ku nsimbi zo mu kuyambako okubuulira enjiri. Weekennenye obulamu bwo. Ngeri ki z'oyinza okuteekawo okutoola ku nsimbi zo okukola omulimu gwa Mukama?
11. Funa ne Ppasiipooti, Katonda ayinza okwagala okukutuma mu ggwanga eddala okugabanako nabo enjiri.

**MANYA OKUYITIBWA KWA MUKAMA:**

Buli mukkiriza ayitiddwa okubuulira enjiri buli w'abeera. Naye abamu bajja kufuna okuyitibwa okw'enjawulo okuva eri Katonda nga kwa kugenda mu ggwanga eddala oba okuyingira mu kifo ky'obuweereza obwa buli kiseera ng'abasumba, ababuulizi b'enjiri abaminsani n'ebirala. Waliwo ennono ezimu z'oyinza okukakasizaako okuyitibwa Katonda kw'akuwa n'ennimiro y'amakungula gy'anaakutumamu.

Weebuze ebibuuzo bino:

1. Ekyo ky'oyaayaanira okukola kikwatagana n'enteekateeka ya Katonda nga bw'eragibwa mu kigambo kye? Kyawandiikibwa era kiyambako okutuukiriza ekiruubirirwa ky'okutuukirira ensi yonna?
2. Embeera z'obulamu bwo zikkiriziganya n'ekyo ekirabika nga okuluƞƞamizibwa kwa Katonda? Tovugibwa mbeera zokka naye weekenneenye byonna ng'osinziira ku ky'okkiriza nga okuyitibwa kwo okuva eri Katonda.
3. Omwoyo Omutukuvu ajulira ku ekyo ky'oli mu Mwoyo gwo nti kuno kwe kwagala kwa Katonda? Okubulwa emirembe mu mwoyo gwo ebiseera ebisinga kaba kabonero akalabula nti ogenda kukola okusalawo okukyamu.
4. Okyayitiddwa nga tewaliiwo kisoomooza kyonna mu by'ozuula oba by'osisinkanye mu kuyitibwa kwo? Bw'oba oyitiddwa olw'omulimu oba obuweereza mu kifo kyonna, oyagala okugendayo?
5. Oli mwetefu okusasula omutango gwonna okusobola okutuukiriza okuyitibwa Katonda kw'akuwadde? Omutango guyinza okuba ogw'okwongera okusoma ku kufa ng'omujulizi. Guyinza okuba ogw'okuleka enju yo, amaka, n'emikwano. Oli mwetegefu?

**AKWAWUDDE**

Yesu akulonze obeere ekitundu ky'enteekateeka ye ey'okutuukirira amawanga g'ensi. Akutongozza osobole okuleetawo ekirabo ky'omwoyo mu nnimiro z'amakungula. Asuubizza okugabirira ekyo kyonna kye weetaaga okukuyamba okumaliriza omulimu ogwo:

> **Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange anaakibawanga. (Yokaana 15:16)**

## OKWEGEZZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Omukristaayo w'ensi y'ani?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Funza enkola y'ekkanisa eyasooka eyabasobozessa okutuuka mu nsi n'enjiri.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ekigezo ekikulu mu ssuula eno kwe kwewaayo kwo okufuuka Omukristaayo w'ensi. Weetegereze okwewaayo kw'omukristaayo w'ensi kuno wammanga. Bw'otegeera okweyama kuno era nga oli mwetegefu okukutuukiriza mu busobozi bwo, awo teekamu erinnya lyo n'omukono mu kabanga akalekeddwawo.

   *"Olw'ekisa kya Katonda n'ekitiibwa kye, nnewaayo n'obulamu bwange bwonna okugondera omulimu ogwa, "Matayo 28:18-20," Eyo yonna n'engeri Katonda gy'anannuɧɧamya, okusooka okuwa omukisa abantu abo abali mu bifo enjiri gy'etennatuuka (Abaruumi 15:20-21). Nja kweyongera nange nga ngabanako n'abalala okwolesebwa kuno."*

   Omukono………………………………………………… Ennaku z'omwezi…………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Londako enteekateeka y'ekiruubirira eneekuyamba.
2. Omukristaayo w'ensi eyasookera ddala yali Ibulayimu, emboozi ye eragiddwa mu Oluberyeberye 11-25. Ibulayimu ye yali omusajja Katonda gwe yasooka okuwa ekisuubizo ky'okutuukirira amawanga. Yali muntu ow'abulijjo eyatambuza omulimu gwe ogw'okulunda okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala okusobola okumaliriza ekiruubirirwa kya Katonda. Ibulayimu yalina embala ze ez'omwoyo enkulu ezaamuyamba okutuukiriza okuyitibwa kwe eri amawanga g'ensi. Ng'abakristaayo b'ensi, tulina okufuba okulaba nga naffe tuzissa mu bulamu bwaffe.

   Ibulayimu yamanya okuyitibwa kwe, yamanya obuvunaanyizibwa bwe ng'omuntu eri amawanga g'ensi gonna (Oluberyeberye 22:18). Ng'abasika ab'omwoyo, tulina obuvunaanyizibwa bwe bumu (Abaggalatiya 3:10)

- Yakakasizza ddala bulungi ekiruubirirwa kye: Abaruumi 4:21
- Yabeerangawo ku lwa Katonda. Yali mu bulamu obwangu ekyamuyamba okumaliriza entambula ya Katonda. Yayanguwanga okugenda eri ekiragiro kya Katonda (Oluberyeberye 12)
- Teyatunula mabega: Teyayagala na kubulamu bwe obwayita, naye yatunuuliranga ebintu ebipya Katonda bye yali agenda okukola (Abaebbulaniya 11:6)
- Yatambulira mu kumanya okw'okubikkulirwa: Oluberyeberye 18:17
- Teyatunuulira busobozi bwe obwomubiri: Ekisuubizo kya Katonda eri amawanga ky'ava mu oyo "Omulungi ng'afudde." (Abaebbulaniya 11:12).
- Yanoonya Katonda: Oluberyeberye 12, atulaga engeri Ibulayimu gye yazimba ekyoto n'akowoola erinnya lya Mukama.
- Ibulayimu yalina obuvunaanyizibwa eri abalala. Soma ku mboozi ya Ibulayimu ne Luti mu Oluberyeberye 14.
- Yali muntu awaayo. Yawangayo ebimu eby'ekkumi ku ebyo bye yalina. (Oluberyeberye 14:20)
- Yali mugonvu: Ibulayimu yagondera ebiragiro bya Katonda, ne bwe yabanga tamanyi birivaamu. (Abaebbulaniya 11:8, Oluberyeberye 22:18)
- Yali mwetegefu okugenda mu nsi empya: (Abaebbulaniya 11:9)
- Yali mwetegefu okussa ekitiibwa mu buwangwa bw'abalala. Yavunnamira abantu b'ensi eyo ng'enkola bwe yali (Oluberyeberye 23:12)
- Bye yakolanga byali bya lubeerera so si byakaseerabuseera (Ebikolwa 7:5)
- Yali mwetegefu okuyimirira yekka: Isaaya 51:2
- Yali musajja ow'okwolesebwa okw'omwoyo (Abaebbulaniya 11:10)
- Yamanya Katonda mu ngeri eyaddala: Ibulayimu yayitibwanga, "mukwano gwa Katonda," (Yakobo 2:23)
- Yali musajja eyalina essuubi: Abaruumi 4:18
- Yali munyeevu mu kkukiriza: Abaruumi 4:20
- Yali musajja wa mirembe: Oluberyeberye 13
- Ibulayimu yali mwangu mu kukola okwagala kwa Katonda: Okwagala kwa Katonda ne bwe kwabanga kuzibu, Ibulayimu yayanguwanga okukola: Oluberyeberye 22.
- Yawa Katonda ekitiibwa: Oluberyeberye 14:21-24.

- Yavaamu abantu abaalinga ye mu kwewaayo: Kino kirabikira mu baddu be (Oluberyeberye 24)
- Yaweebwa omukisa mu bintu byonna: Oluberyeberye 24:1

# ESSUULA EYOOMWENDA

## OKWEGAYIRIRA AMAWANGA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ne kye kitegeeza okuba, "Omwegayirizi w'amawanga."
- Okuzuula ebirungi ebiri mu kwegayirira amawanga.
- Okugoberera enteekateeka y'essaala esengekeddwa obulungi eri amawanga g'ensi.
- Okufuuka omwegayirizi w'amawanga.
- Okwetegekerawo ekitabo ky'essaala ku kwegayirira amawanga.
- Okutendeka abalala okufuuka abeegayirizi b'amawanga.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**...Kubanga ennyumba yange eriyitibwa nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna. (Isaaya 56:7)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde oweereddwa bye wandikoze okufuuka omwetabi omulungi mu nteekateeka ya Katonda eri ensi. Emu ku ngeri gy'oyinza okwetaba mu nteekateeka ya Katonda y'eyookutuukirira amawanga ng'oyita mu kusaba. Essuula eno ejja kukuyigiriza engeri ey'okukikolamu kino. Ojja kuyiga engeri gy'oyinza okuba omwegayirizi ow'amawanga.

**OMWEGAYIRIZI OW'OBWAKATONDA**

Omwegayirizi: Ye mutabaganya. Akola okwegayirira ku lw'omulala. Okugeza, omuwolereza mu kooti y'amateeka y'aba omwegayirizi, ayimirira wakati w'omuntu asalibwako omusango n'omulamuzi. Yeegayirira ku lw'ono aliko omusango.

Olumu Katonda yatunula ku nsi okufuna omwegayirizi anaayimirira wakati we n'omuntu omwonoonyi. Teyafunayo mwegayirizi, olwo kwe kutuma Yesu mu buyinza bwe:

> **N'alaba nga tewali muntu, ne yennyamira nti tewali muntu ayinza kudduukirira. Noolwekyo kwe kusalawo okukozesa omukono gwe ye kennyini okuleeta obulokozi n'obutuukirivu bwe okuwangula. (Isaaya 59:16)**

Yesu y'enkola ey'obwakatonda ey'omwegayirizi w'amawanga. Ye mutabaganya abeerawo wakati w'omuntu ne Katonda. Okuyita mu kufa kwe yaziba olukonko olwali luleeteddwa ekibi.

Yesu yeeyongera okutwegayiririra:

**Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza. (Abaebbulaniya 7:25)**

**...Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'atwegayiririra. (Abaruumi 8:34)**

Yesu yeegayirira wakati w'omuntu ne Katonda. Omwoyo Omutukuvu naye yeegayirira:

**N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka.**

**Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:26-27)**

### OKWEGAYIRIRIRA AMAWANGA

Katonda awadde abakkiriza omulimu gw'okwegayirira amawanga g'ensi. Twegayirira amawanga g'ensi okuyita mu kugasabira. Bwe twegayirira tunoonya Katonda ku lw'abalala. Tutuusa okwegayirira gy'ali ku lw'amawanga g'ensi.

Ekigambo "ow'amanga" kitegeeza wakati oba mu mawanga. Ng'omwegayirizi w'amawanga, saba okusukka ku byetaago byo n'abenju yo wamu n'emikwano. Mu ssaala weeyongereyo mu mwoyo wakati ne mu mawanga g'ensi.

### EMIGASO GY'OKWEGAYIRIRA AMAWANGA

Engeri esinga ey'okutuukirira amawanga g'ensi kwe kwegayirira amawanga. Obuweereza buno bulina emigaso emikulu essatu:

**OKWEGAYIRIRA KYAWANDIIKIBWA:**

Endagaano enkadde erimu ebyokulabirako bingi ebiraga engeri eggwanga lyonna bwe lyakyusibwa olw'okwegayirira. Okwegayirira kwa Nekemiya mu kitabo ekirina erinnya lye ky'ekyokulabirako ekisinga obulungi. Ebiragiro mu byawandiikibwa bingi bituyitira omulimu guno.

**Okusookera ddala, mbasaba, musabenga, mwegayirirenga, era mwebazenga Katonda ku lw'abantu bonna.**

**Era musabirenga bakabaka n'abafuzi abalala bonna, tulyoke tube bulungi nga tuli mirembe, nga tussaamu Katonda ekitiibwa, era nga twegendereza mu buli ngeri. (1 Timoseewo 2:1-2)**

**N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono.**

**Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. (Matayo 9:37-38)**

**...Kubanga ennyumba yange eriyitibwa nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna. (Isaaya 56:7)**

**ESSAALA KY'EKIKOLWA EKIBEEZAWO EBIRALA BONNA.**

Essaala y'ensulo y'amaanyi ey'omwoyo eri omuntu. Essaala ereetawo enkyukakyuka ate enkyukakyuka ereetawo obwagazi bw'okubuulira enjiri. Okubuulira kuno kuleetera enjiri y'obwakabaka okubuna wonna. Enteekateeka n'entegeka ez'okubuulira enjiri nkulu nnyo, naye essaala yeetaagisa nnyo zisobole okutuukirira. Gwe musingi ogubezaawo obuweereza era nga kwekusinziira okutambuza omulimu guno.

**TERIIYO BIKUGIRA KWEGAYIRIRIRA MAWANGA.**

Teriiyo nsi nzigale, teri nsalo zigaddwa essaala mwetayinza kuyita. Essaala esobola okutuuka buli wamu mu nsi. Oyinza n'obutava waka wo, naye okuyita mu kusaba osobola okutuuka mu bitundu by'ensi byonna mu mwoyo eri oyo yenna ali mu bwetaavu. Essaala ereetawo omulimu okutakugirwa. Olugendo, ekifo ky'olina mu banno n'olulimi tebiyinza kukugira ssaala.

Essaala "ky'ekiruubirirwa ky'ensi" ekimu ekya buli mukkiriza. Etema ekkubo gye tuli okwetaba mu mulimu gw'okubuulira enjiri mu nsi awatali kulwa. Toliba mukulu nnyo oba muto nnyo ku lw'obuweereza buno. Toliba mulwadde nnyo oba ateesobola. Kuno kwetaba butereevu mu mulimu gwa Katonda ogw'ensi yonna awatali kulemesebwa yadde.

**ENTEEKATEEKA Y'ESSAALA**

Enteekateeka eno esobola okukozesebwa ku lw'omuntu oba ekibinja ku lw'okwegayirira olw'amawanga. Ejja kukuwa obukalaativu mu ssaala yo. Enteekateeka ya ssaala namba obuwanvu nga weegayirira. Kino kiriwo kukuluɧɧamya ku kiki ky'osabira. Teweekugira lwa budde obukulagiddwa wano bw'oba ng'owulira Katonda akyayagla weeyongereyo. Jjukira okusabira mu linnya lya Yesu, nga bwe yasomesa. Kino kikwataganya bulungi essaala zo n'ekyo ky'ayagala.

**NGA TONNATANDIKA, ZUULA EBYETAAGO BY'ESSAALA:**

Zuula ebyetaago eby'enjawulo by'onoosabira. Kakasa nti bikwatagana bulungi n'ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi yonna. Okwegayiririra amawanga si nteekateeka ya Kusaba ku lw'ebyo by'oyagala. Ssaala ya kwegayirira ng'etunuulidde mawanga ga nsi.

**OKUTEENDEREZA KATONDA: (Eddakiika kkumi)**

Tuyingira okubeerawo kwa Katonda nga twebaza wamu n'okutendereza:

> **Muyingire mu miryango gye nga mwebaza, ne mu mpya ze n'okutendereza; mumwebaze mutendereze erinnya lye. (Zabuli 100:4)**

Okutendereza kukuleeta mu kubeerawo kwa Katonda era ajja kuba ng'awulira okusaba kwo. Tendereza Katonda olw'ekyo kyali n'ebyo by'akoze. Mu ttendo lyo yatula obulungi bw'enteekateeka ye eri ensi era omwebaze okuba nti naawe oli kitundu mu yo. Daudi mu Zabuli ze atulagira "Okuyingira mu mpya ze n'okuyimba." Oyinza okwagala okuyimbira Katonda amatendo, oyinza okuyimba ennyimba ezeekuusa ku kiruubirirwa kye eri amawanga.

**OKWEGAYIRIRA ENSI YONNA. (Eddakiika kkumi)**

Bino by'ebimu ku bintu by'oyinza okusabira. Sabira:

- Enjala y'omwoyo empya eri ensi yonna.
- Katonda okuyimusa eggye ly'ensi ery'okwegayirira amawanga.
- Okukula n'okukulaakulana kw'ekkanisa okwetooloola ensi yonna.
- Katonda okuyimusa abakozi ku lwa amakungula: Abasumba, bannabbi, ababuulizi, abatume, abasomesa, n'abakadde okutuukiriza omulimu (Matayo 9:38, Lukka 10:2)
- Obumu n'okukwatagana mu makanisa agaliwo n'abaminsani.
- Okuzza obuggya okuyaayaana n'okwagala kw'okukomyawo abaabula.
- Okukozesa ebintu by'okubuulira enjiri obulungi. Saba Katonda agabirire ensimbi ezeetagisa okusitula abo abaagala era abasobola okugabirira omulimu gw'okubuulira enjiri.
- Okuggula "enzigi z'okwatula" okusobola okubuulira enjiri (Abaefeeso 6:19)
- "Enzigi enzigale" okweggulira enjiri (2 Abasessaloniika 3:1)
- Abawulira enjiri bagyanirize (Abaruumi 15:30-31)
- Ebintu ebiri mu nsi ebikulu ebikosa okubuulira kw'enjiri.
- Gavumenti n'abakulembeze bakkirize enjiri ebuulirwe n'emirimu gy'abaminsani.
- Abantu abafuba okutandikawo amakanisa amapya.
- Abakkiriza abasibiddwa era ababonaabona olw'okwewaayo kwabwe eri Kristo oba olw'obuweereza.
- Omulimu gw'okuvvunula Baibuli mu nsi yonna.
- Amasomero, amasomo, amatendekero g'abakristaayo n'aga Baibuli agali mu nsi yonna.
- Abakozi b'obukristaayo abali mu ggwanga.
- Abaminsani abatambula amawanga ag'enjawulo.
- Okutambula kwa Katonda mu bavubuka, be bakulembeze b'e kkanisa ab'enkya.
- Okubikkulirwa ng'enkola entuufu ey'okutuukirira buli ggwanga n'ekyalo mu nsi. Saba Katonda akuwe abo abafuba okukola omulimu guno mu bitundu ebyo. Sabira ebitongole ebyenyigidde mu nteekateeka y'okunoonyereza wamu n'okufuna obukodyo obulungi.
- Obukuumi eri abakozi ku nnumba za Sitaani. Siba emirimu gya sitaani egijja eri abakiriza n'amawanga. Saba ku lw'okusumululwa eri abo abalwanyisa enjiri (Abaruumi 15:30-31, 2 Abassessaloniiika 3:2)
- Okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli okubuna mu bakkiriza bafuuke abeetabi so si abalabi obulabi ab'enteekateeka ya Katonda.
- Abo abakolera mu bifo by'emirimu egya bulijjo mu bitundu by'ensi eby'enjawulo. Basobola okuba eggye ly'okubunyisa enjiri eddungi ennyo.
- Omulimu gw'emikutu gy'empuliziganya egy'eddiini omuli: obubaka bw'enjiri, obw'okubutambi, obutambi bw'ebifaananyi, ffirimu, Laadiyo z'obukristaayo ne zi ttivi.
- Omulimu gw'emikutu gy'empuliziganya n'ogwabantu. Muno muyinza okubaamu omulimu gw'okugabirira oba okuvujjirira obwetaavu mu buweereza. Gino gy'emikutu egigatta eby'obujanjabi n'obwetaavu obulabikako mu kubuulira enjiri.

- Ebitongole by’obuminsani ebibatambuliza mu nnyonyi, abagoba b’ennyonnyo ku lw’abaminsani n’obugabirizi mu bitundu by’ensi eby’enjawulo.
- Omulimu mu basenze n’ababundabunda ab’ensi.
- Okusiba amaanyi g’emyoyo gya Sitaani egikwata amawanga n’ebitundu. Amaanyi ago gabaawo nga bwe galagibwa mu mulangira eyalina obuyinza ku Buperusi mu biro bya Danyeri. Amaanyi gano gannyonnyolwa lwaki amawanga agamu gaaniriza enjiri okusinga ku malala. Egimu gikola mu bitundu ebimu, okutuusa ng’abakkiriza beegayiridde olw’ebitundu bino, tebiyinza kwaniriza njiri.

**OKWEGAYIRIRA EKITUNDU KY’ENSI EKIMU: (Eddakiika kkumi)**

Essaala yo gitunuulize ssemazinga oba ensi emu. Waliwo emikutu egiwa obubaka ku bitundu eby’enjawulo n’ebibinja by’abantu ebinaakuyamba okusaba n’okusingira ddala. Laba mu kitundu “Ky’okweyongera okusoma” eky’essuula eno.

Bino by’ebintu ebimu eby’okusabira buli ggwanga:

- Ebikolwa ebiriwo: Osobola okweyongera mu maaso ng’osaba nga bwe weetaba mu biriwo mu ggwanga okukusobozessa okwekuumira mu nkolagana n’abakozi abakristaayo abaliyo.
- Amakanisa g’eggwanga.
- Abakola mu nnimiro z’amakungula ez’omwoyo ez’eggwanga lino. Muno muyinza okubaamu: abatandikawo amakanisa, abakozi mu ggwanga, amatendekero, abaminsani, abavvuunuzi ba Baibuli n’abalala.
- Abakkiriza bonna mu ggwanga.
- Abantu b’eggwanga abatatuukibwangako.
- Okusiba amaanyi ga Sitaani agakolera mu ggwanga lino: amaanyi ago agayinza okuziyiza okubuulira kw’enjiri oba agaggalawo amawanga olw’amaanyi g’okubuulira enjiri.
- Mu buli kitundu, waliyo ebitundu musanvu ebikola endowooza z’abantu n’amagenda g’eggwanga. Gano ge maka n’abenju, ekkanisa, okusoma, ebiduluza, n’okwesanyusa, emikutu gy’empuliziganya, gavumenti n’ebyenfuna. Weegayirire ku lw’abakulembeze n’embeera y’omwoyo egwa mu biti bino:

**OKWEGAYIRIRA KU LW’OBUMIISANI OW’ENJAWULO OBA EKITONGOLE: (Eddakiika kkumi)**

Mu kuba obumu n’obuminsani oba ekitongole e ky’abaminsani, ojja kutegeera ebyetaago ebiriwo by’olina okusabira. Lekka erinnya lyo lirabikire ku gali mu bbaluwa y’eggulire lyabwe oba mu katundu k’essaala.

**SABIRA EKIBINJA KY’ABANTU EKIMU EKITANNATUUKIBWAKO: (Eddakiika kkumi)**

Ebibinja by’abantu ebitaano ebitannatuukibwako by’ebya: Ababuddha, Abahindu, Abasiraamu, n’abachina:

- Sabira ebibinja bino bifune enjala ey’omwoyo.
- Sabira abakozi abasobola okubuulira enjiri mu bantu bano.

- Sabira okubikkulirwa kw'engeri entuufu ey'okutuukirira buli kimu ku bibinja bino.
- Sabira abo abagezezzaako okutuukirira ebibinja bino.

**ESSAALA Y'EBYETAAGO BYO NG'OMUNTU: (Eddakiika kkumi)**

Laba ebyetaago byo ng'ensi bw'eri. Ebyetaago byo bikwatagana bitya n'ekiruubirirwa kya Katonda n'ekyoli mu kyo? Era nebyofaako ennyo birina okuba nga bikwatagana waakiri n'enteekateeka ya Katonda eri amawanga.

Weeyongere okunoonya Katonda olw'amakubo mw'oyinza okutuukiriza ekitundu ky'omulimu gw'okutuukirira amawanga g'ensi n'enjiri y'obwakabaka. Oyinza kwetegeka otya okukola kino? Oyinza kutandika otya? Oyinza kweresa otya obudde bwo n'ensimbi zo ku lw'ekyo ekirimu mu nsi?

**ESSAAWA Y'OKUSABA**

Kino kye kifunze ku ngeri essaawa y'okwegayirira amawanga gy'egabanyizibwamu:

1. Okutendereza Katonda (Eddakiika kkumi)
2. Okwegayiririra ensi yonna (Eddakiika kkumi)
3. Okwegayiririra ekitundu ky'ensi ekimu (Eddakiika kkumi)
4. Okwegayiririra obuminsani oba ekitongole ky'obuminsani (Eddakiika 10)
5. Essaala y'ekibinja ky'abantu ekimu ekitannatuukibwako (Eddakiika kkumi)
6. Okusabira ebyetaago byo ng'omuntu (Eddakiika kkumi)

**TEEKAWO EKITABO KY'ESSAALA**

Ekitabo kyo eky'essaala kijja kukuyamba mu kwegayiririra amawanga. Bino by'oyinza okugoberera ng'okola ekitabo ky'essaala.

**EKITUNDU EKISOOKA- ENTEEKATEEKA Y'ESSAALA**

Ggyayo "enteekateeka y'essaala" ekuweereddwa mu ssuula eno ey'essaawa y'okwegayirira amawanga. Giteeke mu kitabo kyo eky'essaala okujuliza okuluŋŋamya mu ssaawa yo ey'okusaba.

**EKITUNDU EKY'OKUBIRI-ENSI YONNA:**

Ggyamu ebyandikoleddwa mu ssaala y'ebyetaago by'ensi yonna ekuweereddwa mu ssuula eno obiteeke mu kitabo ky'essaala yo. Osobola okugatta ebyetaago by'ensi ebirala mu ssaala n'obiteeka mu lukalala luno nga Katonda bw'abi kujjukiza mu ndowooza yo.

Funayo mmaapu y'ensi ogiteeke mu kitundu ky'ekitabo ky'essaala eky'okubiri. Teeka emikono ku mmaapu eno ogikozese nga enkwaso y'essaala yo eri ensi.

**EKITUNDU EKY'OKUSATU- EBITUNDU EBY'ENJAWULO:**

Kuŋŋaanya mmaapu ezo, n'ebikwata ku mawanga ag'enjawulo, n'ebitundu by'ensi obiteeke mu kitundu kino eky'ekitabo ky'essaala. Teekamu n'obukwaso bw'amawulire ku biriwo ebikosa omulimu gw'enjiri mu mawanga agamu. Bisabire.

Teweerabira kusabira ggwanga lyo na kyalo kyo oba ekibuga. Fuuna mmaapu y'ensi obiteeke nabyo mu kitundu kino. Funayo mmaapu y'ekibuga kyo nazo oziteeke mu kitundu kino.

Ekibuga kyo bwe kiba n'olukomo lw'essimu, funa olukalala olutambulizibwako amasimu otandike okusabira buli muntu ali mu kibuga linnya ku linnya. Funayo olukalala lw'amawanga g'abakungu ba gavumenti abali mu ggwanga ne mukibuga kyo obasabire era okwatagane nabo.

**EKITUNDU EKY'OKUNA - OBUMINSANI N'EBITONGOLE:**

Mu kitundu kino kolayo olukalala lw'abaminsani b'onoosabira. Funayo ku mpapula z'amawulire oziteeke mu kitundu kino. Sabira ebyetaago byabwe eby'enjawulo. Funayo olukalala lw'ekkanisa, amatendekero g'abakristaayo, n'ebitongole by'abaminsani ebiri mu kitundu kyo. Basabire nnyo.

**EKITUNDU EKY'OKUTAANO - EBIBINJA BY'ABANTU EBITANNATUUKIBWAKO:**

Wandiika amannya g'ebibinja by'abantu ebitannatuukibwako. Era be, Ababuddha, Abasiraamu, Abahindu, n'ebika by'abantu. Tandika okukuluŋŋamya obubaka obubakwatako obuteeke mu kitundu kino ky'ekitabo ky'essaala zo.

**EKITUNDU EKYOMUKAAGA - ESSAALA Y'EBYETAAGO BYO NG'OMUNTU:**

Wandiika ebitundu by'emitwe gino wammanga ku lupapula osobole okukuuma essaala y'ebyetaago byo:

Ennaku z'omwezi          Ebyetaago byo          Ennaku z'omwezi lw'eddibwamu.

Okutereka ekiwandiiko kino kijja kukuyamba okutunuuliza essaala yo era n'okumanya nga Katonda agizzeemu.

**TENDEKA ABALALA OKUBA ABEEGAYIRIZI AB'AMAWANGA**

Osobola okutendeka abalala okuba abeegayirizi ab'amawanga: Eno y'enteekateeka:

1. Bategeeze okulaba kw'ensi mu ngeri eya Baibuli. Ekisooka bategeeze okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli. Okutuusa omuntu lw'afuna okwolesebwa okwenteekateeka ya Katonda eri ensi era n'ekitundu kyagirinamu. Tebajja kuba beegayirizi b'amawanga abatuukiridde. Essuula eyekkumi ekuwa ebigendererwa ku ngeri gy'otegeezaamu abalala okulaba kw'ensi mu ngeri eya Baibuli.
2. Kozesa essuula eno okutendeka abalala okwegayirira amawanga. Ekisooka, soma essuula nabo. Eky'okubiri, tandika okusaba okusinziira ku ntekateeka y'essaala ekuweereddwa mu ssuula eno. Eky'okusatu, bagambeko beekolere ekitabo ky'essaala okusinziira ku bikulagiddwa mu ssuula eno.

3. Kolayo ekibinja ky'abegayirizi b'amawanga. Obuwagizi bw'ekibinja bujja kuyambako mu kweyongera okwewaayo eri okwegayirira amawanga. Tekaawo ekiseera, olunaku, era oteekewo we munaakuŋŋaanira mu maka go oba ekkanisa. Kozesa enteekateeka y'essaala ekuweereddwa mu ssuula eno n'ekitabo ky'essaala kyokoze okukuluŋŋamya mu kiseera ky'essaala. Tumya ku bintu ebirala eby'okukozesa ebiragiddwa mu kitundu "Eky'okweyongera okusoma" eky'essuula eno. Bino bijja kwongera okukuyambako mu kutendeka abeegayirizi ab'amawanga.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Kitegeeza ki okubeera "omwegayigirizi ow'ammawanga?"
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Osobola otya okutendeka abalala okubeera abeegayirizi ab'amawanga?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Okoze okusalawo kwo okubeera omwegayirizi ow'amawanga?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Weetereddewo ekitabo ky'essaala ekikyo?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Birungi ki ebisatu ebiragiddwa mu ssuula eno eby'okwegayirira amawanga?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Lambulula enteekateeka y'essaala ekuweereddwa mu ssuula eno ku kukola essaala esengekeddwa obulungi era etunuulidde okwegayirira amawanga.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'essaala eno)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Ebikozesebwa bino gyebiri mu bitongole by’ensi eby’obukristaayo okuyambako mu kwegayirira amawanga. Kebera ku mutimbagano ofune endagiriro ku bubaka buno:

1. Ensi mwokolera: Ekuwa obubaka ku buli ggwanga ly’ensi n’enkalala z’ebyetaagisa okusabira.
2. Abeegayigirizi b’amawanga: Ekuwa obubaka ku mawanga ag’enjawulo n’essaala z’ebyetaago ez’enjawulo.
3. Pulojekiti ya Yoswa: Etunuulira essaala eri ebibinja by’abantu abatannatuukibwako.
4. Weegatte ku kibinja ky’abasabi ekimu.

# ESSUULA EYEKKUMI

## OKUGABANAKO OKULABA ENSI MU NGERI EYA BAIBULI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula emitendera ena mw'oyita okugabanako okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.
- Okugabanako okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli eri abasajja n'abakazi.
- Okutandikawo akakiiko k'okubuulira enjiri.
- Okuteekawo emisomo gya Baibuli mu bakristaayo b'ensi yonna.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

**ENNYANJULA**

Nga bw'oyize, obukadde bw'abakkiriza mu nsi yonna tebalina kulaba kwa nsi mu ngeri eya Baibuli. Bonna basinga kufaayo ku maka gaabwe, ebyalo n'ekkanisa olw'okuba tebannategeera nteekateeka ya Katonda eri ensi, tebeetabye mu kutuukiriza kitundu kyabwe mu nteekateeka eno. Essuula eno ennyonnyola engeri gy'ogabanamu okulaba kw'ensi mu ngeri eya Baibuli n'abantu ng'abo, n'okubasikiriza okubeera abakristaayo ab'ensi.

**ABANTU AB'ESIGWA.**

Engeri enkulu ey'okutegeera abantu ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, kwe kulondobamu abakazi n'abasajja abeesigwa ab'okutendekebwa:

> **Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Ekigambo "bwesigwa" kitegeeza okukola, okwesigika, n'okuba n'obwesige. Si buli muntu nti anaayaniriza okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli. Si buli muntu nti anaaba mwesigwa gye kuli, mu kugabanako okwolesebwa, oteekwa okulondawo abo b'olaba n'ebisaanyizo by'okukola, okwesigika n'obwesige eri Katonda. Abo b'ogabanako nabo balina okubeera abeesigwa okusomesa n'abalala. Eno y'engeri yokka ey'okwekubisaamu wamu n'okwezaazaamu bw'eneeyongerayo.

**KYA BAIBULI, SI BUWANGWA**

Bw'oba otandise okugabanako n'abalala, kijjukire nti toyitiddwa kugabana ku byabuwangwa. Olina kugabana ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli. Obuwangwa y'enkola y'ebintu eyagunjibwawo mu

kitundu. Mulimu obulombolombo eby'ekinnansi, n'olulimi: kumpi buli nneeyisa ey'obulamu. Eno y'ensonga lwaki waliwo enjawulo, ennene wakati w'Abayindi n'Abafirika.

Okosebwa kinene olw'obuwangwa mw'oli. Otuuka n'okulaba nti engeri gy'okola ebintu y'esinga. Naye weetaaga okumanya nti teri buwangwa bwa muntu busukkuluma ku bwa mulala. Okuyitibwa si kukyusa buwangwa oba okugabana engeri yo gy'okolamu ebintu gy'oyinza okulowooza nti yesinga.

Ky'olina okufaako mu buwangwa kyokka kwe kulaba ebintu ebikolebwa singa biba nga bivvoola butereevu ekigambo kya Katonda. Awo nno osobola okubyeŋŋanga n'obikolako ng'alwanyisa ekibi kyennyini. Toyitiddwa kugenda kutwalira batakkiriziganya bugunjufu. Ekigendererwa kyo si ku kulokola kitundu, naye kulokola mmeeme. Ekigendererwa ky'omuvubi si kukyusa nnyanja, wabula okuvuba ebyennyanja ebigirimu.

Tunuulira ekyo ky'oteekeddwa okukola. Okusomesa abasajja n'abakazi abeesigwa.

**ENTEEKATEEKA**

Gino gy'emitendera ena gy'olina okwesigamako ng'onnyonnyola okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli:

1. Beera eky'okulabirako eky'okwolesebwa.
2. Tegeeza abalala okwolesebwa.
3. Kuuma okwolesebwa nga kwe kutambulizibwako obulamu.
4. Gendera okwolesebwa.

Ka twetegereze buli mutendera mu bulambulukufu…

**BEERA EKYOKULABIRAKO EKY'OKWOLESEBWA:**

Okusooka, olina okuba ng'olaba ensi mu ngeri eya Baibuli ggwe wennyini. Kino ky'ekiruubirirwa ky'essomo lino. Bw'oba otegedde obuvunaanyizibwa bwo mu mulimu gwo ogw'amaanyi era nga n'omutima gwo gukwatiddwako ku lw'amawanga g'ensi amalala, awo no ofuuka eky'okulabirako eky'okwolesebwa.

Ng'ekyokulabirako, obeera kyakugezesa eri mikwano gyo n'ekkanisa. Baleke balabe ky'oyagala ku lwa Kristo era n'engeri omutima gwo gye guyayaana ku lw'amawanga g'ensi. Baleke bakulabeko wennyini nga weetaba butereevu mu kutuukirira abalala n'enjiri. Okusomesa okw'amaanyi tekukolebwa bigambo, kukolebwa na byakulabirako, kino tukirabira mu bulamu n'obuweereza bwa Yesu.

**TEGEEZA ABALALA OKWOLESEBWA:**

Bino by'ebimu ku byandikoleddwa ng'otegeeza abalala okwolesebwa:

1. Gabana okwolesebwa n'abantu kinnoomu abo abakkiriza abakuli okumpi. Gabanako nabo olusoma luno oluyitibwa "Okukulaakulanya okulabira ensi mu ngeri eya Baibuli." Gabanako nabo ekyetaago ky'ensi ekyomwoyo ekisinga era obannyonnyole n'omulimu gwabwe mu kyo. Musabire mwenna amawanga g'ensi ng'okozessa engeri z'oyize mu ssuula eyoomwenda.

2. Saba omusumba wabeewo, “abakristaayo abatunuulira ensi” ng’ekitundu ku bikolebwa mu kkanisa. Kino kitwala eddakiika ntonotono mu kusaba nga mugabana ku mbeera ey’omwoyo nga bw’eri mu nsi, abantu abatannatuukibwako, obategeeze mu bufunze ebisoomooza ebyetaaga okukolako.
3. Bw’eba nga ekkanisa efulumyayo eggulire lya wiki, teekamu akanyomero akasiikuula abantu okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.
4. Teekawo ekifo ky’ekkuɧɧaanyizo awaka wo oba ku kkanisa. Teekamu ebitabo n’ebintu ebirala ebyogera ku kutuukirira abantu, ebbaluwa z’abaminsani, embaawo okutimbibwa obubaka obukwata ku mawanga ag’enjawulo mu nsi, mmaapu z’essaala n’ebirala (Manya nti olusoma luno nalwo mwe luli mu kifo ekyo)
5. Saba abamiinsani n’abakulembeze b’abakristaayo mu mawanga amalala okusindikayo ku bubaka obwokubutambi bw’amaloboozi osobole okugabanako n’ekibinja kyo. Basabe bakusindikire ebifanaanyi, obutambi bw’ebifaananyi ebiraga omulimu oguli mu mawanga gaabwe.
6. Bw’obeera mu kitundu omuli ettendekero oba ssetendekero yenna nga mulimu abayizi abava mu mawanga amalala basabe bagabaneko nammwe ku buwangwa bwabwe, n’ebyetaago by’ensi. Bwe wabaawo obuwangwa obulala mu kitundu kyammwe ng’obwabasenze abaava mu mawanga amalala, bayite nabo bagabaneko n’ekibinja kyammwe.
7. Kulemberamu obulamu bw’okusaba mu kkanisa yo. Bwe wabaawo okusaba mu buwandiike oba mu bigambo eri ekibinja kyo olw’okusaba, mukole ekyetaagisa ku lwa Kristo eri abakkiriza.
8. Teekawo akakiiko k’ababuulizi b’enjiri eri ensi ng’abakristaayo mu kkanisa yammwe bwe kiba nga tekiriiwo. Ekitundu “Kyokweyongera okusoma” eky’essuula eno kinnyonnyola engeri y’okukikolamu kino.
9. Teekawo enkuɧɧaana mu kkanisa oba awakawo ezireetawo okumanyisa. Zino ziyinza okutandikira awaka ne zigenda nga zeeyongerayo mu nkuɧɧaana ennene. Yitayo ku boogezi okuva mu bibinja by’abaminsani eby’enjawulo. Teekawo ekitabo “ky’abakristaayo b’ensi” n’ebikozesebwa okukigula (Fuba okulaba ng’olusoma luno mweruli)
10. Saba omusumba wo abawe olusoma luno, “Okukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri mu ngeri eya Baibuli” mwenna mu kkanisa n’eri ekkanisa eziri mu kitundu kyammwe. Kubayo enkuɧɧaana awaka wo, ku kkanisa oba mu bizimbe awakuɧɧaanirwa mu kitundu.

**KUUMA OKWOLESEBWA NGA KWE KUTAMBULIZIBWAKO OBULAMU:**

Oteekeddwa okukuuma okwolesebwa nga kwe kutambulizibwa buli kintu mu bulamu bwo n’obwo abasajja n’abakazi abeesigwa b’otendeka. Bino byewandikoze okukituukiriza:

1. Weeyongere okusoma ebitabo n’essira nga liri ku buminsani n’okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.
2. Weetabe mu nkuɧɧaana z’abaminsani ze bateeka mu kitundu kyo.
3. Beera ng’omanya buli kibaawo ekiyinza okuziyiza okubuulira kw’enjiri era weeyongere okusabira amawanga g’ensi.
4. Beera nga okwatagana butereevu n’abakozi abalala ab’omulimu guno abali mu nnimiro z’ensi endala. Bye bayitamu bijja kukuyamba mu kwolesebwa kwo eri ensi.

5. Tandikawo emisomo gya Baibuli eri Abakristaayo b'ensi era ogabaneko n'abalala. Gino nga gikwata nnyo ku mulamwa ogw'ensi mu byawandiikibwa. Ekitundu "Ekyokweyongera okusoma" ekyessuula eno kijja kukuyambako okukikola kino.

**GONDERA OKWOLESEBWA:**

Tekimala kukulaakulanya okulaba kw'ensi mu ngeri eya Baibuli era n'okigamba n'abalala. Olina okubaako ky'okula mu by'oyize.

> **Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu,**
>
> **Omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi. (2 Timoseewo 3:16-17)**

Buli nnono y'ekyawandiikibwa kye tusoma erina kutuyamba kukola bulungi. Osomye ennono nnyingi mu lusoma luno, naye bw'omanya nga tolina ky'okola kulinga okukkiriza okutaliiko bikolwa. Bw'osoma ennono z'ebyawandiikibwa n'otobaako ky'okola ku by'oyize awo enkomerero ey'omwoyo nfu. Okufuna okwolesebwa kyokka tekimala. Okukumanyisa abalala nakyo tekimala. Ggwe ne b'otendeka mmwenna muteekwa okugondera okwolesebwa.

Harvestime International Institute ekuwa amasomo agakuyamba okukola kino. Olusoma oluddako mu kitundu kino lwe lwa "Obukodyo bw'okusomesa" lujja kukuyamba okugabana n'abalala by'oyize. "Engeri z'okwekubisaamu," ojja kulaba engeri z'okukubisaamu amaanyi g'omwoyo. Amasomo amalala gajja kukuyamba mu kutegeka, okukwatamu, n'okukunga abasajja n'abakazi bano abeesigwa. Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Okubuulira enjiri nga ekizimbulukusa," lukuwa okuluɧɧamizibwa ku kugabanako obubaka bw'enjiri mu ngeri y'okwolesa amaanyi. Naye tolinda okutuusa ng'omalirizza amasomo gano gonna. Tandikirawo okugondera okwolesebwa, kati wonna w'oli. Bino byandikoleddwa okukituukiriza kino:

1. Gabanako enjiri n'akuli okumpi ku kyalo ne mu kibuga.
2. Kolaganira wamu n'ekkanisa yo mu kutegeera okubuulira enjiri ku mutendera ogwa wansi, mu ggwanga n'eri amawanga amalala.
3. Sabira amawanga g'ensi.
4. Waayo eri ebitongole by'obumiisani, okuyita mu kkanisa yo oba abalala ababavunaanyizibwa. Okuwaayo eri abo abafuba okukola omulimu guno eri abo abatannatuukibwako na njiri kulina okuteekebwako essira.
5. Genda n'okussuka ku kyalo kyo. Beera kitundu ku ttiimu y'obuweereza. Tegekayo ttiimu y'okubuulira enjiri ey'okugenda ku muliraano, eri obuwangwa oba eggwanga ogabaneko nabo enjiri.

**ENTAMBUZA Y'ENKOLA ENO**

Eno y'entambuza y'enkola y'okwekubisaamu mu kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli

Beera ekyokulabirako ekyokwolesebwa.

I

Tegeeza abalala okwolesebwa.

I

Kuuma okwolesebwa nga kwe kutambulizibwako obulamu.

I

Gondera okwolesebwa.

I

Enkola yeeyongerayo.

Osooka kuba kyakulabirako ekyokwolesebwa kw'ofunye, awo n'otegezaako abalala nga okozesa ebyokulabirako n'okubasomesa. Weekuumireko okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli nga okutambuliza obulamu n'eri abo b'otendeka. Nga bwe weegatta n'abo b'otendeka mu kugondera okwolesebwa, ojja kufuuka eky'okulabirako ky'okwolesebwa era enkola yeeyongereyo nga bw'oyogera n'abalala.

# OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Mu kugabanako okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, bantu kikaki be tulina okuteekako amaanyi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Emitendera ena egy’okugabanako okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli gye giriwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Kiki ky’olina okukolawo ekyenjawulo osobole okutuusa okwolesebwa kuno eri amawanga g’ensi?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ani gw’onoogabanako naye okwolesebwa kuno? Kiki ky’onookola mu kkanisa yo? Kiki ky’onookola mu kitundu kyo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

## OKUKOLA AKAKIIKO K’OKUBUULIRA ENJIRI

Mu ssomo lino wategeezeddwa okukolayo akakiiko k’okubuulira enjiri oba ekibinja kya “Omukristaayo w’ensi” mu kkanisa yo. Okubuulira enjiri kirina kuba kitundu ekirala eky’ekkanisa, ky’ekirina okutuunulirwa ekkanisa. Ensonga y’okuteekawo akakiiko kano kwe kuluŋŋamya abakuŋŋaana ku kiruubirirwa ekirina okutuukirizibwa nga “Ekkanisa mu nsi” (Laba essuula eyoomukaaga)

Eno y’engeri y’okutandikawo akakiiko nga ako:

**TANDIKIRA KU MUSUMBA:**

Sooka otuukirire omusumba wo omwanjulire okuyaayaana kwo okw’okuteekawo akakiiko. Gabanako naye okwolesebwa kwo n’ebyo by’oyize mu lusoma luno. Era ky’ajja okukola kwe kukugamba okulemberemu akakiiko ako oba ofuneyo omuntu gw’okola naye mu kukateekateeka. Kirungi okufuna okukkirizibwa omusumbawo n’okwetabamu bwe kaba ng’akakiiko kasobose.

**WEEKENNEENYE ENTEGEKA EZIRIWO:**

Mbeera ki eriwo mu kubuulira enjiri abo obuminsani mu kkanisa yo? Ffaayo ku bino:

- **Enkola y’ebintu:**

Ekkanisa yamwe erinayo enkola y’ebintu eyabagibwa mu kubuulira enjiri oba obuminsani? Bwe kiba kityo emala era ddala eraga bulungi ekkanisa ky’ekola?

- **Okusaba:**

Mirundi emeka ekkanisa yo gy’osabirako awamu ku bintu ebyekuusa ku babuulizi b’enjiri? Ekkanisa esabiddeko abakozi nga bwe kiragibwa mu Matayo 9:38?

- **Enkuŋŋaana:**

Ekkanisa yo yali ebaddeko n’enkuŋŋaana z’ababuulizi b’enjiri oba obumiisani mu myaka egiyise?

- **Okutendeka:**

Ekkanisa yammwe ewa ku biragiro ebyekuusa ku kulaba kw’ensi mu ngeri eya Baibuli ekintu ekitunuulirwa, obwetaavu bw’okubuulira enjiri n’embeera y’okubuulira enjiri? Waliyo ku ntegeka y’okubuulira enjiri n’okusomesa kw’ebibinja eby’enjawulo mu maka, n’ebitongole by’ekkanisa yonna?

- **Okwenyigiramu:**

Ebiro ebiyise, ntegeka ki ekkanisa yo ze yeenyigiddemu ez’okubuulira enjiri? Kiki ky’okoze ku kitundu, mu ggwanga ne ku ddaala ery’amawanga amalala? Ntegeka ki ezaasoboka? Lwaki? Ziriwa ezaalema? Lwaki?

Weekennenye entegeka ekkanisa yo zeyeetabamu kati mu kitundu, mu ggwanga ne ku ddala ery'amawanga amalala. Ziriwa ezisobose? Lwaki? Ziriwa eziremye? Lwaki?

Ebitongole by'ekkanisa ebirala byenyigidde bitya mu ntegeka zino? Okugeza abavubuka, abasajja, n'abakazi n'abalala. Amaka go geenyigidde gatya mu ntegeka zino?

- **Obuwagizi:**

Ekkanisa yammwe ewagira baminsani ki mu kiseera kino? Basangibwa wa? Ebawagira kyenkana ki?

- **Embalirira:**

Teebereza ekitundu ekyobuyambi mu mbalirira y'ekkanisa yammwe ekigenda eri okubuulira enjiri. Okukola kino, jjuza amabanga agalekeddwawo.

*Omugatte gw'ebiweebwayo mu kkanisa omwaka oguwedde……………………………………. ku muwendo guno, twawaako …………………………………… eri okubuulira enjiri.*

*Kino kitegeeza nti ………………………………… eky'embalirira y'ekkanisa yaffe zaagenda mu kubuulira enjiri omwaka oguwedde.*

- Ebikola:

Muno mulimu abantu, ensimbi, ebikozesebwa n'obuyambi. Ebikozesebwa by'ekkanisa yo bikwatiddwa bitya olw'okubuulira enjiri?

**SOMESA ABAKKIRIZA:**

Baweeyo olusoma lumu ku "Okukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli" ng'okozesa ekitabo kino nga bwe kikuluŋŋamya. Mu kibiina gabanako nabo bye wayiga ku mbeera y'okubuulira enjiri mu kkanisa. Ku bali mu kibiina ekyo, londamu abo b'olaba nga bategeera okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli. Abantu bano bajja kuba baagalira ddala okubeera nga beenyigiramu b'ennyini.

**TEGEKAYO OLUKIIKO LW'OKUTEGEKA:**

Tegekayo olukiiko olw'enjawulo okutegeka akakiiko k'okubuulira enjiri.

**Obuvunaanyizibwa:**

Bino bye bimu bivunaanyizibwa eri abali ku kakiiko k'okubuulira enjiri. Abakakiiko balina:

- Okukoka ng'ekyokulabirako eri ekkanisa okuyita mu kwenyigira mu kubuulira enjiri, okuwaayo n'okusaba.
- Okukwataganya essaala mu bakkiriza ku lw'okubuulira enjiri n'obuminsani.
- Okuteekawo ebiruubirirwa by'omu kitundu, mu ggwanga, n'amawanga amalala ku kubuulira enjiri.

- Okumanya engeri ebintu by'ekkanisa gye biyinza okukozesebwa obulungi mu kubuulirwa enjiri n'obuminsani.
- Manyisa ekkanisa ku bikwata ku kubuulira enjiri, ng'olaga omuwendo ogwetaagisa n'engeri gye zinaakozesebwamu.
- Tegeka kalenda eraga ddi ebintu bwe binaakolebwa mu kkanisa ebyekuusa ku kubuulira enjiri.
- Tegeka, tumbula era okubirize enkuƞƞaana z'okubuulira enjiri.
- Kwasaganya enteekateeka z'obuminsani n'enjiri eziri mu buli kitongole ky'ekkanisa.
- Zzaamu amaanyi obuwagizi eri obuminsani okuyita mu kusaba, okuwaayo, okwenyigiramu ng'omuntu ne zi pulojekiti. Akakiiko kalina n'okuteekawo endowooza empya ku bintu nga bino.
- Beera n'okumanya ku bigenda mu maaso ku kubuulira kw'enjiri mu nsi.
- Weetegereze era osalewo ppulojekiti z'obuminsani oba okubuulira enjiri ezeetaaga obuyambi.
- Weetegereze era osalewo ebibinja by'obuminsani n'okubuulira enjiri ebisaanidde okuwa obuyambi mu kkanisa.
- Kuuma empuliziganya ya buli kiseera ku buli muminsani oba ekitongole ky'obuminsani ne pulojekiti zaabwe eziwagirwa mu kkanisa.

Okutegeka:

Bino by'ebimu ebiyinza okukolebwa ku kikwatagana n'okutegeka akakiiko:

- Omusumba. Omusumba alina obuyinza obuluƞƞamya akakiiko kuba ye mutwe gwe kkanisa.
- Omutandisi. Akulemberamu akakiiko, ategeka era n'ateeka mu nkola emirimu ngaluƞƞamizibwa omusumba. Era aluƞƞamya ab'akakiiko okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe.
- Omuwandiisi. Akuuma ebiwandiiko by'enkiiko ez'akakiiko, kalenda z'okubuulira enjiri n'ebiringa ebyo. Era akola ne ffayiro za ppulojekiti ekkanisa ze yeenyigiramu.
- Ssentebe w'okuluƞƞamya ssente: Ono aluƞƞamya ku ngeri z'okufunamu ssente ez'okukozesa mu kubuulira enjiri.
- Omuwanika: Ono ategeka era n'alabirira embalirira y'okubuulira enjiri. Awa sente eri ababuulizi b'enjiri era n'ayisa n'eza Ppulojekiti nga bwe ziba zikakasiddwa ab'akakiiko
- Ssentebe w'essaala: Afaayo okumanya ebyetaago by'essaala ku by'okubuulira enjiri era n'amanyisa akakiiko n'ekkanisa ebyetaago n'okuddibwamu kw'essaala.
- Atambuza amawulire: Ono ategeka amawulire g'okubuulira enjiri n'ebibeeramu nga kw'otadde n'ebyo ebinaaba mu mawulire, ku Laadiyo, ttivi, ebipande by'okunguudo, obupapula obulanzi ne mu lubaawo lw'amawulire ku buminsaani.
- Ssentebe omutendesi: Ategeka enteekateeka y'okutendekebwa okukuuma abakkiriza nga bayigirizibwa ku buminsani n'okubuulira enjiri. Entegeka erina okubaawo ku lwa buli kibinja n'ekitongole ky'ekkanisa. Afuna ebiwandiiko, ebitabo, n'ebyo ebikozesebwa mu kubuulira enjiri bwe ziba ng'ensimbi ziganya ekkanisa okubaako n'etterekero ly'ebitabo/obutambi.
- Ssentebe w'enkuƞƞaana: Ateekateeka, atutumusa n'aluƞƞamya enkuƞƞaana ez'omwaka ku kubuulira enjiri.
- Ssentebe w'enjiri y'omukitundu: Ono akwasiganya enjiri y'omukitundu omuyinza okuba: Okugenda mu makomera, mu malwaliro, maka ku maka, ku nguudo, mu masomero, okukyaliragana, okulondoola abakkiriza abapya n'abagenyi mu kkanisa n'obuweereza

obw’enjawulo nga eri abakozesa ebiragalalagala, bamaama abatali bafumbo, abatamiivu n’abalala. Alabirira era n’asalawo ppulojekiti ezisinga okukolebwa.

- Ssentebe w’okubuulira okw’eggwanga. Ono akwasaganya buli kikwata ku kubuulira enjiri mu ggwanga. Asalawo era n’asalawo abantu ne Ppulojekiti ezisaana okuweebwa obuyambi.
- Ssentebe agaba emirimu: Ono awandiika abaagala bonna okwenyigira mu mulimu gw’okubuulira enjiri.
- Abakiikirira ebitongole by’ekkanisa eby’enjawulo: Bano bakiika ku lw’ebitongole ebiri mu kkanisa omuli obuweereza bw’abakyala n’obwabaami, abavubuka, n’akulira abasomesa abaana abato.

**TEGEKA ENKIIKO Z’OKUTEEKATEKA:**

Akakiiko k’okubuulira enjiri kalina okusisinkana obutayosa n’enteekateeka empya ez’okubuuliramu enjiri. Okuva ku ssaala zammwe ne byemukubaganyaako ebirowoozo mutandikewo ebigendererwa eby’okubuulira enjiri y’obwakabaka. Ekigendererwa kiba kiruubirirwa, mutekeewo ebiruubirirwa ebinaabayamba okutuuka ku bye mwagala mu kitundu, mu ggwanga, ne mu mawanga amalala (Okweyongera okusoma ku kino, funa olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, “Obuwanika bw’ebigendererwa.”)

Teekawo ebigendererwa ebipya ku:

- **Ekiragiro:**

Ekkanisa yammwe bw’ebeera n’ekiragiro ekiwandiike ku buminsani oba obubuulizi ddamu okisome olabe oba nga kyetaagisa. Ekkanisa yammwe bw’eba tekirina bwe kiti, mubeeko kyemuwandiika. Ekiragiro kino kirina okuba nga kiraga ekiruubirirwa n’ebigendererwa by’entegeka y’okubuulira enjiri. Ekitabo kya Harvestime international Institute ekiyitibwa, “Obuwanika obw’ebigendererwa” kijja kukuyambako mu kino.

- **Essaala:**

Mutandika okusabira awamu ng’akakiiko k’obumunsani. Leeta essaala ezekuusa ku kubuulira enjiri ekkanisa z’esobola okusabira awamu.

- **Enkuŋŋaana:**

Muteeketeeke enkuŋŋaana z’okubulira enjiri. Ng’ekkanisa muteekewo ebifo awasangibwa eby’okuyiga ku mawanga ag’enjawulo n’ebitongole by’okubuulira enjiri. Mu lukuŋŋaana muyinza okubaamu abogezi ku bubuulizi bw’enjiri, abaminsani, abayambako ekkanisa, ziffirimu, n’entambi ebyekuusa ku mulamwa.

Langirira olukuŋŋaana mu mawulire ku zi Laadiyo ne ttivi bwe ziba ng’ensimbi zisoboka. Mukozese ebipande ne bendera, mulangirire ku katuuti mu kiseera ky’okusaba ne mu birango by’ebifa ku kkanisa ebya wiki.

- **Okutendeka:**

Muteekeewo ebibiina by'okusoma Baibuli okusobozesa okukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli. Emisomo gino mugitunuulize nnyo obwetaavu bw'okubuulira enjiri n'embeera y'okubuulira enjiri mu nsi yonna. Kozesa olusoma luno lubaluŋŋamye mu misomo gyammwe.

Mutegekere okubuulira enjiri okw'omwaka. Musobola okugira nga mutunuulira abaminsani, eggwanga oba ebitongole by'obuminsani buli mwezi.

Muteekewo etterekero ly'ebitabo, obutambi obw'okuwuliriza oba okulabirako ebifaananyi, ebintu ng'ebyo ebinaasomesa abantu b'ekkanisa ku buminsani n'okubuulira enjiri.

- **Okwenyigiramu:**

Bajjukanye ebyo bye mwayigako emabega era olage ky'okola mu kkanisa ku lw'okubuulira enjiri. Mutandike okusabira enteekateeka z'ekkanisa ezijja mu kubuulira enjiri eri amwanga mu bitundu ebibeetooloodde ne mu mawanga amalala.

Ntegeka ki ezaasoboka gye buvuddeko? Osobola okwagala okuziddamu. Ntegeka ki eziriwo kati era nga zituukirira? Ntegeka ki empya ze mulina ku lw'okubuulira enjiri?

Biki bye mwalemererwa emabegako era ngeri ki gye muyinza okubyewala gye bujja?

Buli kitongole n'emyaka baagazise okwenyigira mu kubuulira enjiri. Engeri emu gy'oyinza okukikolamu kino kwe kuba n'abakiise okuva mu buli kibinja mu nkiiko z'okubuulira enjiri. Omuntu ono aba akiikiridde abalala y'addayo n'ategezaako ne kubalala mu bitongole ebyo.

Mwongere ku kwetabya amaka ag'enjawulo mu nteekateeka z'ekkanisa yammwe nga muyita mu nkola zino wammanga:

- Laba nga buli maka galina maapu eraga abaminsani gye bali be bagezaako okuwa obuyambi.
- Leka amaka gaanirize abaminsani, abayizi okuva mu mawanga amalala n'abagenyi okuva ewala.
- Muwe abaminsani entambula n'ebisulo n'eri abaana b'abaminsani ababa beetaaga okufiibwako mu ngeri ey'enjawulo.
- Mulage mu maka gammwe obubonero, ebipande ebitumbula obuminsani.
- Teekawo etterekero ly'ebitabo awaka.
- Teekawo ekisawo ky'okuwaayo eri omulimu gw'obuminsani mu maka abalimu basobole okubaako kye bateekamu buli lunaku.
- Wa endagiriro za buli muminsani eri buli muntu mu maka era obazzeemu amaanyi okubasobozesa okuweereza obuyambi eri abaminsani abayambibwa ekkanisa yo.
- Osobola okutegekayo olugendo lw'amaka olw'okukola omulimu gw'obuminsani nga muyitira mu bitongole ebivunaanyizibwa.
- Abazadde basobola okusikiriza abaana baabwe okwetaba mu kubuulira enjiri mu kitundu kyabwe.
- Obubuulizi bw'enjiri busobola okweyongerayo okuyita mu kusinza okw'awaka.

- **Obuyambi:**

Mwongere ku muwendo gw'abaminsani mu kkanisa oba obuyambi bwe mubawa. Mufeeyo kuky'okubuulira enjiri nga mutuma abantu abawerako okuva mu kkanisa yammwe mu bbanga eggere.

- **Embalirira.**

Muteekewo enteekateeka z'okwongera ku mbalirira y'okubuulira enjiri, okugeza, kozesa ekipande kino okirage abantu b'omukkanisa ku nsonga eno.

*Buli muntu bw'awa ……………………………………. Ku lunaku lw'enjiri y'ebweru, twandibadde tuwaayo………………………………… X365 (ennaku z'omwaka) kubisaamu omuwendo oguweebwayo buli lunaku ……………………………. ekikuwa omugatte gwa………………………mu mwaka.*

Okugeza mu USA, singa buli mmemba mu kkanisa ey'abantu ebikumi bibiri gawaayo ennusu kkumi buli lunaku mu mwaka, ekkanisa yandibadde n'omugatte ogw'ensuusuuba gwa $7,300.00 eri omulimu gw'enjiri.

Weekenneenye embalirira yammwe eriwo. Bintu ki ebirina okuggibwamu okusobozesa ensimbi okuba nga zongerebwa ku kubuulira enjiri? Tegeera omuwendo gw'ensimbi ogugenda okukozesebwa mu kitundu, mu ggwanga ne mu mawanga ag'ebweru.

- **Ebikozesebwa:**

Mu manye ebikozesebwa by'ekkanisa yammwe mu kuteeka essira ku kubuulira enjiri. Ebikozesebwa mulimu, abantu, ensimbi, n'ebintu ebikalu. Laba engeri ennungi gy'oyinza okukozesaamu ebintu bino okutuukiriza enteekateeka yo ey'okubuulira enjiri.

**KUBA ENKIIKO Z'AKAKIIKO K'OKUBUULIRA ENJIRI OBUTAYOSA:**

Kino wammanga ky'e kyokulabirako kya Agenda y'enkiiko z'okubuulira enjiri:

1. Essaala eggulawo n'okusoma ekyawandiikibwa.
2. Omuwandiisi asome ebiteeso by'olukiiko olwayita.
3. Alipoota y'ensimbi.
4. Muleete alipoota z'ebitundu ez'enjawulo.

- Alipoota ya ssentebe w'enjiri y'ekitundu ekyo.
- Alipoota ya ssentebe w'enjiri eri eggwanga.
- Alipoota ya ssentebe w'enjiri eri amawanga amalala.

5. Alipoota ez'enjawulo:

- Ku kusonda ensimbi.
- Olukuŋŋaana lw'enjiri olwa buli mwaka.
- Okutendeka.

- Alipoota okuva mu bitongole by’ekkanisa eby’enjawulo ku kubuulira enjiri.
6. Ebigwa bitalaze.
- Ekintu kyonna ekitaliimu mu biragiddwa waggulu.
7. Okwogera okusembayo nga kwa Musumba.
8. Ekiseera ky’okusaba n’okwegayirira ku lw’okubuulira enjiri ng’ekulembererwa ssentebe.

**TEGEEZA EKKANISA N’EKITUNDU.**

Bategeeze ku kwolesebwa, ebiruubirirwa, enteekateeka n’ebikolebwa mu kkanisa era ne mu kitundu kyonna:

- Emikutu gy’empuliziganya: Laadiyo, ttivi, amawulire n’ebiragiro.
- Obubonero n’ebipande: Munda n’ebweru w’ekkanisa n’ekitundu okutwalibwa awamu.
- Bendera n’entimbe ez’amawanga ag’enjawulo.
- Ebitabo n’obutambi obulabibwa n’obuwulirizibwa mu tterekero ly’ekkanisa.
- Ebiwandiiko nga obupapula obulanga n’ebipande wamu n’obutabo.
- Emiko gy’amawulire egya buli wiki ku kubuulira enjiri mu kkanisa.
- Ebbaluwa z’omu mawulire n’ezidda eri ba mmemba b’ekkanisa.
- Embaawo z’okutimbako amawulire, ebifaananyi, ebbaluwa ku mirimu gy’ekkanisa ku buminsani n’okubuulira enjiri, ebiragiro by’enkiiko, eŋŋombo z’obuminsani n’ebiruubirirwa.
- Ebiragiro ebibaddengawo ku kituuti mu budde bw’okusaba.
- Atambuza omulimu gw’obuminsani, n’erinnya, endagiriro, ebifaananyi, by’amaka ge, olukalala lw’amannya g’abamaka ge, emyaka, ennaku z’obuzaale, ebimukwatako ku buweereza obwo, n’okulaga mu bufunze obuweereza bw’omuminsani oyo bw’akola.
- Zi mmaapu, ey’ensi n’eyamawanga ekkanisa mwe yeenyigira ku buminsani n’okubuulira enjiri.

**OKUSOMA BAIBULI OKW’OMUKRISTAAYO W’ENSI.**

“Omukristaayo w’ensi,” okusoma Baibuli kujja kukuyamba okwekuumira ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo. Bijja kukuyamba okugabana okwolesebwakwo n’abalala. Bino by’ebyandikoleddwa okukulaakulanya okusoma kuno:

KOZESA ENNYIRIRI:

Kozesa essuula 4, 5 ne 6 ez’ekitabo kino osobole okulaba okujuliza ku kulaba ensi mu ngeri eya Baibuli mu kigambo. Mu kusoma kwo okw’ekigambo nga ssekinoomu. Noonya ebigambo bino mu nnyiriri eziraga ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi yonna: Amawanga, bannamawanga, abatakkiriza, abantu b’ensi, ensi, n’enkomerero z’ensi.

Nga bw’osoma buli kitundu kya Baibuli, weebuze ebibuuzo bino:

- Baibuli eraga ki ku ekyo Katonda kyalaba eri amawanga g’ensi.
- Ekitundu kiraga ki ku nsi?

- Ekitundu kiraga ki ku nkolagana ya Katonda n'abantu b'amawanga gonna?
- Obubaka bwa Katonda eri ensi bweyoleka butya mu kitundu kino?
- Ekitundu kino kiraga kiruubirirwa ki ekya Katonda eri ensi, Isirayiri, ekkanisa, oba omukkiriza?
- Bigambo ki ebikulu mu kitundu kino ebitunuulidde ensi? Okugeza, ekigambo "ensi" mu Yokaana 3:16 ky'ekimu ku ky'okulabirako eky'ekigambo ekikulu. Okwagala kwa Katonda kutunuulira nsi okusinga, kye yava atuma omwana we Yesu afiirire ebibi by'abantu bonna.
- Ekitundu kirina okuyitibwa eri abakkiriza okukwatagana ku kutuukirira ensi n'enjiri? Biki ebitulagirwa okukola?

OKUSOMA KU BANTU ABALIMU:

Soma ku bantu abakulu abali mu kitundu ng'obirabira ku mugaso gwabwe mu nteekateeka ya Katonda eri ensi. Nga bw'osoma obulamu bw'abantu ba Baibuli, weebuuze ebibuuzo bino:

- Mirimu ki egy'enjawulo Katonda gye yalagira omuntu? Ng'eri ki emirimu gino gye giyinza okuyambako okutuuka ku kiruubirirwa kya Katonda eri ensi?
- Mbala ki ezoobuntu ezireetera oba eziremesa okutuukiriza obuvunaanyizibwa ng'omubaka wa Katonda? (Soma ku Ibulayimu mu kitundu "ekyokweyongera okusoma" eky'essuula eyoomunaana, kikulaga bulungi eky'okulabirako ku mbala y'omuntu ssekinoomu)
- Omuntu yamaliriza atya emirimu Katonda gye yamuyitira okukola?
- Biki ebyabaleetera okumaliriza?
- Baalemererwa batya? Biki ebyabaleetera okulemererwa? Ngeri ki okulemererwa kuno gye kwandyewaliddwamu?
- Biki by'oyinza okuyigira ku bye baayitamu ebinaakuyamba okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwo mu nteekateeka ya Katonda?

**OKUSOMA EKITABO:**

Soma ekitabo kya Baibuli kyonna n'endowooza y'okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli nga bw'olabye mu lusoma luno, buli kitabo kya Baibuli kiraga amazima ku nteekateeka ya Katonda eri amawanga g'ensi. Nga bw'osoma ekitabo ekimu, webuuze ebibuuzo bino:

- Ekitabo kino kirina bukulu ki mu ngeri y'ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi yonna? Ebintu ebibaawo biragibwa bitya mu kitabo kino ku nkolagana n'ekiruubirirwa wamu n'enteekateeka wamu n'enteekateeka ye?
- B'ani abalimu abakulu mu kitabo kino? Kola okusoma ku buli kintu ekirimu ng'olaba n'ekyo kye kiri mu nteekateeka ya Katonda? (Kozesa ebiragiro ebyakuweereddwa ku kusoma ku bintu ebirimu)
- Nnyiriri ki mu kitabo kino ezoogera ku nsi n'enteekateeka era n'ebiruubirirwa bya Katonda? (Kozesa ebikulagiddwa mu kusoma ennyiriri)
- Kusoomooza ki ekitabo kye kukuwa ng'omuntu nga kukwata ku kiruubirirwa kya Katonda eri ensi yonna? Onookola otya nga ggwe okuddamu eri ebyo by'oyize mu kitabo kino?

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU

## AWO ENKOMERERO ERITUUKA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ebyo ekinaabawo ekikulu okutuuka ku nkomerero y'ensi n'entikko y'enteekateeka ya Katonda.
- Okuwa ebyawandiikibwa ebijuliza ku kunnyonnyola kw'enkomerero y'ensi.
- Okufunza ebibaawo okutuuka ku nkomerero y'ensi n'entikko y'enteekateeeka ya Katonda eri amawanga.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

**ENNYANJULA**

Essuula esooka ey'olusoma luno ennyonnyola entandikwa y'ensi. Okuva ku ekyo, ogoberedde enkulakulanya y'enteekateeka ya Katonda okuyita mu byafaayo, okuva mu nnaku z'endagaano enkadde n'empya okutuusiza ddala mu biro by'ekkanisa ne mu biseera bino.

Naye Baibuli esomesa ki ku nkomerero y'ensi eyoomumaaso? Yesu yasomesa ku nkomerero y'ensi, kitegeeza ki? Essuula eno eddamu ebibuuzo bino nga bw'ennyonnyola enkomerero y'ensi n'entiko y'enteekateeka ya Katonda eri abantu bonna.

**EKIRIWO EKIKULU**

Yesu yasuubiza abayigirizwa be:

> **Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebisenge bingi, era ŋŋenda okubateekerateekera ekifo. Singa tekiri bwe kityo nandibagambye. 3  Bwe ndimala okubateekerateekera ekifo ndikomawo, ne mbatwala gye ndi, Nze gye ndi nammwe gye muba mubeera. (Yokaana 14:2-3)**

Yesu yagamba nti alidda ku nsi anone abakkiriza abatwale mu kifo ekipya kye yabategekera. Kino kiribaawo ddi? Tewali amanyi kiseera kituufu okuleka Katonda:

> **Naye eby'olunaku olwo wadde essaawa tewali n'omu abimanyi, newaakubadde bamalayika ab'omu ggulu nabo tebakimanyi, wadde Omwana, okuggyako Kitaffe yekka. (Matayo 24:36)**

Tetumanyi biseera bituufu, naye Yesu yayogera ku kiribaawo ekikulu nti ajja kuganya abagoberezi be okumanya ebiseera nga bituuse:

> **Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka. (Matayo 24:14)**

Ekintu ekikulu ekinabaawo enkomerero y'ensi eryoke etuuke awamu n'entikko y'enteekateeka ya Katonda eri amawanga kwe kubuulira enjiri y'obwakabaka bwa Katonda eri abantu bonna. Obuvunaanyizibwa bwe tulina mu kutuukiriza enteekateeka ya Katonda. Mu lusoma luno wayize ku mulimu gw'ekkanisa n'obuvunaanyizibwa bwo ng'omuntu mu kutuukiriza eddimu lino. Era wayize ku bubaka obulina okugabanibwa nga bwe "bw'enjiri y'obwakabaka." Naye enkomerero y'eriwa Yesu gye yayogerako? Enkomerero y'entiko y'ensi era n'ebiseera nga bwe tukimanyi kati. Y'efundikira enteekateeka ya Katonda eri amawanga.

**OBWANNABBI OBULAGIBWA**

Katonda teyabikkula buli kiribaawo ku nkomerero y'ensi, naye yatuwaako ebimu ku ebyo ebiribaawo ng'ayita mu bunnabbi. Ekigambo "obunnabbi" kitegeeza okwogera ebiribaawo. Obunnabbi mu Baibuli bulimu engeri ssatu "ezokwogera ebiribaawo"

- Obubaka bw'okuluɧɧamizibwa Katonda.
- Okuteeberezebwa ebirijja mu maaso mu nteekateeka ya Katonda etaggwaawo.
- Okutaputa kw'omuntu olw'ebyo Katonda by'akola.

Obunnabbi obukulu ku biribaawo mu nsi busangibwa mu bitabo ebya: Danyeri n'okubikkulirwa. Ebitundu ebimu nga Matayo 24 ne 1 Abassessaloniika 4:13-18 bituwa bubaka obwongerezaako. Okuva mu kusoma kw'ebitundu bino, tusobola okukimanya nti Katonda atubikkulidde ku nkomerero y'ensi.

Essuula ey'amakkumi abiri ey'olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Engeri z'okusoma Baibuli" lutuwa okuluɧɧamizibwa okulambulukufu ku kusoma obunnabbi obwa Baibuli.

**EKYO EKIBIKUDDWA**

Kino ky'ekifunze ku ebyo Katonda by'abikudde okuyita mu kigambo kye ku nkomerero y'ensi.

**OKUBUULIRA ENJIRI Y'OBWAKABAKA.**

Kino kiteekwa okumalirizibwa ng'enkomerero tennatuuka (Matyo 24:14)

OKUKWAKULIBWA:

Ng'enjiri emaze okubuulirwa eri abantu bonna, Yesu ajja kudda anone abakkiriza 1 Abassessaloniika 4:13-18, kituwa obulambulukufu ku kudda kuno nga kuyitibwa "Okukwakulibwa." Ekigambo "okukwakulibwa" tekisangibwa mu byawandiikibwa naye "okusitulibwa" kwe kulina amakulu gano. Okuva mu kitundu kino tuyiga nti:

- Yesu yennyini ajja kudda (Olunyiriri 16)

- Wajja kubaawo okuzuukira kw’abafiira mu kukkiriza (Olunyiriri 16)
- Wajja kubaawo okukwakulibwa, ekitegeeza, “Okuggibwa mu kifo ekimu okudda mu kifo ekirala.” Abakkiriza abaliba abalamu bajja kutwalibwa okuva ku nsi bagende basisinkane Yesu mu bbanga (Olunyiriri 17)
- Wajja kubaawo okugattibwa kw’abakkiriza abaali baafa, n’abo ababadde abalamu mu biro eby’okudda kwa Mukama, awamu ne Yesu Kristo Mukama waffe (Olunyiriri 17)

Abantu abamu bakkiriza nti okukwakulibwa kulibaawo nga okubonyaabonyezebwa tekunnabaawo era nti abakkiriza tebalisisinkana yadde ku kaseera akazibu bwe kati ku nsi. Abamu bakkiriza nti okukwakulibwa kulibaawo wakati mu lugendo olw’ekiseera kino. Ate era abamu bakkiriza nti okukkwakulibwa kulibaawo ku nkomerero y’okubonyaabonyezebwa. Naye ekkirizibwa ennyo kiri nti okukwakulibwa kw’abakkiriza kulibaawo ng’okubonyaabonyezebwa tekunnatuuka. Endowooza ez’enjawulo ku kiseera ky’okukwakulibwa zisinziira ku ngeri buli omu gy’ataputamu ebyawandiikibwa. Mu butuufu, teri n’omu amanyi biseera bya kubaawo kwa bino okuleka Katonda kitaffe (Matayo 24:36). Ekintu ekikulu ky’olina okumanya kiri nti oli mukkiriza omutuufu anaagenda ne Yesu okukwakulibwa nga kutuuse.

**OKUBONYAABONYEZEBWA:**

Abantu abamu tebajja kusanyukira kudda kwa Yesu:

> **Laba, ajja n’ebire, na buli liiso lirimulaba, n’abaamufumita balimulaba, era n’amawanga gonna ku nsi galimukungubagira. Weewaawo. Amiina! (Okubikkulirwa 1:7)**

Ensonga y’okunakuwala kuno eri nti tebakkiriza Yesu, baamugaana era ne basigala mu byonoono byabwe. Kati basisinkana akaseera k’okubonaabona okw’amaanyi ku nsi. Baibuli eyogera ku kaseera kano akazibu akayitibwa “okubonyaabonyezebwa” akalibaawo ng’abakkiriza bamaze okukwakulibwa babeere ne Yesu.

- Okukwakulibwa kujja kumala emyezi amakumi ana mu ebiri oba ennaku lukumi mu ebikumi bibiri mu nkaaga (Danyeri 9:24-27)
- Kajja kubeera kaseera kazibu nnyo. Wabaddengawo ebiseera ebizibu ku nsi, naye ebintu bisatu bireetawo enjawulo eri wakati w’okubonyaabonyezebwa n’ebiro ebirala ebizibu.

Ekisooka: Kijja kuba mu nsi yonna so si mu kitundu kimu (Okubikkulirwa 3:10).

Ekyokubiri: Abantu bajja kukitegeera nti enkomerero y’ensi esembedde (Okubikkulirwa 6:16)

Ekyokusatu: Ebizibu bijja kweyongera n’okusinga ku byali bibaddewo (Matayo 24:4-14)

Waliwo emitendera gy’okusalirwa omusango ewa Katonda ku nsi mu biro by’okubonyaabonyezebwa. Bino binnyonnyolwa mu Okubikkulirwa 6, 8, 9 ne 16 wamu ne mu Matayo 24:4-14. Okusalirwa omusango okw’abasajja n’abakazi bonna abaagaana Yesu Kristo.

**EKYASA:**

Baibuli eyogera ku kiseera eky'emyaka olukumi oluvannyuma lw'okubonyaabonyezebwa omwo Yesu mw'anafugira ensi mu butuukirivu (Zaakaliya 14:9, Danyeri 7:14). Ekibuga kya Yerusalemu kye kijja okuba enkulungo y'obufuzi (Isaaya 2:3). Ekiseera kijja kugwa nga Sitaani ataddewo olutalo lwe olusembayo ku Katonda (Okubikkulirwa 20:7-9). Katonda ajja kusindika omuliro okuva mu ggulu akomye okuwakanya kwonna. Sitaani ajja kusuulibwa mu nnyanja ey'omuliro abeere omwo lubeerera (Okubikkulirwa 20:10).

**OKUSALA OMUSANGO:**

Abo abaafa nga tebakkiriza bajja kuzuukizibwa mu bafu basisinkane okusalirwa omusango kubanga tebeenenya kuva mu kibi n'okukkiriza Yesu ng'omulokozi waabwe, bajja kunenyezebwa okubeera nga batwalibwa mu Geyeena (Okubikkulirwa 20:12-15). Abakkiriza abatuufu abeenenya ebibi byabwe era ne bakkiriza Yesu ng'omulokozi waabwe, bajja kubeera mu ggulu olubeerera mu kubeerawo kwa Katonda, Okubikkulirwa 21.

**ENSI ERISAANYIZIBWAWO:**

Baibuli eyogera ku nsi nti erisaanyizibwawo n'omuliro:

> **Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja ng'omubbi bw'ajja nga tewali n'omu amanyi; eggulu lirivaawo nga liwuuma nnyo, n'ebiririko birizikirizibwa n'omuliro, era ensi n'ebintu ebigirimu birisirikka. (2 Peetero 3:10)**

Ekiseera ky'okulindirira kiriba tekikyaliwo nga bwe kiri kati. Tujja kuyingira mu butaggwaawo, obutalina ntandikwa na nkomerero:

> **Awo malayika gwe nalaba ng'ayimiridde ku nnyanja ne ku lukalu n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu.**
>
> **N'alayira Oyo omulamu abeerera emirembe gyonna, eyatonda eggulu n'ebintu byonna ebirimu, n'atonda n'ensi n'ebintu byonna ebigirimu, n'atonda n'ennyanja ne byonna ebigirimu, ng'agamba nti, Tewaliba kulwa nate. (Okubikkulirwa 10:5-6)**

**EKIRUUBIRIRWA KYA KATONDA KITUUKIRIRA**

Jjukira ekiruubirirwa kya Katonda kye wasomyeko emabegako:

> **Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**
>
> **Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:9-10)**

Ku nkomerero ya byonna, enteekateeka ya Katonda ejja kutuukirizibwa:

Awo malayika ow'omusanvu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti,

> **Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)**
>
> **Mu ssaawa eyo y'emu ne wabaawo musisi eyasuula ekitundu ekimu eky'ekkumi eky'ekibuga, era abantu kasanvu ne bafa. Abaawona baatya nnyo era ne bagulumiza Katonda ow'eggulu. (Okubikkulirwa 5:13)**

**MU MAASO GA NAMULONDO.**

Katonda ajja kutondawo eggulu n'ensi ebipya, bino binnyonnyolwa mu Okubikkulirwa 21 ne 22. Abakkiriza b'amawanga gonna bajja kukuŋŋanyiizibwa wamu ne Katonda omu omutuufu:

> **Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina ky'abantu ekinene ennyo nga tebasoboka na kubalika, nga bava mu buli nsi na buli kika, na buli ggwanga na buli lulimi, nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ne mu maaso g'Omwana gw'Endiga nga bambadde ebyambalo ebyeru nga balina n'enkindu mu ngalo zaabwe.**
>
> **Ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nga bagamba nti, "Obulokozi bwa Katonda waffe atudde ku ntebe ey'obwakabaka era bwa Mwana gw'Endiga."**
>
> **Awo bamalayika bonna ne bayimirira nga beetoolodde entebe ey'obwakabaka n'abakadde era n'ebiramu ebina, ne bavuunama mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ng'ebyenyi byabwe biri wansi ne basinza Katonda.**
>
> **Ne bayimba nti, Amiina! Okutenderezebwa, n'ekitiibwa, n'amagezi, n'okwebazibwa, n'ettendo,**
>
> **n'obuyinza, n'amaanyi, bibe eri Katonda waffe emirembe n'emirembe. Amiina! (Okubikkulirwa 7:9-12)**

Abasajja n'abakazi b'ensi zonna n'ebika n'ennimi zonna, aba buli kibinja balikuŋŋaanira mu maaso ga nnamulondo. Naye nga bwe tulaba ekiribaawo ekikulu kino, eky'okujaguliza mu ggulu, tuleme okwerabira okusoomozebwa okwateekebwawo nti abo bokka…

> **Buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka. (Abaruumi 10:13)**

NAYE…

> **Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? Ekyawandiikibwa nga bwe kigamba nti, "Ebigere by'abo abategeeza amawulire amalungi, nga birungi. (Abaruumi 10:14-15)**

Osomye okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, olabidde ensi mu maaso ga Katonda. Kati, kiki kyogenda okukola ng'omuntu eri okusoomozebwa kuno okunene?

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Kintu ki ekikulu ekiribaawo ng'enkomerero y'ensi tennatuuka?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Bitabo ki ebibiri ebya Baibuli ebiraga obubaka ku nkomerero y'ensi n'entikko y'enteekateeka ya Katonda eri amawanga?
   ……………………………………………………………………… Ne ……………………………………………………………….
4. Obubaka obunnyonnyolwa obulungi bulagiddwa wa ku "kukwakulibwa?"
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Obubaka obukulu obulaga eggulu n'ensi ebipya buli wa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Lunnyiriri ki olunnyonnyola engeri eggulu n'ensi gye birisaanyizibwawo?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Funza ebintu ebiribaawo ku nkomerero y'ensi n'entiko y'enteekateeka ya Katonda eri amawanga.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweeeddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Weeyongere okusoma ku ekyo Katonda ky'abikudde ku bikwatagana n'enkomerero y'ensi:
- Soma ekitabo kya Danyeri n'okubikkulirwa.
- Soma Matayo 24.
- Soma 1 Abassessaloniika 4:13-18 ne 2 Peetero 3:10
2. Ekitabo ekya Okubikkulirwa kikwata ku nkomerero y'ensi n'entiko y'enteekateeka eri amawanga. Mu masomo agayise, osomye: "Ensi mu kigambo" okutuusa ku nkomerero ya Baibuli okuggyako ekitabo kya Okubikkulirwa. Ekitabo ky'okubikkulirwa kireeta obubaka obusembayo ku nsonga eno. Ennyiriri zino wammanga z'ezijulirira ezisembayo mu Baibuli ku mawanga g'ensi:
- Yesu ye mulangira wa bakabaka b'ensi (1:5)
- Okujja kwa Yesu ku nsi (1:7)
- Ebisuubizo eri abakkiriza mu mawanga gonna: 2:26, 3:10
- Okubuulira okusembayo n'okukungula kw'amawanga agali mu nsi (14:6-7, 15-19)
- Enkomerero y'ensi (10:5-6, 11:5, 13:8, 17:8)
- Ebinnyonnyola eggulu n'ensi ebipya n'ebiribaamu (5:9-10, 13, 7:9-11, 15:4, essuula ya 21-22, ebijulira ku mawanga gokka: 21:24, 26, 22:2

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO BY’OKWEGEZAAMU

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Ku lubereberye Katonda yatonda eggulu n’ensi. (Oluberyeberye 1:1)
2. Katonda omu yekka alagibwa mu Baibuli entukuvu.
3. Ensonga bbiri ez’emboozi z’okutonda ez’enjawulo: kubanga abantu tebaalina busobozi bwa kutuuka ku mazima ga kutondebwa era kubanga basalawo obutakkiriza mboozi ya kutondebwa bwe baagiwulira.
4. Abantu abamu tebakkiriza mazima ga kutondebwa kubanga bwe bakikola, bateekwa okwatula nti waliyo Katonda. Bwe bakkiriza ekituufu nti waliyo Katonda awo baba bateekwa okwatula okufuga kwe okusukkulumu gye bali. Baba balina n’okukkiriza ekigambo kye era n’okubaako kye bakola ku bulamu bwabwe obw’okwonoona. Olw’okubanga abantu tebaagala kukyusa bulamu bwabwe mwe bali, basalawo okugaana emboozi y’okutondebwa eri mu Baibuli n’okubaayo kwa Katonda.
5. Bwe twogera ku kukulaakulanya okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli, kitegeeza tuba twesigamizza okutegeera kw’ensi ku ebyo Katonda by’abikkula mu kigambo kye ekyawandiikibwa, Baibuli.
6. Okufunza entonda y’ensi eya Katonda, kebera mu lukalala olukulagiddwa mu ssuula esooka.
7. Omuntu wanjawulo ku bitonde ebirala byonna Katonda bye yakola kubanga yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda era alina emmeeme n’omwoyo ebitaggwaawo. Alina obusobozi bw’okuwuliziganya n’okukolagana ne Katonda.
8. Laba ekifunze ku “kugwa kw’omuntu” mu ssuula esooka.
9. Laba ebyava mu “kugwa kw’omuntu” ebikulagiddwa mu ssuula esooka.
10. Oluberyeberye 3:15
11. Ensi ey’omubiri n’e ensi ey’omwoyo.

**ESSUULA EYOOKUBIRI:**

1. Mukama n’ayogera nti, “Laba, bali omuntu omu, era boogera olulimi lumu! Era eno ntandikwa butandikwa ey’ebyo bye banaakola; era tewali kye banaateesa kukola ekinaabalemerera. Mujje, tukke wansi tutabuletabule olulimi lwabwe, baleme kutegeeragana.(Oluberyeberye 11:6-7)
2. Ensi yagabanyizibwamu ennimi ez’enjawulo ku munaala gw’e Baberi.
3. Abantu baatandika okubeera awamu n’abo be baali basobola okwogera nabo. Beekuŋŋaanya mu bibinja oba ebika by’abantu bwe boogera olulimi lwe lumu kino kye kyaviirako ebibinja by’abantu eby’enjawulo.
4. Ebibinja by’abantu bwe byeyongera, baagenda mu bitund by’ensi ebyenjawulo oluvannyuma lw’ekiseera ekineneko, ebibinja bino byagejja ne bafuna abantu abangi abaafuuka amawanga. Baateekawo ensalo z’obutonde mu matwale gaabwe n’obufuzi wamu n’enkola ezifuga ababeeramu.

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. N'alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa. N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu. Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:45-47)
2. Ekisumuluzo kya Baibuli ekikulu ye Lukka 24:45-47
3. Ebintu ebikulu ebiragibwa mu "kisumuluzo ekikulu" ekya Baibuli bye:
   Ekisooka: "Kyagwaniro Kristo okubonaabona n'okuzuukira mu bafu."
   Ekyokubiri: Okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi kwalina okubuulirwa mu linnya lye.
4. Ebyawandiikibwa ebijulira nga binnyonnyola ekiruubirirwa kya Katonda eri ensi biri mu Abaefeeso 1:9-10 ne 3:11
5. Ekiruubirirwa kya Katonda ekitaggwaawo kwe kukuŋŋaanya abantu aboonoonyi bonna abasembeze gy'ali okuyita mu Yesu Kristo.
6. Ennimiro z'amakungula.

**ESSUULA EYOOKUNA:**

1. Kubanga okuva enjuba gy'eva okutuusa gy'egwa erinnya lyange kkulu mu baamawanga; obubaane buweerwayo mu buli kifo eri erinnya lyange, nga kuliko n'ekiweebwayo ekirongoofu, kubanga erinnya lyange kkulu mu baamawanga," bw'ayogera Mukama ow'Eggye. (Malaki 1:11)
2. Obubaka obukulu bwe bw'okwagala kwa Katonda n'enteekateeka ye ey'okulokolebwa kw'omuntu omwonoonyi.
3. Geraageranya ekifunze kyo n'ekikuweereddwa mu ssuula eyookuna.
4. Geraageranya ekifunze kyo n'ekikuweereddwa mu ssuula eyookuna.
5. Geraageranya ekifunze kyo n'ekikuweereddwa mu ssuula eyookuna.
6. Geraageranya ekifunze kyo n'ekikuweereddwa mu ssuula eyookuna.

**ESSUULA EYOOKUTAANO:**

1. Nkugulumizizza ku nsi, omulimu gwe wantuma okukola, ngumalirizza. (Yokaana 17:4)
2. Enteekateeka ya Katonda ey'okulokola ensi yabikkulirwa okuyita mu Malayika, Mariamu, Simiyoni n'abalala. Mu buli kulangirira, mwalimu okujuliza ku kiruubirirwa kye eky'okutabaganya abantu bonna ne Katonda.
3. Geerageranya ekifunze kyo n'ekinnyonnyoddwa mu ssuula eyookutaano.
4. 11
5. Kwali kuyita mu kufa kwa Yesu ku musaalaba omuntu omwonoonyi asobole okutabagana ne Katonda omutuukirivu.
6. Yali atuukiriza ekiruubirirwa kye ekyamuleesa ku nsi, eky'okutabaganya omuntu omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Enteekateeka y'obulokozi yali ewedde.

**ESSUULA EYOOMUKAAGA:**

1. Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)
2. Omulimu ogwamaanyi ky'ekiragiro kya Yesu eri abakkiriza okwongerayo enjiri eri amawanga g'ensi.
3. Ebisatu byonna bijuliza bino bisobola okukozesebwa: Yokaana 20: 21-23, Ebikolwa 1:8, Yokaana 15:16, Lukka 24:45-49, Makko 16:14-16, Matayo 28:16-20.
4. Ekkanisa ennyonnyolwa ku mitendera ebiri:
   **Ogw'ensi yonna**: Ekkanisa erimu abantu bonna abakkiriza Yesu Kristo, kwe kussekimu kw'abakkiriza ababa bazaaliddwa omulundi ogw'okubiri eranga batambulira mu kugondera kwa katonda. Ekigambo ekkanisa kitegeeza "Okuyitibwa okuva" oba "Abo abaayitibwa." Ekkanisa erimu abantu abaayitibwa okuva mu bwakabaka bwa Sitaani eri obwakabaka bwa Katonda era ekolebwa ab'oluse olwo, ekika, obuwangwa, n'olulimi nga be bakkiriza Yesu Kristo ng'omulokozi waabwe.

   **Ogw'ekitundu:** Olw'ekiruubirirwa ky'okubuulira enjiri, ebitongole, enkuŋŋaana, ebibinja by'abakkiriza nga bateereddwa wamu mu kkuŋŋaaniro eritegekeddwa obulungi.
5. Ekkanisa yatandika ku lunaku lwa Pentekooti olulagibwa mu Ebikolwa 2: Yazaalibwa Katonda mu kwolesebwa kw'amaanyi okukulu.
6. Amaanyi g'omwoyo Omutukuvu.
7. Abakkiriza balina okukolagana bonna nga abooluganda mu maka. Balina okukola ng'omubiri bwe gukolera awamu, Kristo nga ye mutwe. Katonda ateekawo abakulembeze ab'enjawulo n'abawa obuweereza okubasobozesa mu mulimu gw'ekkanisa.
8. Ekkanisa erina emigaso egiwera omuli okusinza, okutabagana, n'obuweereza eri ebyetaago by'abantu. Naye ekiruubirirwa ky'okubeerawo kwayo ekikulu kwe kubuulira enjiri. Mu bufunze, ekkanisa erina ekiruubirirwa eky'okutuukiriza omulimu ogw'amaanyi ogwagiweebwa Yesu.
9. 1 Abakolinso 15:1-11, kifunza ebikola enjiri ebikulu. Obubaka obukulu obulimu bwa Yesu, obuweereza bwe, okufiirira ekibi, okuzuukira n'okulabisibwa. Mu bufunze bwakyo: Enjiri etegeza Yokaana 3:16, 14:1, Matayo 11:28 ne Abaruumi 11:28, 10:9. Amakulu gaakyo amagezi gali, mulimu ebyo byonna Yesu bye yasomesa ku bwakabaka.

**ESSUULA EYOMUSANVU:**

1. N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)
2. Geraageranya ekifunze kye n'ekikuweereddwa mu ssuula ey'omusanvu.
3. Ekibinja ky'abantu kiraga ekibinja omuli abantu abeerinako akakwate n'abalala. Ekibagatta ekyo kiyinza okuba nga lulimi, buwangwa, bulombolombo, n'ekitundu ky'ensi mwe babeera.

4. Ekibinja ky'abantu abatannatuukibwako ky'ekyo omutali bakkiriza bazaaliranwa era abatalina bikozesebwa bimala kubuulira bantu baamwo njiri awatali buyambi buva ebweru.
5. Ekibinja ky'abantu abaatuukibwako ky'ekyo ekirina abakkiriza abawera n'ebikozesebwa mu kubuulira enjiri eri abantu abalimu nga tebafunye buymbi kuva bweru.
6. Ebibinja ebitaano ebitannatuukibwako ebikulu bye: Abasiraamu, Abahindu, Abachina, Ababuddha.
7. Ensi enzigale y'eyo gye batakyakkiriza baminsani kuva mu mawanga malala era emirundi egisinga ne gavumenti zaabwe ziyisa amateeka g'eddiini ku bantu baazo. Mu mawanga agamu kuba kumenya mateeka bw'okyusa omuntu eri obukristaayo.
8. Kituufu.

**ESSUULA EYOOMUNAANA:**

1. Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange anaakibawanga. (Yokaana 15:16)
2. Abakristaayo b'ensi ky'ekibinja ky'abantu omuli abantu abalina ense ez'enjawulo, obuwangwa ennimi n'ebiwayi by'eddiini. Ekintu ekimu kye bafaananya kwe kwewaayo kwa buli omu okuba omukristaayo w'ensi.
3. Ekkanisa eyasooka yatuukirira ensi mu ngeri ey'okwekubisaamu ennyonnyolwa mu 2 Timoseewo 2:2. Buli mukkiriza yali yekubisaamu era buli maka yabanga nkulungo ya kubuuliramu njiri.
4. Ekibuuzo kino kikwetaagisa okuteeka omukono gwo ku kwewaayo kwo.

**ESSUULA EYOMWENDA:**

1. Kubanga ennyumba yange eriyitibwa nnyumba ya kusabiramu eri amawanga gonna. (Isaaya 56:7)
2. Omwegayirizi ye mutabaganya ku lw'omulala. Twegayirira amawanga nga tugasabira. Kino kinnyonnyola omutwe okwegayirira. Bwe twegayirira, tuba tunoonya Katonda kulw'abalala. Tutuusa okwegayirira kwaffe gy'ali ku lw'amawanga g'ensi.
3. Emitendera gy'okutendeka abalala ng'abegayirizi ku lw'amawanga:
   Ogusooka: Bategeeze okulaba ensi mu ngeri eya Baibuli.

   Ogwokubiri: Musomere wamu essuula eno, nga mugoberera okuluƞƞamizibwa kw'enteekateeka y'essaala era mukole ekitabo ky'essaala.

   Ogwokusatu: Mutegeke ekibinja ky'abasabi ku lw'okwegayirira amawanga. Kino kijja kukakasa ku kweyongera okwewaayo eri obuweereza buno obukulu.

4. Okuddamu kwo bwe kuba Ye, awo ofunye bulungi ekigendererwa ky'essuula eno.
5. Okuddamu kwo bwe kuba Ye, awo ofunye bulungi ekigendererwa ky'essuula eno.

6. - Okwegayirirwa kyawandiikibwa.
- Okusaba ky’ekikolwa ebirala byonna kwe byesigamye.
- Tewali kikugira kwegayirira ku lw’amawanga.
7. Enteekateeka y’essaala mulimu:
- Okutendereza Katonda (Eddakiika kkumi)
- Okwegayiririra ensi yonna (Eddakiika kkumi)
- Okwegayiririra ekitundu ky’ensi ekimu (Eddakiika kkumi)
- Okwegayirira emirimu gy’obuminsani n’ekitongole kyabwo (Eddakiika kkumi)
- Essaala y’ekibinja ky’abantu ekitannatuukibwako (Eddakiika kkumi)
- Essaala y’ebyetaago byo ng’omuntu (Eddakiika 10)

**ESSUULA EYEKKUMI:**

1. Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g’abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)
2. Abasajja n’abakazzi abeesigwa.
3. Beera kyakulabirako ekyokwolesebwa.
- Tegeeza abalala ku kwolesebwa.
- Kuuma okwolesebwa nga kwotambulizaako obulamu.
- Gondera okwolesebwa.
4. Ye ggwe wekka asobola okuddamu ekibuuzo kino. Bw’oba tonnasalawo kukola kintu ng’ogondera okwolesebwa, awo weeyongere okunoonya Katonda okutuusa lw’onookikola. Kino kigezo ekituufu eky’essuula eno n’olusoma lwonna okutwaliza awamu. Osikiriziddwa okubaako ky’okola ku nteekateeka ya Katonda eri amawanga g’ensi?

**ESSUULA EY’EKKUMI N’EMU:**

1. Era Enjiri ey’obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n’oluvannyuma enkomerero n’eryoka etuuka. (Matayo 24:14)
2. Okubuulira enjiri y’obwakabaka eri abantu bonna mu nsi.
3. Ebitabo bya: Okubikkulirwa ne Danyeri.
4. 1 Abassessaloniika 4:13-18
5. Okubikkulirwa 21 ne 22
6. 2 Peetero 3:10
7. Geraageranya ekifunze ekyo n’ekinnyonnyolwa mu ssuula eyekkumi n’emu.